Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

# ESEZA

**kya**

**Jonathan M. Menn**

**B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974**
**J.D., Baknell Law School, 1977**
**M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007**

**Equipping Church Leaders East Africa, Inc.**
**714 S. Summit St., Appleton, WI  54914**
**+1-920-2846841 (mobile and WhatsApp)**
**jonathanmenn@yahoo.com**
**www.eclea.net**

2024

Ebyafaayo bya Eseza byabaawo mu Susani, ekibuga ekikulu eky'obwakabaka bwa Buperusi, mu kiseera ky'obufuzi bwa kabaka wa Buperusi Akaswero (era amanyiddwa nga Xerxes I), eyafuga mu 486 okutuuka 465 BC. Eseza kye kimu ku bitabo bya Baibuli we batayogerera ku linnya Katonda. Embeera ezaaliwo n'ebikolwa birabika nga "bya bulijjo," ebitaliimu kukola kwa Katonda oba okubiyingiramu mu ngeri etali ya bulijjo. Kyokka wabula Katonda abirimu nnyo "ng'akolera emabega w'olutimbe." Ebintu ebyabaawo "ebyeddiriŋŋana," bwe weetegereza obulungi, ng'ate kyetaagisa nnyo okutegeera emboozi, kiraga nti Katonda ye yali avuga ebintu bino. Mu ngeri bwe ziti, Eseza afaanana n'ekitabo kya Luusi, nga ky'ekitabo kyokka ekirala mu Baibuli ekyatuumibwa erinnya ly'omukazi. Byombi, Eseza ne Luusi birimu obulokozi bwa Katonda eri abantu be okubalokola mu bizibu oba mu butyabaga. Eseza era annyonnyola obuvo bw'ekikujjuko ky'Ekiyudaaya ekya Pulimu. Eseza atutumuka, naye tamala gatwanukula ku bintu ebikulu ebikwata ku butya bwe tulina okweyisa mu nneeyisa y'abantu erimu obusamize. Era kiraga ebisiikirize by'ekkanisa n'enjiri.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

# EBIRI MU KITABO

**I. Ennyanjula**……………………………………………………………………………………...2
**A.** ***Omuwandiisi n'ennaku z'omwezi*** ……………………………………………………………...2
**B.** ***Ekigendererwa n'emiramwa***……………………………………………………………….…...2
**C.** ***Ekinyusi ky'emboozi***…………………………………………………………………………....3
**D.** ***Enzimba n'ensengeka***……………………………………………………………………………..4

**II. Ebyogerebwa ku Eseza**…………………………………………………………………………..5
**A.** ***Embaga ya Kabaka n'eya Nnaabagereka, okujeema kwa Nnaabagereka Vasuti, era n'ekirangiririro mu kumwanukula (1:1-22)***…………………………………………………………………….5
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**………………………………………..…9

**B.** ***Eseza afuuka nnaabagereka omupya (2:1-20)***…………………………………………………..…9
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**…………………………………….……12

**C.** ***Moluddekayi ataasa obulamu bwa kabaka okuva mu lukwe lw'abakungu be ababiri (2:21-23)***……..…13
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**………………………………….………....13

**D.** ***Olukwe lwa Kamani eri Abayudaaya (3:1-15)***……………………………………………………13
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**…………………………………………...16

**E.** ***Eseza ategeera ku lukwe lwa Kamani era ateekateeka okwegayirira (4:1-17)***……………………….…….17
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**…………………………….…...............19

**F.** ***Ekijjulo kya Eseza kye yategekera kabaka ne Kamani; okwanukula kwa Kamani (5:1-14)***……….…...20
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**…………………….................................23

**G.** ***Kabaka alagira Kamani okuwa Moluddekayi ekitiibwa mu lujjudde; okugwa kwa Kamani kulagulwa (6:1-13)***………………………………………………………………………….……..23
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**………………………….......................25

**H.** ***Ekijjulo kya Eseza eky'okubiri kivaamu okuttibwa kwa Kamani (6:14-7:10)***……………………..…...25
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**………………………….......................27

**I.** ***Moluddekayi akuzibwa n'azzibwa mu kifo kya Kamani, era n'Abayudaaya bakkirizibwa okwerwanako n'okuzikiriza abalabe baabwe (8:1-17)***………..…………………………….......28
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**……………………………………..….30

**J.** ***Abayudaaya bazikiriza abalabe baabwe mu bwakabaka, abaana Kamani battibwa, era n'embaga ya Pulimu etongozebwa (9:1-32)***…………………………………………………………….….30
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**……………………………….........33

**K.** ***Obukukunavu bwa Moluddekayi (10:1-3)***………………………………………………..….......33
**EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**……………………………………........34

**EBIWANDIIKO EBIKOZESEDDWA**………………………………………………………......35

**OMUWANDIISI**…………………………………………………………………………….......36

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

## I. Ennyanjula

### A. *Omuwandiisi n'ennaku z'omwezi*

Ebyafaayo bya Eseza byabaawo mu Susani, ekibuga ekikulu eky'obwakabaka bwa Buperusi, mu kiseera ky'obufuzi bwakabaka wa Buperusi Akaswero (era amanyiddwa nga Xerxes I), eyafuga 486-465 BC.[1] Erinnya ly'omuwandiisi teryayogerwa era terimanyiddwa. Abamu ekitabo baakiwa Moluddekayi nga basinziira ku **Ese 9:20** (*"Awo Moluddekaayi n'awandiika ebyabaawo byonna, era n'aweereza Abayudaaya bonna abaali mu bitundu byonna ebya Kabaka Akaswero ebbaluwa, mu matwale ag'okumpi n'agewala."*).[2] Wabula, ekyo bwe butategeera bwa **nny. 20-32**, ezoogera ku kw'ebyo byokka Moluddekayi bye yawandiikira Abayudaaya ab'Ebuperusi, okujjukira obuwanguzi bw'Abayudaaya ku balabe baabwe n'okubawaliriza okukuza olunaku lwa Pulimu n'okubalambululira ebiri mu Pulimu. Era kirabika nga si kituufu nti yali yetendereza, nga bwe kyawandiikibwa mu **Ese 10:2-3**. Mu buli ngeri, kirabika nga Moluddekayi ye yali ensibuko y'amawulire agali mu kitabo.

Omuwandiisi kyeraga lwatu nti yali Muyudaaya, olw'ekinyusi ekiri mu kitabo n'olwokwogera ku nsibuko y'embaga y'Ekiyudaaya Pulimu. Omuwandiisi tekyegaanika nti mutuuze mu bwakabaka bwa Buperusi, era ob'olyawo mu kibuga Susani, olw'okumanya kwe ku bulamu bw'Ekiperusi, ennono zaabwe, era n'obulambulukufu bw'ebyabaawo ebiwandiikiddwa mu kitabo. **Ese 10:2** alaga nti obufuzi bwa Akaswero bukomye. N'olwekyo, ekitabo kisobola okuba nga kyasooka kuwandiikibwa mu 465 BC. Ob'olyawo nga kyasembayo kuwandiikibwa ng'obwakabaka bwa Buperusi tebunawambibwa Buyonaani mu 331 BC.

Sepucwaginti (enzivuunula y'Endagaano Enkadde ey'Oluyonaani, eyaggwa mu 132 BC; era emanyiddwa nga LXX) ne Baibuli zaffe ez'Ekikristaayo zigezaako okusengeka ebitabo by'Endagaano Enkadde nga bwe biddiriŋŋana mu biseera byabyo. Eseza kiddirira Ezera ne Nekkemiya ng'ekimu "ku bitabo binnaansangwa." Baibuli y'Oluyudaaya, ku ludda olulala, essa Eseza mu *Ketuvim*, oba mu "Biwandiiko," omuli Luusi ne Danyeri.

### B. *Ekigendererwa n'emiramwa*

Ekitabo kya Eseza ky'ekitabo kyokka mu Baibuli Katonda waatayogerwako—wadde Elokim (Katonda) oba Yakuwa (Mukama) nga tayogerwako; era Katonda teyeeyoleka bantu.[3] Embeera ezaaliwo n'ebikolwa birabika "ng'ebya bulijjo," ebitaliimu kukola kwa Katonda oba okubiyingiramu mu ngeri etali ya bulijjo. Era, okusaba tekwogerwako okuyita mu kitabo kyonna, wadde ng'okusiibwa kwogerwako (**Ese 4:16**). Wabula kyokka, Katonda alabikira ddala nga yaali "emabega w'ebintu bino." Ebintu ebyabaawo "ebyeddiriŋŋana," bwe weetegereza obulungi, ng'ate kyetaagisa nnyo okutegeera emboozi, kiraga nti Katonda ye yali avuga ebintu bino. Nga Rabbi omu bw'agamba nti, "omubala gw'Ekitabo gulabika okuvuga nti, *'Omukuumi wa Isiraeri tabongoota, era teyebaka' (Lubbuli 121: 4)"* (Lehrman 1958: 58). Ekitabo kya Eseza kiraga nti Katonda asigala akolera ne mu mbeera eza "bulijjo" era "ezitali za mwoyo;" akozesa okusalawo kw'abantu—omuli n'ebikolwa byabwe ebibi—ng'ekkubo lye okutuukiriza okwagala kwe. Ekitabo kyolesa okufaayo kwa Katonda eri abantu be. Okwagala kwe kuli waggulu wa byonna. Newakubadde abantu be bayinza okubeera mu nsi etali yaabwe, kyokka basigala bali mu mikono gye; wadde nga Katonda alabika ng'ataliiwo, kyokka waali nnyo. Katonda ayingira mu nsonga z'abantu, naye ekyo akikola ng'akozesa abantu era n'enkola endala "eza bulijjo." Eseza kyakulabirako ekizzaamu amaanyi abo abeesigwa abeesanga nga beetolooddwa abantu abatakkiririza mu bye bakkiririzaamu oba mu nnono zaabwe.

Okukwatagana na kino, ky'amazima nti Eseza kyakulabirako nti Katonda asasula "okusinziira ku bikolwa byabwe." Ennono eyo erabikira mu Baibuli yonna (laba, okgz., **Mat 16:27; 25:14-30; Luk 12:47-48; Yok 5:28-29; Bik 10:42; Bar 2:1-8; 12:19; 1 Bak 3:8, 11-15; 2 Bak 5:10; 11:15; Bag 6:7-8; Bef 6:8; Bak 3:25; 2 Tim 4:1, 14; Beb 10:26-27; 1 Pet 1:17; 4:5; 2 Pet 2:20-22; Yuda 14-15; Kub 2:23; 14:13; 20:11-13; 22:12**). Katonda ayolesa ennono eno ey'okusala omusango ne bw'aba nga teyeyolese mu lwatu.

---

[1] "Akaswero" y'enzivuunula y'Olwebulaniya ey'erinnya er'Ekiperusi "Xerxes" ("Akaswero" 2023). Kirina okujjukirwa nti abamu bagamba nti Akaswero ly'erinnya lya Kabaka Daliyo I, kitaawe wa Xerxes (laba Austin 2023; Jordan 1996).

[2] Okuggyako awo wekirambikiddwa, Baibuli ya New American Standard y'egenda okukozesebwa wonna.

[3] Abamu bawakana nti erinnya lya Katonda nalyo terirabikira mu Luyimba lwa Sulemaani. Mu butuufu, erinnye ery'endagaano, Yakuwa, terirabikira mu kitabo. Wabula kyokka, enkomerero **y'Oluyimba 8:6** egamba, *"Obuggya bwenkana amagombe obukambwe, Okumyansa kwabwo kumyansa kwa muliro, Okwokya kwennyini okw'ennimi ezeememula."* Ekigambo ekivuunulwa "Mukama" zennukuta entonotono ezisembayo ku *salBebet**yah***. Yah bwe bufunze bweerinnya Yakuwa. Wabula, abamu abagamba nti "ekigambo oboolyawo kirina kuvvuunulwa 'Katonda-omuliro ogwokya' [oba 'ogwaka']. Mu mulamwa, olwokuba okwagala kwa Katonda kwalina gye tuli kungi nnyo era kugumiikiriza, kale nokwagala kwa bannaffe mu maka bwe kulina okuba." (Nally 2023; laba ne Baibuli Gateway 2023).

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Ekigendererwa ky'ekitabo kino ekirala kwe kunnyonnyola kw'ensibuko y'embaga ya Pulimu. Pulimu (wamu ne Hanukkah) tezaali kitundu ku mbaga ezimanyiddwa, ku myaka egya Sabbiiti, n'emyakya gya Jubileewo eyateekebwawo Torah (Ebitabo bya Musa Ebitaano). Pulimu kubeera kujuguza obuwanguzi ku Kamani obwava ku ky'okuyita Kabaka ne Kamani ku kijjulo ekyo Eseza kwe yalagira olukwe lw'okusanyaawo Abayudaaya; ekintu ekyaleetera Kabaka okuwanika Kamani ku kalabba n'okukkiriza Abayudaaya okwerwanako (**Ese 4:1-9:17**). Erinnya "Pulimu" liva mu **Ese 3:7**, *"Awo mu mwezi ogw'olubereberye, gwe mwezi gwa Nisani, mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ogwa kabaka Akaswero, ne bakuba Puli, bwe bululu, mu maaso ga Kamani buli lunaku era buli mwezi okutuusa ku mwezi ogw'ekkumi n'ebiri, gwe mwezi Adali."* Pulimu kye kimu ku bikujjuko ebisinga okuba ebikulu eri Abayudaaya. Moluddekayi yali yannyonnyola nti Pulimu zaali za kubeera *"ennaku ez'okuliirangako embaga n'ez'okusanyukirangako n'ez'okuweerezaganirangako ebirabo n'ez'okuweererezangako abaavu ebirabo"* (**Ese 9:22**). Okusiiba kukolebwa ku lunaku olwe 13 olwa Adari[4] mu kujjukira ekisiibo kya Eseza eky'ennaku 3 (**Ese 4:15-17**). Olwo ku lunaku olwe 14-15 olwa Adali, Ennyiriri zisomebwa, okugaba-ebirabo nakyo "kibeera kitundu kikulu eky'ebikujjuko," era "kya tteeka okulya, okunywa era n'okusanyuka ku Pulimu" (Lehrman 1958: 60, 65). Wadde Pulimu teyogerwako ewalala wonna mu baibuli, **Yok 5** awandiika nti Yesu yagenda e Yerusalemi okukuza embaga y'Abayudaaya (**Yok 5:1**). Mu kiseera ekyo, yawonya omusajja omulema eyali ku Kidiba ky'e Besusaida. Embaga yaliwo ku lunaku lwa Sabbiiti (**Yok 5:9**). "Olunaku lw'embaga lwokka olwabangawo ku Sabbiiti wakati wa AD 25 ne AD 35 lwali lwa Pulimu of AD 28" (Franz 2023: Yesu ne Pulimu).

Eseza akiikirira Yesu. Timothy Keller akyogera nti "Yesu ye Eseza ow'amzima era omutuufu, oyo atatya kufiirwa bufiirwa olubiri olw'oku nsi naye eyafiirwa olw'omuggulu, oyo atatya kufiirwa bulamu bwe naye eyabuwaayo—okulokola abantu be" (Keller 2015: 78). Okufaanako n'ekyo, Abayudaaya mu kitabo kya Eseza bakiikirira ekkanisa. Mu Eseza, Abayudaaya tebaali mu Isiraeri, naye baali babeera mu Bannamawanga okubuna Obwakabaka bwa Buperusi. Abayudaaya baali babeera mu bantu, abaalina enneeyisa n'eby'omwoyo ebitafaanagana na byabwe. Bwe kityo, ekkanisa esaasanidde ensi yonna, ensi erina enneeyisa n'ebyomwoyo ebyawukanira ddaala n'eby'ekkanisa. Mu mazima, **Yak 1:1** ayogera eri ekkanisa mu ngeri eddamu eddoboozi eri Abayudaaya abaali ewala (Abayudaaya abaali ebweru wa Isiraeri) mu biseera bya Eseza, ektgz., *"eri ebika ekkumi n'ebibiri ebyasaasaana."* N'olwekyo, ekitabo kya Eseza kireeta ekibuuzo, naye tekyanukula butereevu, butya bwe tulina okukolaganamu n'abantu abalina obuwangwa obwawukana n'ebyo bye tukkiririzaamu.

Ekitabo kya Luusi kifaanana n'ekya Eseza. Eseza ne Luusi by'ebitabo byokka ebya Baibuli ebirina amannya g'abakazi. Newakubadde nga Katonda olw'olumu ayogerwako mu Luusi, obutafaananako mu Eseza, embeera zonna n'ebyagwaawo byonna mu Luusi (nga bwe kiri mu Eseza) birabika nga "ebya bulijjo." Ebitabo byombi biraga obulokozi bwa Katonda eri abantu be oba okubawonya akatyabaga.

### C. *Ekinyusi ky'emboozi*

Ekitabo kya Eseza kyawandiikibwa nga kiraga ebintu nga bwe byeddiŋŋananga mu bintu ebiwerako eby'enjawulo ebyabaawo. Aboogerwako abakulu ye Moluddekayi, Eseza, Kamani, ne Kabaka. Olukwe lwetoololera ku Kabaka ng'agoba nnaabagereka Vasuti n'ekya Eseza okufuuka nnaabagereka omupya; olwo Moluddekayi n'amanya olukwe lwe baapangira Kabaka era n'alusattulula ng'ategeeza nnaabagereka Eseza. Kamani alinnyisibwa amaddaala kabaka naye afuna ekiruyi ku Moluddekayi, kubanga yagaana okumuvvunnamira. Ekyava mu bukyayi bwe eri Moluddekayi, Kamani yaluka olukwe, ng'akoseza olukusa lwa kabaka bw'atyo n'ateesa okuzikiriza Abayudaaya bonna mu bwakabaka. Oluvannyuma nga Eseza ategedde ku lukwe lwa Kamani, yateekateeka ekijjulo kya kabaka ne Kamani. Wakati awo, kabaka yajjukizibwa nti Moluddekayi yali yataasa obulamu bwe era, mu ngeri ebintu gye byefuulamu, kabaka yassamu Moluddekayi ekitiibwa ng'alagira Kamani okutambuza Moluddekayi mu nguudo z'ekibuga abantu bamusseemu ekitiibwa. Ku kijjulo, Eseza akyasanguza nti ye Muyudaaya nti era olukwe lwa Kamani lugenda kumuviiramu okufa. Mu nkyukakyuka y'ebintu, kabaka yalagira Kamani okuwanikibwa ku kalabba ke yali yakola okuttirako Moluddekayi. Kabaka oluvannyuma alonda Moluddekayi ng'omuwi we owamagezi omukulu. Newakubadde ng'ekiragiro kya kabaka eky'okuzikiriza Abayudaaya kyali tekisobola kujjululwa, naye yalagira ekiragiro ekiggya ng'akkiriza Abayudaaya okwerwanako n'okutta abo bonna baali baagala okubatta. Ku lunaku olulagaanye, Abayudaaya baazikiriza abalabe baabwe, era n'abaana ba Kamani ekkumi ne bawanikibwa ku kalabba. Moluddekayi ne Eseza olwo ne bateekawo olunaku lwa Pulimu ng'ekimu ku bijaguzo eby'okujjukiranga. Ekitabo kifundikira n'okujjukira obukukunavu bwa Moluddekayi.

Bwe tutunuulira ekinyusi ky'emboozi, "Ekinyusi ky'emboozi ya Eseza kyesigamye ku buvo n'obuddo obwali bwekweseemu ebintu ebitalabikirawo. . . . Ebyali byekwese bino byalimu amakulu mangi. Mu kusooka,

[4] Omwezi gw'Ekiyudaaya ogwa Adali gutandika n'okuboneka kw'omwezi Ogwokubiri-n'Ogwokusatu.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

tewali yali amanyi Eseza ky'ali okuggyako Moluddekayi yekka. . . . Nnaabagereka ow'e Buperusi kyagenda okuzuulibwa nga, nga ye mukazi Omuyudaaya omwetowaze. Moluddekayi ye muntu eyekwese ng'alagirira Eseza eky'okukola; kyokka ku ludda olulala ye mulabe wa Kamani lukulwe, nga y'oyo Kamani gw'ayagala okutta ne Bayudaayai banne bonna. Kyokka, oluvannyuma, Moluddekayi avaayo okumanyibwa ng'omusajja eyawonya kabaka abatemu. Kitaawe wa Eseza ono omuto akolerera emabega w'entimbe afuuka omuwi w'amagezi ow'okulusegere eri kabaka. Eyalondebwa olw'obulungi bwe, nnaabagereka wa Buperusi omuto, wabula mu ngeri etali ya bulijjo, awaayo obulamu bwe ku lw'abantu be: 'bwe nnaazikirira, nga nzikirira' (4:16)." (Newman 2021: 189)

**D.** ***Enzimba n'ensengeka***

Omuwandiisi omu yalambulula ensengeka y'ekitabo etubikkulira nti Eseza alimu ebitundu kkumi na bisatu nga biddiriŋŋana (Dorsey 1999: 162).[5] Era yamaliriza ng'agamba nti ekitabo kyawuddwamu ebitundu bibiri, **1:1-22—6:1-14** ne **6:1-14—9:20-10:3**, buli kitundu nga kirina omutendera gwakyo, ng'essuula eyo 6 y'ekola nga nnamuziga emboozi weekyukira era neekola n'omulimu ogwokubiri ng'enkomerero y'ekitundu ekisooka era ng'entandikwa y'ekitundu ekyokubiri (Dorsey 1999: 162). Emu ku nsengeka y'ekitabo etambula bw'eti:

**I.** ***Embaga ya Kabaka n'eya Nnaabagereka, okujeema kwaNnaabagereka Vasuti, era n'ekiragiro mu kumwanukula*** **(1:1-22)**

- Ennyanjula, abaayitibwa, era n'obuggaga bwa kabaka (**1:1-4**)
- Enfaanana y'ekijjulo (**1:5-8**)
- Ekijjulo nnaabagereka Vasuti kye yategekera abakazi (**1:9**)
- Okusaba kwa kabaka; okugaana kwa nnaabagereka (**1:10-12**)
- Amagezi agaaweebwa kabaka n'ekyo kye yasalawo (**1:13-20**)
- Ekirangiriro kya kabaka (**1:21-22**)

**II. Eseza afuuka nnaabagereka omupya (2:1-20)**

- Kabaka alagira wabeewo-empaka za bannalulungi olw'okukyusa Vasuti nga nnaabagereka (**2:1-4**)
- Moluddekayi n'Eseza babatwanjulira (**2:5-7**)
- Eseza alaba okuganja mu lubiri lwa kabaka (**2:8-11**)
- Enkola eyaweebwa abawala okusanyusa kabaka (**2:12-14**)
- Eseza afuuka nnaabagereka omupya (**2:15-18**)
- Eseza agaana okwemanyisa nti Muyudaaya (**2:19-20**)

**III. Moluddekayi ataasa obulamu bwa kabaka mu lukwe lw'abakungu be ababiri (2:21-23)**

**IV. Kamani alukira Abayudaaya olukwe (3:1-15)**

- Kamani akuzibwa, naye Moluddekayi agaana okumuvunnamira, ekijjuza Kamani ekiruyi (**3:1-6**)
- Kamani asala olukwe okutta Abayudaaya bonna abali mu bwakabaka (**3:7-11**)
- Ebbaluwa zisindikibwa mu bwakabaka bwonna okutta Abayudaaya bonna nga 13 Adali (**3:12-15**)

**V. Eseza ategeera ku lukwe lwa Kamani era ateekateeka okwegayirira (4:1-17)**

- Moluddekayi n'Abayudaaya bategeera ku lukwe lwa Kamani era bakungubaga(**4:1-3**)
- Moluddekayi ategeeza Eseza ku mbeera (**4:4-9**)
- Eseza akkiriza okugenda eri kabaka ng'atadde obulamu bwe mu katyabaga (**4:10-17**)

**VI. Ekijjulo kya Eseza eri kabaka ne Kamani; okwanukula kwa Kamani (5:1-14)**

- Eseza ateekerateekera kabaka ne Kamani ekijjulo (**5:1-8**)
- Anyooma ekifo kye n'obuggaga bwe, Kamani si mumativu buli lw'alaba Moluddekayi (**5:9-13**)
- Ng'agoberera amagezi ga mukazi we, Kamani azimba akalabba emikono 50 obuwanvu kw'anattira Moluddekayi (**5:14**)

[5] E "njogera" enkola ez'enjawulo bwe ziddiŋŋanibwa mu ngeri ey'enjawulo, ektgz., mu mutendera: A-B-C-C'-B'-A' oba A-B-C-D-C'-B'-A.' Ekinyusi ekikulu kibeera kya kusimba ssira.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**VII. Kabaka alagira Kamani okuwa Moluddekayi ekitiibwa mu lujjudde; okugwa kwa Kamani kulagulwa (6:1-13)**

- Kabaka akimanya nti Moluddekayi tasiimibwanga olw'okuwonya obulamu bwe (**6:1-3**)
- Kamani mu butamanya alagira ekisaana okuweebwa Moluddekayi (**6:4-11**)
- Mukyala wa Kamani alagula ku kugwa kwa Kamani bw'aba nga Moluddekayi Muyudaaya (**6:12-13**)

**VIII. Ekijjulo kya Eseza'ekyokubiri kivaamu okuttibwa kwa Kamani (6:14-7:10)**

- Ku kijjulo kye ekyokubiri, Eseza ayanika Kamani ng'omuntu ali emabega w'okuttibwa kwe n'abantu be (**6:14-7:6**)
- Kabaka alagira Kamani okuttibwa ku kalabba ke yali yakolera Moluddekayi, era attibwa (**7:7-10**)

**IX. Moluddekayi akuzibwa okudda mu kifo kya Kamani, era n'Abayudaaya bakkirizibwa okwerwanako n'okuzikiriza abalabe baabwe (8:1-17)**

- Moluddekayi akuzibwa okudda mu kifo kya Kamani (**8:1-2**)
- Eseza yegayirira kabaka okusazaamu ebbaluwa ezawandiikibwa Kamani (**8:3-6**)
- Kabaka asindika ebbaluwa mu bwakabaka bwonna ng'akkiriza Abayudaaya okwerwanako n'okuzikiriza abalabe baabwe (**8:7-14**)
- Okwanukula kw'abantu ku kiragiro kya kabaka ekipya (**8:15-17**)

**X. The Abayudaaya bazikiriza abalabe baabwe mu bwakabaka bwonna, abaana ba Kamani battibwa, n'ekijjaguzo kya Pulimu kiteekebwawo (9:1-32)**

- Abayudaaya bazikiriza abalabe baabwe (**9:1-10**)
- Eseza yegayirira kabaka akkirize abaana ba Kamani ekkumi battibwe n'Abayudaaya be Susani bongerweyo olunaku okuzikiriza abalabe baabwe; bye yasaba bikkirizibwa (**9:11-15**)
- Abayudaaya bafuula olwe 14-15 ennaku za Adali ez'ebijaguzo n'okusanyuka (**9:16-19**)
- Moluddekayi ne Eseza basindika ebbaluwa mu bwakabaka bwonna nga batongoza ennaku 14-15 okubeera ez'ebijaguzo bya Adali ng'embaga ya Pulimu (**9:20-32**)

**XI. Obukukunavu bwa Moluddekayi (10:1-3)**

- Amaanyi ga kabaka (**10:1**)
- Obukukunavu bwa Moluddekayi (**10:2-3**)

**II. <u>Ebyogerebwa ku Eseza</u>**

**A.** ***Embaga ya Kabaka ne Nnaabagereka, okugaana kwa Nnaabagereka Vasuti, era n'ekiragiro kya Kabaka ng'amwanukula*** **(1:1-22)**

Ekitundu ky'ekitabo kino ekiggulawo kiteekateeka ebigenda okubaawo, ebigenda okukomekkereza nga bifudde Eseza nnaabagereka omupya ow'obwakabaka bwa Buperusi.

- <u>Ennyanjula, abaayitibwa, n'obuggaga bwa Kabaka (**1:1-4**)</u>

***1 Kino kye kyabaawo ku mirembe gya Akaswero, eyafuga amasaza kikumi mu abiri mu musanvu (127) okuva e Buyindi okutuuka e Buwesiyopya. 2 Mu kiseera ekyo Kabaka Akaswero we yafugira mu lubiri e Susani, 3 mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwe, yagabula abakungu n'abaami be abakulu embaga. Abaduumizi ba magye aga Buperusi ne Bumeedi, n'abalangira n'abakungu b'amasaza bonna baagiriko. 4 Yayolesa obugagga n'ekitiibwa n'ettendo eby'obwakabaka bwe okumala emyezi mukaaga.***

Bwe kiba nga Kabaka Akaswero ye yali Xerxes olwo mba ndowooza nti yali muzzukulu wa Kuulo nga muzzukulu wa Daliyo I. Mu 538 BC, Kuulo yali yalagira Abayudaaya okuddayo mu Isiraeri okuva mu buwaŋŋanguse e Babulooni era ne bazzaawo ne yeekaalu (**Ezera 1:1-11**). Daliyo yaddamu okubakkiriza okuzzaawo yeekaalu omulimu ogwali gwayimirizibwa (**Ezera 4:8—6:12**). Amaanyi ga Kabaka gaali tegenkanika, nga bwe kirabikira mu bwagagavu bw'obwakabaka bwe (**Ese 1:1**), obungi bw'obuggagga bwe (**Ese 1:4**), obusobozi bwe obw'okukuŋŋaanya embeerera mu bwakabaka bwonna (**Ese 2:3-4**), ekiragiro kye eky'okusaanyaawo Abayudaaya (**Ese 3:12-13**), era n'ekiragiro kye eri Abayudaaya okwekuuma n'okuzikiriza abalabe baabwe (**Ese 8:8-10**). Susani kyali mu maserengeta ga Irani ey'olwaleero, nga mailo 150 (kilomitaazi 240) waggulu w'oluwannanda lwa Buperusi.

- Enfaanana y'ekijjulo (**1:5-8**)

***[5]Ennaku ezo bwe zaggwaako, Kabaka n'agabula abantu bonna okuva ku asemberayo ddala okutuuka ku asingirayo ddala ekitiibwa embaga endala eyali mu luggya, mu lubiri e Susani okumala ennaku musanvu. [6] Oluggya lwalimu entimbe ez'engoye enjeru n'eza bbululu, nga zisibiddwa n'emiguwa egya linena omulungi n'olugoye olwa kakobe nga lusibiddwa n'empeta eza ffeeza ku mpagi ez'amayinja aganyirira. Waaliwo n'ebitanda ebya zaabu n'effeeza ku lubalaza olwaliire n'amayinja aganyirira, amamyufu, n'ameeru, n'aga kyenvu n'amaddugavu. [7] Mu kugabula kwa kabaka, wayini yaweerezebwa mu bikopo bya zaabu, nga buli kimu tekifanagana na kinnaakyo, ne wayini wa Kabaka yali mungi ddala. [8]Buli muLubyi yanywanga nga bwe yayagala kubanga kabaka yalagira nti, "Buli muLubyi anywe nga bw'ayagala."***

Waliwo ekibuzo oba nga ng'embaga eyogerwako mu **luny. 5** nga y'emu n'eyo eri mu **luny. 3**. Ekigambo "embaga" mu nnyiri ezo ebbiri "ky'ekigambo kye kimu eky'Olwebulaniya . . . naye ebigambo eby'enjawulo eby'Oluyonaani bikozesebwa Sepucwaginti okuvvuunula enkozesa yaakyo ey'emirundi ebiri. Ekigambo ky'Oluyonaani mu Eseza 1:3 kiri **dochē** (ekijjulo) ate wano mu Eseza 1:5 kiri **potos** ekitegeeza embaga ey'okunywamu oba okwesanyusa nga munywa ebitamiiza, ekikwatagana obulungi n'ekyaliwo mu Eseza 1:8." ("Eseza 1-2" 2021: Ebbinu ely'Ennaku Omusanvu). Singa waaliwo embaga emu, olwo **enny. 5-8** zandibadde zoogera ku kijjulo kyokka ekiri mu **luny. 3**. Bwe guba nga gwali bwe gutyo, olwo kabaka abeera yayolesa obuggaga bwe okumala ennaku 180 olwo ate n'akola embaga ya nnaku musanvu. Ku ludda olulala, **oluny. 3** lulaga nti embaga eyasooka yali y'abakungu ba gavumenti n'abakulu mu magye, so ng'ate **luny. 5** lutulaga nti embaga eyokubiri yali y'abantu b'e Susani, *"okuva ku asinga obukulu okutuuka kw'oyo asinga obutono."* Bwe kiba ng'embaga zaali bbiri, esooka yandibadde y'amagye okusala empenda oba n'engeri ku bya gavumenti oba eby'ekisirikale. Munnabyafaayo ow'ekyasa ekyasooka Josephus agamba nti waaliwo ebijjulo bibiri, ekyasooka ekiwanvu kyali kya bakungu ba gavumenti ya Buperusi era n'ekyabaawo mu wiiki eyokubiri-ekyali eky'abakiise okuva mu mawanga amalala agaali mu Susani (Josephus 1987: *Ant.* 11.186-87).

- Ekijjulo kya Nnaabagereka Vasuti kye yategekera abakazi (**1:9**)

***[9] Ne Nnabagereka Vasuti naye n'agabula abakyala embaga mu lubiri lwa Kabaka Akaswero.***

Etteeka n'ennono ya Buperusi byali tebikkiriza basajja oba abakazi okujaguza nga beeyawudde. Kiyinzika okuba nga nnaabagereka Vasuti ne bakazi banne bayinza okuba nga baawulira nga tebalina mirembe mu gubiina gw'abasajja abaali batamidde. Eyo yaaliba nga y'ensonga lwaki kabaka yamutumya okujja ku kijjulo kye (*"asobole okulaga obubalagavu bwe eri abantu n'abakungu,"* **luny. 10**) era naye n'agaana okujja.

- Okusaba kwa Kabaka; okugaana kwa Nnaabagereka (**1:10-12**)

***[10] Awo ku lunaku olwomusanvu, Kabaka Akaswero mu ssanyu lingi olwa wayini gwe yali anywedde, n'alagira abalaawe musanvu, abaamuweerezanga: Mekumani, ne Bizusa, ne Kalubona, ne Bigusa, ne Abagusa, ne Zesali ne Kalukasi, [11] okuLubda okuyita Nnabagereka Vasuti ajje mu maaso ge ng'atikkiddwa engule eya Nnabagereka, asobole okulaga obubalagavu bwe eri abantu n'abakungu, kubanga yali mulungi, mubalagavu okukamala. [12] Naye abaweereza bwe baatuusa ekiragiro kya kabaka, Nnabagareka Vasuti n'agaana okuLubda. Era ekyavaamu kabaka n'asunguwala, era obusungu bwe ne bubuubuuka.***

Ekiragiro kya kabaka Akaswero okuyita nnaabagereka Vasuti okujja okwolesa obulungi bwe kirabika nga kyali kirowoozo ekyamugwira obugwizi olw'ettamiiro (*"ng'asanyuka olw'omwenge,"* **luny. 10**). Okusinziira ku *Nkuluze y'ebigambo Iranica,* ekiragiro kye kyali kikontana n'etteeka, kubanga "kyali kimenya mateeka, nga musango gwa kufa eri omuntu yenna okuggyako kabaka n'aboluganda lwe ab'okulusegere, era n'abalaawe be okwetegereza ennyo bakyala be n'abazaana be" ("Empya n'Azikolamu" 2011: Ennyumba Ennangira). N'olwekyo yayagala okwolesa obulungi bwa mukyala we eri abagenyi nga bwe yali yaakoolesa obuggaga bwe. Mu butuufu, "ezimu ku nsonda ez'Ekiyudaaya zitaputa nti yali alina kujja ng'ali bukunya, ng'asigazza ngule ye yokka ku mutwe" (Huey 1988: 800; laba ne Josephus 1987: *Ant.* 11.191n.b).

Omwenge kyali kitundu ku buwangwa bwa Buperusi okumala emyaka nkumi na nkumi "erimu ku makolerero g'omwenge agaasoka agamanyiddwa lisibuka mu Perusi ey'Edda (olwaleero ewayitibwa Hajji Firuz, mu Irani) nga lyaliwo mu 5,000 BCE" ("Persian Decision Making" 2022: Persian Wine) Ekisanyusa kiri nti, okusalawo kwa Kabaka kwali kukwatagana n'obuwangwa bwa Buperusi. Munnabyafaayo ebya Buyonaani eby'edda ayitibwa Herodotus agamba nti yali mpisa ya Buperusis "okusalawo ku nsonga enzibu nga batamidde;

nti era nga kye basazeewo kibatuusa ku lunaku oluddirira ng'omwenge gubaamuseko, naye omukulu w'ennyumba bwe yakirabanga nga kye yasazeewo kyabadde kituufu; olwo kaakati ng'ategeera bulungi, era ng'akyakikakasa, olwo nga bakikolerako, naye bwe kitabanga bwe kityo, nga bakireka ne bakivaako. Era bwe baateesanga ku kiteeso nga bategeera bulungi, baalindangako okusalawo okutuusa nga batamidde." (Herodotus 1920: 1.133.3-.4) Wabula kyokka, mu mbeera eno kabaka teyalindanga lunaku luddirira ng'omwenge gumuweddeko okusalawo ku kiteeeso.

Akaswero okukwatibwa *"ennyo obusungu"* ku kya nnaabagereka okugaana okujja okwolesa obulungi bwe kyali kikwatagana n'embala ye. Bwe yalumba Buyonaani, yalagira abasajja be okuzimba olutindo e Hellespont. Omuyaga gwayonoona olutindo olwo. Herodotus agamba nti, "Awo Akaswero bwe yakiwulira, n'asunguwala nnyo era n'alagira Hellespont okukubibwa embooko ebikumi bisatu, era n'ebyuma bibiri ebikugira abantu obutaggwa mu mazzi ne bisuulibwa. Nawulirako nti yatuma n'abantu okugenda okutuuma Hellespont erinnya eppya. Yabalagira okukuba olutindo embooko nga bwe boogera ebigambo eby'obukaawu nti, 'Mazzi mmwe abakaawu, mukama waffe bw'ati bw'ababonereza, kubanga mwamusobya so nga talina ky'abakoze. Kabaka Akaswero ajja kubayitako, oba nga mwagala oba nedda; okusinziira ku mateeka tewali alina kukuwa saddaaka, kubanga oli mugga ogukwata olufu era ogw'omunnyo.' Yalagira ennyanja okubonerezebwa era ne baakalabalaba b'olutindo lwa Hellespont n'alagira batemweko emitwe." (Herodotus 1920: 7.35.1-.3)

- <u>Amagezi agaaweebwa kabaka n'ekyo kabaka kye yasalawo (**1:13-20**)</u>

***13** Naye Kabaka yalina empisa ey'okwebuuzanga ku bakugu mu by'amateeka, era n'ateesa n'abasajja abagezigezi abategeera ebifa ku nsonga eyo. **14** Amannya ga bakungu abo abakulu omusanvu mu bwakabaka bwe Buperusi ne Bumeedi ge gano: Kalusena, ne Sesali, ne Adumasa, ne Talusiisi, ne Meresi, ne Malusema ne Memukani. Bano be baamubeeranga ku lusegere. **15** Awo Kabaka n'ababuuza nti, "Okusinziira ku mateeka, Nnabagereka Vasuti agwanidde kibonerezo ki olw'obutagondera kiragiro kya Kabaka Akaswero ekimutuusibbwako abalaawe?"*

***16** Memukani n'addamu Kabaka n'abakungu nti, "Nnabagereka Vasuti asobezza nnyo, ate si eri Kabaka yekka, naye n'eri abakungu n'abantu bonna ab'omu bitundu byonna Kabaka Akaswero by'afuga. **17** Era olw'enneeyisa Nnabagereka gye yeeyisizaamu, bwe kinaamanyibwa abakyala, nabo bajja kunyoomanga ba bbaabwe nga bagamba nti, 'Nga Kabaka Akaswero yalagira Nnabagereka Vasuti okuleetebwa gy'ali, n'ajeema.' **18** Era olunaku lwa leero abakyala bonna mu Buperusi ne Bumeedi aba bakungu abawulidde ku nneeyisa ya Nnabagereka bajjanga kweyisa mu ngeri y'emu eri abakungu ba Kabaka. Era obunyoomi wamu n'obutabanguko tebuggwengawo mu maka. **19** Noolwekyo Kabaka bw'anaasiima, awe ekiragiro, era kiwandiikibwe mu mateeka ga Buperusi ne Bumeedi agatakyuka, nti Vasuti aleme okujja nate mu maaso ga Kabaka Akaswero. Ate n'ekifo kye eky'Obwannabagereka, kiweebwe omukazi omulala amusinga. **20** Awo ekiragiro kya kabaka bwe kinaabuna mu bwakabaka bwonna, abakyala bonna banassangamu ba bbaabwe ekitiibwa okuva ku wawaggulu okutuukira ddala ku wawansi asembayo.*

Mu **luny. 13**, abasajja aboogerwako nga *"abategeera ensonga nga bwe ziri"* kirowoozebwa nti baali balaguzi (soma Baldwin 1970: 415; Huey 1988: 801). Abalangira omusanvu n'ababudaabuda abali mu **luny. 14** era nabo boogerwako mu **Ezera 7:14**. Etteeka ly'Abaperusi n'aba Meedi erittakiriza kujulira likozesebwa mu **Ese 8:8** ne **Dan 6:8, 12, 15**.

Okwogerezeganya wakati wa Kabaka ne Memukani kunyuma lwa nsonga bbiri. Esooka, nga Lois Semenye bw'akinokolayo, "Kirabika nga kabaka teyatawaana kubuuza Vasuti lwaki yagaana okujja. Kino kiraga ekika ky'amampaati, agamanyiddwa ennyo mu Afrika. Abantu tebasaanidde kwebuuza ku mikwano gyabwe oba ku bawi b'amagezi bokka wabula ne ku bantu ababali ku lusegere, ng'abo be bakyala baabwe. Vasuti ayinza okuba nga yalina ensonga entuufu ezamugaana okujja eri kabaka." (Smeenye 2006: 560) N'okutuusa mu kiseera kino, Vasuti yali akyayitiba nnaabagereka Vasuti (**Ese 1:9, 11-12, 15-17**). Okutandikira mu **luny. 19** n'okujuliza kwonna okuddirira ku ye (**Ese 2:1, 4, 17**), Vasuti yali takyayogerwako nga "Nnaabagereka." Ekyo kitegeeza nti yali agobeddwa ku bwa nnaabagereka. Kino kye kyatanula empaka z'obwannalulungi mu 2, ezavaamu Eseza okufuuka nnaabagereka omupya.

Ekyokubiri, okugaana kwa nnaabagereka Vasuti's okugonder ekiragiro kya kabaka kyalabibwa abawi b'amagezi eri Kabaka, ng'ensonga etali ya nkiso eyali ekwatira ddala ku bufumbo n'enkolagana wakati w'abaami bonna ne bakyala baabwe. Memukani yalaba ekikolwa kyaVasuti ng'ekiteeka obufumbo mu katyabaga. Etteeka erifuga lyali liragira abakyala bonna okugondera ba bbaabwe.

- Ekirangiriro kya Kabaka (**1:21-22**)

***[21]Ekigambo ekyo kyasanyusa nnyo Kabaka n'abakungu be, era Kabaka n'akola ng'ekiteeso kya Memukani bwe kyali. [22] N'aweereza obubaka eri ebitundu byonna eby'obwakabaka buli ssaza ebbaluwa yaayo, era buli bantu mu lulimi lwabwe nga bugamba nti buli musajja afugenga mu nnyumba ye.***

Ekiragiro kya Kabaka ekisaba abakazi bonna okussaamu ba bbaabwe ekitiibwa y'ensibuko y'okusalawo okukambwe kwe tusoma mu kitabo kino. Gabriel Hornung annyonnyola nti, "Eky'okuddira obutali butebenvu bwe ng'omuntu okubufuula obuteesonyiyika era okubukolamu etteeka erifuga ensi, Akaswero agamba nti, okuva lwe kiri nti nnaabagereka eyamujeemera yamugoba, kitegeeza nti abakazi bonna mu bwakabaka bagenda kugondera ba bbaabwe (Ese1:16-22). Ekiragiro kino eky'obusirusiru kirabibwa nga kiteekwa mu nkola okuyita mu kitabo kyonna nga kitulaga ebintu ebizibu ebyali munda mu lubiri n'ebweru waalwo: nga Zeresi [mukazi wa Kamani] bwe yalagira Kamani okukola akalabba (Ese 5:14), ne Eseza bwe yalagira Kabaka ku butya abantu bwe bwe bagenda okununulibwa (Ese 8:5-8)." (Hornung 2020: 575)

Enkola ya Buperusi ey'abasajja okuba nga be basalawo erabikira ku kigambo ky'Olwebulaniya "omwami" mu **nny. 17, 20**. Ekigambo *ba'al,* "kitegeeza 'Mukama' 'nnannyini.' Era ly'erinnya lya katonda w'Abakanani ayitibwa Bayaali." (Huey 1988: 803) Enkola eno ey'okuba ng'abaami be baakamala byonna ekkaatirizibwa n'ekiragiro kya kabaka mu **luny. 22**, waayogerera ku mwami nga "mukama" mu maka ge.

Kino kyawukana n'endaba ya bayibuli ku nkolagana wakati w'abasajja n'abakyala. Katonda y'eyawa obufumbo omukisa bwe yatonda Adamu ne Eva, era n'agamba nti babiri bagenda kufuuka *"omubiri gumu"* (**Lub 2:24; Mat 19:5**). Katonda yakola Eva okuva mu Adamu, mu mubiri gwe yennyini, mu lubiriizi lwe, ekintu ekitafaanagana na bisolo. Ekyo kitegeeza: (A) Eva tasibuka mu bisolo; (B) Eva si kisolo ekitawaanya, wadde ng'obuwangwa bungi bwe butyo bwe butwalamu abakazi; ne (C) Eva talina kukubibwa, mu buliwo oba mu bigambo. Wabula, *"abasajja bwe batyo bwe basaana okwagalanga bakazi baabwe, nga bwe baagala emibiri gyabwe gyennyini. Ayagala mukazi we yeeyagala yekka. Tewali n'omu yali akyaye omubiri gwe, wabula aguliisa era agujjanjaba nga Kristo bw'ajjanjaba Ekkanisa ye,"* (**Bef 5:28-29**) Ng'omugezigezi omu bwe yagamba nti, "Omukazi teyakolebwa kuva mu mutwe gwa musajja, okumufuga, oba okuva mu bigere bye, okumubetenta, naye okuva mu lubirizi lwe, okumujjuuliriza nga mukozi munne, naye ng'alina obuvuunaanyizibwa obw'enjawulo."

Abasajja n'abakazi bombi *benkanankana* mu kubeera "n'ekifaananyi kya Katonda." **Lub 1:26** agamba nti, *"Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe mu ngeri yaffe."* Amakulu agasooka mu "musajja" (*Adamu*) ly'erinnya ery'awamu "ery'omuntu, abantu," nga mwe muli abakazi n'abasajja. Kino kirabikira bulungi nnyo mu kitundu ekiddako, ekigamba nti, *"era bafuge . . ."* **Lub 1:27** akiraga bulungi nti bombi abasajja n'abakazi boogerwako kyenkanyi, okuva lwe kigamba nti, *"Bw'atyo Katonda n'atonda omuntu mu kifaananyi kye, mu kifaananyi kya Katonda mwe yamutondera; n'abatonda omusajja n'omukazi."* Okweyongerayo, mu **Lub 1:28** Katonda yabawa omukisa "bombi" (omusajja n'omukazi) kyenkanyi era n'ayogera nabo "bombi." Mu **Lub 1:29**, awo Katonda bw'agamba nti *"Laba mbawadde buli kimera eky'ensigo,"* ekigambo "mmwe" kiri mu bungi, so si ku bwannamunigina. N'olwekyo, nga Hoekema bwannyonnyola nti, *"Omusajja n'omukazi bombi wamu bali mu kifaananyi kya Katonda. . . .* Omuntu okutondebwa mu kifaananyi ky'omusajja n'omukazi kintu kikulu nnyo ekyogera ku kifaananyi kya Katonda. . . . Okubeerawo kw'omuntu ng'omusajja n'omukazi kitegeeza nti omuntu ng'omusajja yatondebwa okubeera n'enkolagana n'omuntu omulala ow'enjawulo atamufaanana. Kino kitegeeza nti omukazi bwe bujjuvu bw'omusajja, era ng'omusajja abeera mujjuvu bw'abeera ng'alina enkolagana n'omukazi." (Hoekema 1986: 97, okktrz. mu kyasooka.)

Wadde nga **Bef 5:23** agamba nti *"Omusajja gwe mutwe gw'omukazi,"* enjigiriza ya baibuli ku nkolagana y'abasajja n'abakzi ya njawulo ddala ku njigiriza ya Buperusi. Wadde ng'ezivuunula ezisinga obungi ku **Bef 5:22** zoogera ekifaanako bwe kiti *"Abakazi, muwulirenga ba bbammwe nga bwe muwulira Mukama waffe,"* ebigabo "*mube bawulize*" mu butuufu tebiri mu Luyonaani **5:22**; bsingibwa mu **Bef 5:21** wokka, ekitegeeza obuwulize *obwakyeyagalire* nga ke kamu ku bubonero obulaga nti omuntu ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu. Tewali mu **Beefeeso 5**, oba ewalala wonna Baibuli weegambira abasajja "okukaka" oba"okuwaliriza" bakazi baabwe "okubagondera" oba"okubawulira,",oba era "okukakasa" nti babagondera. Obuwulize bw'omukazi kubeera kusalawo kwe, era nga mu butuufu ebeera nsonga wakati we ne Katonda we. Ebiragiro bya Pawulo eri abakazi okugondera ba bbaabwe by'ebiragiro *eri abakazi, so si basajja baabwe.* Ku ludda olulala, **Bef 5:25** alagira n'abasajja nti *"mwagalenga bakyala bammwe nga Kristo bwe yayagala Ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo."* Okwagala kwa Kristo eri mukazi we, nga y'ekkanisa (laba **Kub 21:2, 9-10**), kwa njawulo nnyo era kwa kwerekereza. Okwagala kwe kwefaanana kwokka. Yaleka eggulu, n'awaayo byonna bye yalina, era ne yeerekereza byonna, omuli n'obulamu bwe, ku lw'omugole we. Mu bufunze, yakulembeza mugole we by'ayagala okusinga ebibye. Ebikolwa bya Kristo gye tuli era n'enkolagana ye naffe—y'eyo baibuli

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

gyeragira abasajja okukozesa ku bakazi baabwe, y'engeri ya Kristo gy'akwatamu ekkanisa—naye tukiraba nga yali ekontanira ddala ne ya Buperusi we tulabira ng'abasajja bafutubadde ku bakazi.[6]

## EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Obuggaga n'amaanyi ga Kabaka Akaswero gannyonnyolwa gatya mu **nny. 1-8** era agakozesa atya ku bikwataga n'enjiri era kiki kye twandikoze Katonda bw'abeera atuwadde omukisa gw'essente era ne mu ngeri endala mu nsi eno?

2. Mu Kristo, *"tewali njawulo wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu"* (**Bag 3:28**). Wabula kyokka, waliwo enjawulo ez'amaanyi wakati w'abasajja n'abakazi. Kirina kukoma wa era mu ngeri ki gy'olowooza abasajja n'abakazi mu kkanisa gye bandibaddemu n'obuweereza bwabwe obwawufu (okgz., ekijjulo kyaVasuti eky'abakazi ekyeyawudde) nga kivuganya n'obuweereza obwa bonna, era lwaki?

3. Kubaganya ebirowoozo ku kwogerezeganya—oba ku butayogerezeganya—wakati wa Kabaka ne Vasuti.

- Bizibu ki ebiva mu butawuliziganya mu bufumbo byaffe era amakubo ki ge tusobola okukozesa okutumbula empuliziganya wakati w'abaami n'abakyala?

4. Kubaganya ebirowoozo ku nkola ya Buperusi n'eya baibuli nga bwe zikwatamu enkolagana wakati w'abaami n'abakyala.

- Obuwangwa bwaffe bututuusa wa mu nkola ya Buperusi, ne tutabeera mu nkola ya baibuli, nga tutambuza ensonga z'obufumbo bwaffe?

- Ngeri ki ezirabwako abaami mwe*"baaagalira bakyala baabwe nga Kristo bwe yayagala Ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo"*?

**B.** ***Eseza afuuka nnaabagereka omupya (2:1-20)***

Ekitundu kino, okufaananako n'essuula esooka, kiggulawo olutimbe n'abazzanyi abakulu babiri omuli Moluddekayi ne Eseza. Era kitulaga n'enkola Eseza gye yayitamu okufuuka nnaabagereka w'e Buperusi era n'ensonga enkulu ennyo ey'obutayogera nti yali Muyudaaya.

- <u>Kabaka akkriza empaka zobwannalungi okukolebwa mu nsi yeokufuna anadda mu kifo kya Vasuti nga nnaabagereka (**2:1-4**)</u>
  ***1 Oluvannyuma, obusungu bwa Kabaka Akaswero bwe bwakkakkana, yasigala ng'alowooza ku Vasuti, kye yakola, n'ekyali kisaliddwawo. 2 Awo abaddu ba Kabaka ne baleeta ekirowoozo nti, "Banoonyeze Kabaka omuwala ku bawala abato abalungi nga mbeerera. 3 Kabaka alonde ababaka mu buli kitundu mu bwakabaka bwe, bamuleetere abawala abato ababalagavu abalungi mu lubiri lwe e Susani bakuumibwe mu nnyumba y'abakyala. Era Kegayi omulaawe wa Kabaka avunaanyizibwe abawala abo, ng'abawa ne by'okulungiya byonna bye beetaaga. 4 Awo omuwala anasiimibwa kabaka, ye anafuuka Nnabagereka mu kifo kya Vasuti." Ekirowoozo ekyo kyasanyusa kabaka, era n'akissa mu nkola.***

*"Oluvannyuma lwa bino"* (**luny. 1**) lulaga ebyaliwo gye buvuddeko. Ekyo kikakasibwa eky'amazima nti ekijjulo kya kabaka kyali kibaddewo mu mwaka gw'obufuzi bwe obwokusatu (**1:3**), naye Eseza n'afuuka nnaabagereka omupya mu mwaka ogw'omusanvu ogw'obufuzi bwa kabaka (**2:16**). Ekyaleeta okulwawo lwe lutalo lwa Buyonaani ne-Buperusi olwokubiri, nga mw'olwo Akaswero ye yakulembera Buperusi okuzinda Buyonaani, ebyo byaliwo okuva 480 okutuuka 478 BC. Oluvannyuma lw'okuwangula Buyonaani mu lutalo olwasooka mu nsitaano eyali e Thermopylae, Abaperusi baawangulwa era ne badduka okuva mu Bulaaya.

Ng'ekiragiro kya kabaka eri Vasuti bwe kyali kikontana n'amateeka ga Buperusi, bwe kityo n'enkola y'okulonda nnaabagereka omupya nayo bwe yali. Ensonga yali bw'eti, wadde nga Kabaka yalina abakazi bangi n'abazaana abawerako, "yali akkirizibwa kuwasa mu nnyumba z'abakungu omukaaga ezikulembera." ("Courts and Courtiers" 2011: Ennyumba Ennangira) Abawala abaalina okufuuka abazaana ba Kabaka tebaakikolanga

[6] Ku lw'okukubaganya ebirowoozo mu bugazi ku bufumbo baibuli bw'eyigiriza, laba Menn 2016.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

kyeyagalire. Wabula mu ngeri emu, baawambibwanga buwambibwa. Kale bwe kityo, nga tebalina ddembe kuddayo waabwe bwe baabanga tebasanyusizza Kabaka.

- Moluddekayi ne Eseza babatwanjulira (**2:5-7**)

***5Waaliwo Omuyudaaya mu Susani mu lubiri, erinnya lye Moluddekaayi mutabani wa Yayiri mutabani wa Simeeyi mutabani wa Kiisi Omubenyamini; 6eyaggibwa mu Yerusaalemi wamu n'abasibe abaatwalirwa awamu ne Yekoniya kabaka wa Yuda, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni gwe yatwala. 7N'alera Kadassa, ye Eseza muwala wa kitaawe omuto: kubanga teyalina kitaawe newakubadde nnyina, era omuwala oyo yali mulungi nnyo; awo nnyina ne kitaawe bwe baafa, Moluddekaayi n'amutwala okuba omwana we ye.***

Ng'Omubenjamiini, Moluddekayi yali ava mu kika kye kimu ne Kabaka wa Isiraeri eyasooka, Kabaka Sawulo. Erinnya lye lifuulibwa ly'Abebulaniya nga liva mu katonda wa Bababulooni ayitibwa Maraduki. Enkola eno ey'okutuuma amannya ga Bababulooni ewamu n'ag'Abebulaniya eri omuntu y'omu yatandika mu kiseera KY'obuwaŋ̇ŋ̇anguse bwa Isiraeri mu Babulooni (laba Huey 1988: 805; laba ne **Dan 1:6-7**). Ayinza okuba nga yali muweereza owa wansi mu gavumenti y'e Buperusi; *"eky'okutuula kwe ku wankaaki wa kabaka"* (**2:19, 21**) kitulagako ku nsonga eno. Ayinza okuba ng'era yali mulaawe, kubanga mukazi we oba baana be teboogerwako mu **luny. 7**, era ayinza okuba nga yali akkirizibwa okuyingira mu nnyumba y'abakazi (**luny. 11**).

Okuva bwe kiri nti Eseza yali muwala wa Moluddekayi nga kitaawe omuto, Moluddekayi ne Eseza baali baakizibwe.[7] Kadasa ly'eryali erinnya lya Eseza'ery'Ekiyudaaya nga litegeeza "muwafu." Omuwafu gwe muti ogubeera mu ttale ogutawaatula ogulina akawoowo ak'amaanyi n'ebimuli ebyeru nga bivaamu ebibala ebyakakobe-omukwafu ebiyitibwa empafu. "Okuyita mu Bulaaya yonna ne mu Middle East, ebisoko n'engero ez'edda ezoogera ku muwafu ziba zoolesa akabonero ak'okusunsula, okwewaayo, obulungi n'okwagala. Eri Abaperusi, Abayudaaya n'Abawalabu, omuwafu kaali kabonero ka lusuku olw'okwesiima. Mu ngeri ey'omwoyo, ekimuli ky'omuwafu ekyeru kikiikirira obulongoofu n'okuzaalibwa obupya, nga bwe kiri mu lulimi lw'ebimuli, langi enjeru oba ey'ekikuusikuusi ng'ekimuli kitinta etegeeza obulongoofu, essuubi n'obutabaako musango." (Lawless 2022: n.p.) Erinnya Eseza "ob'olyawo lyaggyibwa mu kigambo ky'Oluperusi kye bayita emmunyeenye, wadde ng'abamu balikwataganya ne katonda w'Ababulooni ayitibwa Ishitari" (Baldwin 1970: 416).

- Eseza afuna okuganja mu lubiri lwa Kabaka (**2:8-11**)

***8Awo olwatuuka ekiragiro kya kabaka n'etteeka lye bwe byawulirwa, n'abawala bangi nga bakuŋŋaanidde e Susani mu lubiri mu mukono gwa Kegayi, awo Eseza n'atwalibwa mu nnyumba ya kabaka mu mukono gwa Kegayi omukuumi w'abakazi. 9Awo omuwala oyo n'amusanyusa, n'afuna ekisa eri ye; n'ayanguwa okumuwa ebintu bye eby'okulongoosa wamu n'emigabo gye n'abawala omusanvu abaagwanira okubamuwa nga baggibwa mu nnyumba ya kabaka: n'amujjulula ye n'abawala be n'abayingiza mu kifo ekyasinga obulungi mu nnyumba ey'abakazi. 10Eseza yali tategeezanga abantu be bwe baali newakubadde ekika kye: kubanga Moluddekaayi yali amukuutidde obutakitegeeza. 11Era Moluddekaayi n'atambuliranga buli lunaku mu maaso g'oluggya lw'ennyumba ey'abakazi, okumanya Eseza bw'ali, era ky'alibeera.***

Josephus agamba nti abawala abato 400 baaletebwa e Susani nga balabirirwa Kegayi ng'ekitundu ku mpaka z'obwannalulungi (Josephus 1987: *Ant.* 11.200). Ng'oggyekyo eky'obulungi bwe, Eseza era yalina obukodyo obw'okuwangula. Yasanyusa omulaawe eyali afumbirira abakazi, eyamufaako ennyo. Obutafaanana nga Danyeri, ye teyazira mmere eyamuweebwa (laba **Dan 1:8-16**). Mu butuufu, mu buli ngeri (okukyusa erinnya lye, okulya emmere eyamuweebwa, kabaka yamulabamu ebirungi bingi Kegayi bye yali amauyigirizza, eky'obutayogera nti Muyudaaya, n'ekyokufumbirwa Kabaka Akaswero eyali munaggwanga, Eseza alabika okukozesa obulungi bwe ewatali kuwakanya era n'akkiriza n'obukulu ekifo kye yafuna bwe kyamuleetera.

Bwe tutunuulira ekya Eseza obuteeraga nti yali Muyudaaya, F. B. Huey yeetegereza nti, "Yandibadde kyenkana takyalina mukisa kufuuka nnaabagereka singa teyeeyita Muperusi, naye lwaki Moluddekayi yali amwagaliza okufumbirwa Munnamawnga? Obufumba obw'ekika ng'ekyo bwali buvvoola amateeka g'Ekiyudaaya. Ekirala era tewaaliwo kutiisibwa okuva ewa Kamani oba obukyayi eri Abayudaaya mu kiseera ekyo ekyamuwaliriza okukweka ekyama kye." (Huey 1988: 806) Ku ludda olulala, **Ese 4:14** eraga nti obugabirizi bwa Katonda bwali bweraga mu kiseera ekyo, mu butuufu, nga bweragira mu byonna ebyali mu

[7] Josephus ayita Moluddekaayi kitaawe wa Eseza omuto (Josephus 1987: *Ant.* 11.198, 207).

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

kitabo. Mu butuufu, ekyo gwe gumu ku kiramwa emikulu egy’ekitabo kino: Katonda buli kiseera abeera akola; ng’atuukiriza enteekateeka ze okuyita mu birabika ng’enkola “eyabulijjo” newakubadde ng’alabika ng’atabeerawo. “Ebigwaawo” tebimala gabaawo. Kabaka yatamiirira ku mbaga. singa teyatamiira, ob’olyawo teyaliragidde nti Vasuti ajje yeeyoleke mu gubiina gw’abasajja abatamiivu. Vasuti yalina embala ey’okujeemera ebiragiro bwe bityo. Naye olw’okuba nga yajeemera ekiragiro kya kabaka, kyasalibwawo agobebwe ku bwa nnaabagereka era ne nnaabagereka omupya alondebwe. Ekyava mw’ebyo byonna, eyalondebwa yali Eseza, Omuyudaaya. Ekigambo ekyo ky’ayamba Abayudaaya okuwona okuttibwa olw’olukwe Kamani lwe yali abapangidde ng’ayagala bonna battibwe. Ebintu bino byonna ebyabaawo, tetulabamu mukono gwa Katonda nga gukola, era ebintu bino bingi birabika ng’ebiwakanya okwagala kwa Katonda, nga baganda ba Yusufu bwe baamutunda mu buddu ekintu ekyali ekibi; kyokka Katonda yaliwo era n’akozesa embeera eyo okuwonya enkuyanja y’abantu obutafa njala (**Lub 45:5-7; 50:20**).[8]

- <u>Enkola yabawala okulabikako eri Kabaka (**2:12-14**)</u>

***[12]Awo oluwalo olwa buli muwala bwe lwajja okuyingira eri kabaka Akaswero, ng'amaze okukolerwa ng'etteeka ery'abakazi bwe liri emyezi kkumi n'ebiri, (kubanga ennaku ez'okulongoosa kwabwe bwe zaatuukiriranga bwe zityo, emyezi mukaaga amafuta ag'omugavu, n'emyezi mukaaga eby'akaloosa n'ebintu eby'okulongoosa abakazi,) [13]kale bw'atyo omuwala n'alyoka ajja eri kabaka, kyonna kye yayagala n'akiweebwa okuLubda naye ng'ava mu nnyumba ey'abakazi ng'aLubda mu nnyumba ya kabaka. [14]YaLubda akawungeezi n'akomawo enkya mu nnyumba ey'abakazi ey'okubiri mu mukono gwa Saasugazi omulaawe wa kabaka eyakuumanga abazaana: teyayingira nate eri kabaka, wabula nga kabaka amusanyukidde, era ng'ayitiddwa n'erinnya.***

Ennyiriri zino zirambulula emitendera egyagobererwa abawala bano okusobola okusisinkana kabaka. Mu **luny. 13**, Lois Semenye agamba nti buli muwala “yaweebwa buli kye ali yeetaaga okulabika obulungi” (Semenye 2006: 561). Josephus agamba nti buli muwala omuto yasindikibwa eri Kabaka mu kisenge “buli lunaku” (Josephus 1987: *Ant.* 11.201). Kyokka ate nga NASB evvuunula **uny. 14** ng’egamba nti buli ku makya omuwala yakomangawo *“mu nnyumba y’abakazi eyokubiri,”* Baibuli ejuliza n’enzivuunula ya Young’s Literal Translation evvuunula nti *“mu nnyumba y’abakazi eyokubiri.”* Abo abaagaanibwa Kabaka era ne batakomawo kumulaba nate, okutwaliza awamu babeerawo mu bulamu bwabwe obwali busigadde nga bannamwandu (laba **2 Sam 20:3**).

- <u>Eseza afuuka  nnaabagereka omupya (**2:15-18**)</u>

***[15]Awo oluwalo lwa Eseza omuwala wa Abikayiri kitaawe wa Moluddekaayi omuto eyamutwala okuba omwana we bwe lwali lutuuse, okuyingira eri kabaka, teyaliiko kye yeetaaga wabula ebyo Kegayi, omulaawe wa kabaka, omukuumi w'abakazi, bye yalagira. Eseza n'aganja mu maaso g'abo bonna abaamutunuulira. [16]Awo Eseza n'atwalibwa eri kabaka Akaswero mu nnyumba ye eya kabaka mu mwezi ogw'ekkumi, gwe mwezi Tebesi mu mwaka ogw'omusanvu ogw'okufuga kwe. [17]Awo kabaka n'ayagala Eseza okusinga abakazi bonna, n'alaba ekisa n'okuganja mu maaso ge okusinga abawala bonna: n'okuteeka n'ateeka engule ey'obwakabaka ku mutwe gwe n'amufuula kaddulubaale mu kifo kya Vasuti. [18]Awo kabaka n'alyoka afumbira abakungu be bonna n'abaddu be embaga enkulu, embaga ya Eseza; n'awa amasaza okusonyiyibwa, n'agaba ebirabo, ng'obugabi bwa kabaka bwe bwali.***

Weetegereze nti Eseza yagondera obukwakkulizo bwonna obwempaka z’obwannalulungi: yatandika

---

[8] Waliwo ebifaanagana bingi wakati wa Yusufu ne Eseza: “Yusufu yalaba okuganja mu maaso g’abalala nga Eseza. Yusufu yayagalwa nnyo kitaawe, Yakobo (Lub 37:3), nga ne Eseza bwe yayagalwa Moluddekaayi. Era okufaanako ne Eseza, Yusufu yali mulungi mu ndabika, era ‘yakula bulungi’ (39:6 [eyo nkyusa yange]; grgrnya. Eseza 2:7), asikiriza (Lub 39:7–12). Okwongerako, kigambibwa ekiddiŋ̇ŋ̇anwa nti Yusufu “n’alaba okuganja [מצא חן]” mu maaso ga bakama be (39:4) oba ‘n’aganja eri [נתן חן]’ bakama be (39:21), ku ntikko ya byonna n’aganja eri Falaawo era n’amwesiga (41:37–43), nga  Eseza bwe yaganja eri Kegayi era n’eri Akaswero.” (Cho 2021: 670) Gabriel Hornung agattako nti, “Okuva ku nnaabagereka atalabika kuba na buvumu okulwanirira abantu be, okufaanananako ne Yusufu, avaamu omukulembeze asobola okufunira abantu be obuwanguzi” (Hornung 2020: 579n.29) Omutendera gw’enkyukakyuka z’ebintu byonna mu mboozi ebbiri gufaanaira ddala. Hornung annyonnyola, “Okuddamu okusisinkana Yusufu ne batabani be ababiri be yali alowooza nti yabafiirwa (Lub 42:36, 38; 45:28; 46:29-30), okukungubaga kwa Yakobo okwakoma olw’okuddamu okubalaba mu Misiri era ekyo kirokola ekika kya Isiraeri kyonna mu njala (Lub 47:3-6, 12). Era okumatiza Kabaka okumuggyirawo Kamani n’okutiisatiisa kwe (Ee 7:3-10), okutya kwa Eseza okw’okuttibwa kuvaawo kwonna olw’okukuzibwa kwa Moluddekaayi n’obuwanguzi bw’Abayudaaya obwaddirira (Eseza 8:2; 9:1-17).” (Hornung 2020: 581)

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

ngomuwala omulungi era nayita mu kwekolako okwomwaka omulamba era nendya eyenjawulo nga teyemulugunya. Yagondera buli kiragiro kya Kegayi. Yasobola okukozesa ebintu byonna okumuyamba okutuukiriza kye yali ayagala. Ku ludda olulala, eggonjebwa lya Eseza mu butasaba bintu birala okujjako ebyo byokka Kegayi bye yamuwaako amagezi obutafaanagana nabawala abalala abaasaba buli kintu kye baayagala (**luny. 13**). N'olwekyo, wadde nga yali mulungi mu ndabika, naye okusingira ddala kyava ku mabala ye *"Eseza n'aganja mu maaso g'abo bonna abaamutunuulira."* (**luny. 15**). Mu butuufu, enjogera y'Olwebulaniya emanyiddwa egamba nti *"n'aganja mu maaso g'abo"* eyogerera mu kiseera ekyayita. Mu Eseza, wabula, atunyumiza buli kiseera ekigambo ekyewuunyisa (*"ne yeeyongera okuganja,"* **2:9, 15, 17; 5:2**). Paul Cho akiraga nti, "Emboozi eraga ekinyusi, erabikira ku Eseza yekka era ngembeera yaakyo esikiriza abalala, eraga nti Eseza teyamala gafuna kuganja naye yakukolereranga, yakolanga ebisaanidde nakira ku balala. Ekyo kitegeeza nti, enjogera נשא חן eraga nti Eseza, mu ngeri emu eyekyama, yakolana ebintu ebyenjawulo okukira ku balala era okuganja tekwamala gamubaako olwobulungi bwe bwokka." (Cho 2021: 668) Yali amanyi okukozesa obulungi ekyo kyalina, kwe kugamba., ekyo Katonda kye yali yamuwa (obulungi bwe; embeera z'obuntu bwe), wadde ngebimu ku bye yali akozesa byava mu buyiiya bw'abantu (ebyokwewunda n'emmere). Eryo ssomo eri ffe ffenna.

Kimu kye tulina okufumiitiriza ku nsonga eno kiri nti, okufaananako n'embeera y'e Buperusi mu nnaku za Eseza, obuwangwa n'embeera zaffe okusinga zeesigamye ku birabikira ku ngulu: obuggaga, amaanyi, n'ebintu (ektgz., Kabaka) era n'obulungi obw'okungulu n'endabika (eya Eseza). Ku kigera ekimu oba ekirala, buli muntu atwalirizibwa era n'akosebwa ennono z'obuwangwa (laba **1 Sam 16:7**). Kino kituleetera okwebuuza butya bwe tukolagana n'obuwangwa n'ennono zaffe. Okomawa wa "okugoberera" obuwangwa? Okomawa mu kwewala obuwangwa oba okuwakanya enkola zaabwo? Bwe tuba nga tetulowooza ku bintu bino, tusobola okusibibwa ebintu bino n'ennono zaabwo nga tetutegedde.

Ku nkomerero ya byonna, oluwummula ne kabaka okugaba ebirabo ng'assaamu Eseza ekitiibwa kisiiga ekifaananyi eky'enkola ey'okujaguza embaga ya Pulimu (**9:22**).

- <u>Eseza tayogera nti Muyudaaya (**2:19-20**)</u>

***[19]Awo abawala bwe baali bakuŋŋaanye omulundi ogw'okubiri, awo Moluddekaayi n'atuula mu mulyango gwa kabaka. [20]Eseza yali tategeezanga ekika kye bwe kyali newakubadde abantu be; nga Moluddekaayi bwe yamukuutira: kubanga Eseza yakola ekiragiro kya Moluddekaayi nga bwe yakolanga bwe yali ng'akyamulera.***

Okukuή̇ή̇aana kw'abawala embeerera omulundi ogwokubiri tekumanyiddw bulungi. Semenye ne Baldwin bagamba nti kino kitegeeza Kabaka okweyongera okulya ebisoobooza n'abawala abalala wadde nga yali amaze okuwasa Eseza (Semenye 2006: 562; Baldwin 1970: 416). Okutuula kwa Moluddekayi ku wankaaki wa kabaka kulaga nti yali musajja wa muzinzi. Kisoboka okuba nga yalondebwa Eseza okubeera mu kifo ekyobuvunaanyizibwa oba nga kyamuweebwa lwa kusaba kwe eri Kabaka. Guno gwe mulundi ogwokubiri we batutegeereza nti ku lw'ekiragiro kya Moluddekayi,' Eseza teyabuulira muntu yenna nti yali Muyudaaya (laba ne **luny. 10**). Wadde nga tetumanyi nsonga lwaki yakifuula kya kyama, kikola amakulu mangi mu mboozi eno yonna.

## <u>EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Olutalo lwa Buyonaani ne Buperusi lwalimu ebizibu by'ebyobufuzi ebyabuna ensi; wabula, tekyogerwanako mu Baibuli. Ekyo kitegeeza ki eri ebintu ebikulu ennyo gye tuli bw'obigeraageranya n'ekyo ekikulu eri Katonda? Era ekyo kitukwatako kitya?

2. Nga bwe kyali mu kitundu kya Buperusi mu nnaku za Eseza, obuwangwa bwaffe n'abantu be tubeeramu leero bassaamu nnyo ekitiibwa ebintu by'okungulu: obuggagga, amaanyi, ebintu (ektgz., Kabaka) era obulungi n'okwewunda (Eseza). Ku kigera ekimu oba ekirala, buli muntu atwalirizibwa era n'akosebwa ennono z'obuwangwa. Kino kituleetera okwebuuza nti tulina kukoma wa n'okwekkirinya n'obuwangwa n'ennono zaffe. Okomawa wa "okugoberera" obuwangwa? Okomawa mu kwewala obuwangwa oba okuwakanya enkola zaabwo?

3. Weetegereze emabala n'enneeyisa ya Eseza'(okgz., eky'obutayogera nti Muyudaaya, okwetuuma erinnya eppya, okwenyigira mu mpaka z'obwannalulungi, okulya emmere y'e Buperusi gye yaweebwa, okukola ebyo byonna Kegayi bye yamulagira, okwebaka ne munnaggwanga nga tannafumbirwa, era n'okufumbirwa

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Munnaggwanga atali mukkiriza) bw'obigeraageranya n'enneeyisa ya Danyeri, Saduraaki, Misaaki, ne Abedinego (wadde nga baweerezanga mu lubiri lw'e Babulooni, bano baayogerera ddali nti baali Bayudaaya nga bagondera amateeka ga Musa era n'obutalya mmere y'e Babulooni, baagaana okuvunnamira ekibumbe, ne basigala nga basaba Katonda nga bawakanya ekiragiro kya Kabaka). Tuyiga ki mu bino byonna?

4. Olowooza ki ku kya Eseza obutayogera nti Muyudaaya?

5. Kubaganya ebirowoozo ku butya Katonda bw'akolerera "emabega w'olutimbe" ng'akozesa enkola "eza bulijjo", ebigwaawo, ne "biddiriŋŋana" okutuukiriza okwagala n'enteekateeka ze. Bw'olowooza ku bulamu bwo emabega gy'ovudde, olabayo embeera ezifaanagana bwe zityo?

**C.** ***Moluddekayi ataasa obulamu bwa kabaka okuva mu lukwe lw'abakungu be ababiri (2:21-23)***

- ***21 Awo mu biro ebyo, Moluddekaayi ng'atudde mu mulyango gwa kabaka, babiri ku balaawe ba kabaka, Bigusani ne Teresi, ku abo abaakuumanga oluggi, ne basunguwala ne bagezaako okukwata kabaka Akaswero. 22 Awo ekigambo ekyo ne kimanyibwa Moluddekaayi n'akibuulira Eseza kaddulubaale; Eseza n'abuulira kabaka mu linnya lya Moluddekaayi. 23 Awo ekigambo ekyo bwe baakikenneenya, ne kirabika nga bwe kyali bwe kityo, bombi ne bawanikibwa ku muti: awo ne kiwandiikibwa mu kitabo eky'ebigambo ebya buli lunaku mu maaso ga kabaka.***

Baibuli tetubuulira lwaki Bigusani ne Teresi baasunguwalira Kabaka. Mu **luny. 21**, Sepucwaginti (Endagaano Enkadde eri mu nzivunuula y'Oluyonaani) egamba nti ensonga yava ku kya kukuza Moluddekayi. Okwegeza mu bwakabaka bwa Buperusi tekyali kipya. Akaswero mu butuufu oluvannyuma yatemulwa omu ku bakungu be mu 465 BC. Wadde nga Moluddekayi yali yataasa Kabaka ng'amutebusa ku lukwe era nga kyali kiwandiikiddwa mu kitabo, kabaka yali tamusiimanga mu kiseera ekyo. Kino kifaanagana n'ekyo ekyali ku Yusufu, oyo y'eyavvuunula ekirooto ky'omusenero wa kabaka kyokka ye ne yeerabirwa mu kkomera (**Lub 40:23**). Era wabula, kino kikakasa okuba eky'amakulu eri ebyafaayo bino era nga kiraga obugabirizi bwa Katonda nga bweraga. Wadde ng'ebiseera bya Katonda biyinza obutakwatagana na byaffe, ye asigala akola okutuukiriza enteekateeka ye.

## <u>EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Kubaganya ebirowoozo ku bugabirizi bwa Katonda, okukolera kwe "emabega w'olutimbe," era n'ebiro bye. Ng'otunuulira obulamu bwo gy'ovudde, ebintu bino obiraba otya nga bikola mu bulamu bwo?

**D.** ***Olukwe lwa Kamani eri Abayudaaya (3:1-15)***

Mu ssuula eno tulaba butya era na lwaki olukwe olunene ennyo gye lwalukibwamu okusaanyaawo Abayudaaya. Ekitundu ky'ekitabo ekisigaddeyo ekitabo kirambulula ebyaddirira ku lukwe luno.

- <u>Kamani akuzibwa, naye Moluddekayi agaana okumuvvunnamira, ekijjuza Kamani ekiruyi (**3:1-6**)</u>

***1 Oluvannyuma lw'ebyo Kabaka Akaswero n'akuza Kamani mutabani wa Kammedasa, Omwagaagi era n'amusukkiriza n'amuwa n'entebe ey'ekitiibwa okusinga abakungu abalala bonna. 2 Era abaddu ba Kabaka bonna abaabeeranga ku wankaaki wa Kabaka baamufukaamiriranga ne bamuwa ekitiibwa, kubanga kyali kiragiro ekyava eri Kabaka. Naye Moluddekaayi teyamufukaamirira wadde okumussaamu ekitiibwa. 3 Awo abagalagala ba Kabaka ab'oku wankaaki ne babuuza Moluddekaayi nti, "Nsonga ki ekulobera okugondera ekiragiro kya Kabaka?" 4 Buli lunaku baayogeranga naye ku nsonga eyo naye ye n'agaana okubawuliriza. Ekyavaamu kwe kubuulira Kamani ku nsonga y'emu, balabe oba Moluddekaayi anaakyusa ku nneeyisa ye, kubanga yali yabategeezaako nti Muyudaaya.***

***5 Awo Kamani bwe yalaba nga Moluddekaayi tamufukaamirira wadde okumussaamu ekitiibwa, Kamani n'asunguwala nnyo. 6 Bwe yategeera abantu ba Moluddekaayi kye bali, Kamani n'alaba ng'okumutta yekka tekigasa. Kamani n'anoonya engeri gy'ayinza okuzikiriza abantu ba Moluddekaayi, Abayudaaya bonna mu bwakabaka bwonna obwa Akaswero.***

*"Oluvannyuma lw'ebintu bino"* kiraga ekiseera ebintu we byabeererawo. Kamani yakuzibwa awo wakati w'omwaka ogw'omusanvu ogw'obufuzi bwa Akaswero (**2:16**) n'omwaka ogw'ekkumi n'ebiri (**3:7**). Kamani ayitibwa Omwagagi. Abannyonnyozi bangi bagamba nti Kamani yali ava mu Kabaka omw'Amaleki

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Agagi, eyali omulabe wa Isiraeri mu biseera bya Kabaka Sawulo (**1 Sam 15:7-33**). Bwe kiba ng'ekyo kituufu, omuwandiisi ayinza okuba ng'atulaga obukyayi wakati w'Abamaleki n'Abayudaaya okuba nga bw'asikirwa Kamani. Josephus agamba nti Kamani yali mw'Amaleki era nga mu butonde bwe yali mulabe w'Abayudaaya kubanga Abamaleki baazikirizibwa Isiraeri (Josephus 1987: *Ant.* 11.211).

Eky'okuba nti Kabaka yalina okulagira abaddu be okuvunnamira Kamani (**luny. 2**) kitegeeza nti bano baali tebafaayo ku ky'okumuwa ekitiibwa. Ensonga eyalemesa Moluddekayi okuvunnamiraKamani temanyiddwa bulungi. Moluddekayi yagamba abaddu ba Kabaka nti ekyamulemesa okuvunnamira Kamani kwe kuba nti ye yali Muyudaaya (**luny. 4**). Wabula, ekikolwa eky'okuvunnamira omuntu akusinga n'okumuwa ekitiibwa kyali tekikontana na tteeka ery'Endagaano Enkadde. Waliwo eby'okulabiako ebiwerako ng'abantu ba Katonda bavunnamira bakabaka oba abantu abalala (laba **Lub 23:7; 27:29; 1 Sam 24:8; 2 Sam 14:4; 18:28; 1 Bas 1:16**). Kiyinzika okuba nga lyali sukutti lya Moluddekayi eryamuleetera okugaana okuvunnamira omulabe w' Abayudaaya ow'edda n'edda oyo Katonda gwe yali yabalagira okuzikiriza (**Okuv 17:14-16; Kyam 25:17-19; 1 Sam 15;18**). Ku ludda olulala, kubeera kusinza bifaananyi okuvunnamira omuntu omulala. Josephus akiraga nti okuvunnamira Kamani mu butuufu, yali ngeri ya kusinza, era ky'ekyo lwaki Moluddekayi yagaana (Josephus 1987: *Ant.* 11.209-210). Sepucwaginti erina byeyongerako ku nnyiriri z'Olwebulaniya eza Eseza, nga mwe muli n'essaala ya Moluddekayi ennyonnyolwa lwaki yagaana okuvunnamira Kamani: *"Kino nkikoze, nneme okugulumiza ekitiibwa ky'omuntu okusinga ekitiibwa kya Katonda: era sirina gwe ŋŋenda kusinza yenna okuggyako Katonda, Mukama wange, era sijja kukola bintu bino mu bukuusa."* (**Ese 4:17e,** LXX).[9] Josephus era naye agamba nti Kamani yayagala okusinzibwa (Josephus 1987: 11.277). Kyewuunyisa nti Moluddekayi, eyali yagaana Eseza okwogera nti Muyudaaya, ayogera ekyama nti ye kennyini Muyudaaya. Nga yeesigama ku kino, Kamani yalaba Moluddekayi ng'omukiise w'Abayudaaya bonna era n'asimbuliza obukyayi bwe ku Moluddekayi eri Abayudaaya bonna. Wadde n'ebyawandiikibwa tebyogera nti abalala bonna baagaana okuvunnamira Kamani okuggyako Moluddekayi, Baldwin agamba nti, "Bwe kiba ng'okutya okusinza ebifaananyi kye kyali emabega w'okugaana okuvunnama wansi, olwo tewali Muyudaaya yandivunnamye, era okusalawo kwa Kamani okwesasuza abantu abo bonna kwalibadde kutegeerekeka" (Baldwin 1970: 417).

Eky'okuba nti Kamani yali ajjudde ekiruyi ekya Moluddekayi obutamuvunnamira (**luny. 5**) kitubuulira ekintu ekikulu ennyo ku Kamani. Amalala (ag'ekibi) okutwalira awamu kwe kwerowozaako wekka, ektgz., okwerabawo wekka.[10] Waliwo ebika by'amalala ag'enjawulo. Ekimu ku bika by'amalala geego agaleetera omuntu okuwulira nga wa kitalo nnyo ku balala; omuntu oyo abeera w'amampaati era ng'anyooma buli muntu. Ku ludda olulala, waliwo amalala amalala agaleetera abantu obuteerabawo; omuntu okuwulira nga si mulungi kimala, nga yerowoozaako nnyo, era nga buli kiseera yeenenya; ekyo nakyo kiraga kwefaako wekka era ng'oli alowooza okuba ng'asinga buli muntu. Ekika ky'amalala ekyokubiri nakyo kya mutawaana ng'ekisooka bwe kiri, olw'okuba nga "Ng'okwenyooma kusobola okubeera entandikwa y'okunyooma abalala, n'okwennyamira, n'obuteesiga balala, era n'obukambwe" (Lewis 1961: 63). C. S. Lewis agamba nti, "Ebbanga ly'omala ng'olina amalala tosobola kumanya Katonda. Omuntu ow'amalala buli kiseera anyooma ebintu aba abantu [abalala oba ye kennyini yeenyooma]: era, mu butuufu, ebbanga ly'omala ng'onyooma abalala, tosobola kulaba kintu kikusingako." (Lewis 1996: 111) Waliwo amalala ag'ekibi /ag'obusosoze mu langi/mu mawanga. Gasobola okwolesebwa olw'okuwulira nga muli ba kitalo ku balala wabula mu kiseera kye kimu kisobola okuva mu kuwulira nti munyoomebwa. Kino kivaamu obubi obutayogerekeka, omuli n'ekitta-bantu, nga bwe ky'alabibwa ku mutima gwa Bagirimaani gwe baalina ku Bayudaaya (era n'abalala) mu myaka gya 1930-1940 era n'Abanyarwanda Abahutu omutima gwe baayolesa eri Abatuusi, nga byombi byavaamu ekitta-bantu.

Amalala ag'ekibi ge gakontana n'obwetowaze. Lewis ayogera ku bwetowaze bw'ati: omuntu omwetowaze omutuufu "abeera talowooza ku bwetowaze: abeera teyerowoozaako yekka. Omuntu yenna ayagala okuba omwetowaze, kammubuulire eddaala erisooka. Eddaala erisooka kwe kumanya nti oli w'amalala. Kubanga mu butuufu, tewali kisobola kukolebwa ng'ekyo tekinnaba kukolwako. Bw'oba olowooz nti

---

[9] Sepucwaginti yatongozebwa mu kkanisa zinnaasangwa eziri mu (Buvanjuba; Buyonaani; Russia). Sidnie White Crawford agamba, "Ekigendererwa kw'Ebyayongerwamu mu Eseza wa Sepucwaginti kitegeerekeka. Eseza ali mu baibuli y'Olwebulaniya muzibu nnyo, mu nnaku zino n'ezayita, olw'okubulwa olulimi olw'eddiini lwe bakozesa, okusingira ddala olw'ekiwandiiko obutayogera ku Katonda mu ngeri yonna. Ebyayongerwamu biggyawo ebbula lino, ne bongeramu essaala n'obunnabbi obw'ekirooto, era ne basiima Katonda olw'okuwonya Abayudaaya. Ekirala, Ebyayongerwako byongera okunyumisa emboozi nga bikkaatiriza enneeyisa y'aboogerwako." (Crawford 2000: 1) Ebyayongerwamu mu Sepucwaginti ku Eseza byali bingi era nga bikulu okuba nga "bisaanira okutwaliba nga byeyawudde ku nzivuunula ya Eseza ey'Olwebulaniya (Crawford 2000: 1).

[10] Waliwo mu butuufu, ekika ky'amalala eky'ekisa, nga si kya kibi, oba amalala amalungi, okgz., "Nneenyumiriza mu mutabani wange oba muwala wange oba kitange"; "Nneenyumiriza mu ssomero lyange." Okwenyumiriza ng'okwo si ky'ekika ky'amalala ge twogerako wano.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

teweerabawo wekka, ekyo kitegeeza nti weerabawo nnyo wekka. . . . Eddaala eriddirira kwe kukugezaako okussa ennono z'Ekikristaayo mu nkola. . . . Ekintu ekikukulu kye tuyiga nga tugezaako okutambulira mu nnono z'Ekikristaayo kwe kulemererwa. . . . Olwo ate ne tubaako ekipya kye tuyize. Buli kintu kyonna kye tulina, amaanyi go ag'okulowooza oba ag'okukyusa embiriizi zo buli kiseera, gaakuweebwa Katonda." (Lewis 1996: 114, 125) Ekyo bw'okitegeera obulungi, kikuyamba okusaba amaanyi okuva eri ye (omutima gwe, **Ezek 36:26**; endowooza ye, **1 Bak 2:16**; Omwoyo gwe, **Yok 14:17**; Ekigambo kye, **Yok 8:31-32**; era n'omubir gwe, **Abak 1:18**) mu ngeri eyo, ffe twevaako era ne tuleka Katonda okuba nga *"y'akolera mu mmwe, era y'abaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa"* (**Baf 2:13**). Kristo ayagala endowooza zaffe tulekeraawo okuzetunuuliza wabula tutunuulire ye ne baliraanwa baffe. Omutima gwe, endwooza ye, omwoyo gwe, ekigambo kye, n'omubiri gwe ge makubo mwayisa ekisa kye ekituyamba okutambulira mu bwetowaze. Kristo yatukolera ekyo kye twali tetusobola kwekolera—yatambulira mu bulamu bwe twali tulina okutambuliramu era n'asasulira ekibi omutango gwe twali tetusobola kusasula. Eky'okuba nti yatufiirira ku musaalaba asobole okutulokola kitumala okutufuula abeetowaze; naye okukimanya nti yakikola kyeyagalire olw'okutwagala nakyo kitumala okutukakasa. Kino bwe tukirowoozaako ennyo era ne twesigama ku maanyi g'ekisa kye, tusobola obutefaako ffeka, essira ne tuliteeka ku ye ne baliraanwa baffe. Ku nkomerero, omuntu omwetowaze omutuufu "y'oyo asobola okuwunda lutikko esinga obulungi mu nsi, era n'akimanya nti yeesinga obulungi, era n'asanyukira mu mazima ago, kyokka n'atefuula wa kitalo (oba okwekkakkanya) oba n'ataba musanyufu nnyo olw'okukikola nga ye okusinga bwe yandibadde omusanyufu nga kikoleddwa omulala" (Lewis 1961: 64).[11]

Lewis akinokolayo nti "Amalala galeeta okuvuganya mu ngeri etaleetebwa mize mirala" (Lewis 1996: 110). Eky'okulabirako, abasajja babiri bayinza okwagala okwogereza omuwala omu, "naye omusajja ow'amalala ayiza okutwala omuwala wo, si lwa kuba nti amwagala, naye ng'ayagala kukakasa nti ye mulungi okukusinga" (Lewis 1996: 110). N'olwekyo, tulaba Kamani—omusajja eyali asinga okuweebwa ekitiibwa mu Bwakabaka bwa Buperusi bwonna—nga si mumativu era nga si musanyufu n'okuganja kwonna kabaka kwe yali amulaze. Wabula, n'asigala nga musunguwavu olw'omusajja omu okugaana okumuvunnamira. Mu bigambo ebirala, omuntu omu yekka eyali takola ekyo Kamani kye yali alowooza nti kimusaanira, era ekyo, mu kwogera ne kyonoona obulamu bwa Kamani bwonna. Yali yerowoozaako nnyo yekka n'ekimuleetera okubulwa emirembe, oba essanyu, oba okusanyuka, oba obumativu mu bulamu bwe obw'omukisa, ekitiibwa, amaanyi, n'obuggaga. Amalala ag'engeri eno gawakanyiza ddala endowooza ya Katonda gy'alina. N'olwekyo, nga Yak **4:6** bw'agamba nti, *"Katonda alwana n'ab'amalala naye abawombeefu abawa ekisa."*

- <u>Olukwe lwa Kamani okutta Abayudaaya bonna mu bwakabaka (**3:7-11**)</u>

***7 Awo mu mwezi ogw'olubereberye ogwa Nisani, mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ogwa kabaka Akaswero, ne bakuba Puli, ke kalulu, mu maaso ga Kamani okufuna olunaku n'omwezi, era omwezi ogw'ekkumi n'ebiri ogwa Adali ne gulondebwa. 8 Awo Kamani n'agamba Kabaka Akaswero nti, "Waliwo abantu abasaasaanye ate nga beeyawudde ku mawanga mu bitundu byonna eby'obwakabaka bwo; n'amateeka gaabwe ga njawulo ku g'abantu abalala bonna, era tebakuuma mateeka ga Kabaka. Noolwekyo tekigasa Kabaka kubagumiikiriza. 9 Kabaka bw'anasiima, kiwandiikibwe era kiyisibwe, n'okuzikirizibwa bazikirizibwe: nange ndisasula ttalanta eza ttani ebikumi bisatu mu nsavu mu ttaano ebya ffeeza mu ggwanika lya Kabaka." 10 Awo kabaka n'aggya empeta ye ku ngalo ye n'agiwa Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi omulabe w'Abayudaaya. 11 Ate era Kabaka n'agamba Kamani nti, "Ensimbi zikuweereddwa n'abantu bakole nga bw'osiima."***

Okukuba akalulu yali nkola ya bulijjo mu nsi ey'edda okukakasa okwagala kwa ba lubaale, oba mu Isiraeri okukakasa okwagala kwa Katonda (laba, okgz., **Lev 16:8; Okub 26:55-56; 1 Sam 14:41-42; Eng 16:33; 18:18**). Kamani yakozesa amazima n'obulimba mu kwanjulira kabaka enteekateeka ze. Mu **luny. 8** ky'amazima nti amateeka g'Abayudaaya *"gaali ga njawulo okwawukana ku g'abantu abalala"*; wabula si kituufu nti *"tebaagoberereranga mateeka ga kabaka."* Kamani tayogera ku Bayudaaya era tayogera ku linnya lya Moluddekayi, eyali ensibuko y'ekiruyi kye. Era adduukirira ensawo ya kabaka ng'asasula ebitundu bya ffeeza mutwalo okutuukiriza enteekateeka ze. Empeta y'obwakabaka yakozesebwa okusiba envumbo ku kulangirira kwa kabaka n'okulaga olukusa lwe ku nteekateeka za Kamani, nga Sepucwaginti bw'ekiraga obulungi (**Ese**

[11] Buli kitundu mu mboozi eyo kikulu. Ensonga eri nti, singa omuntu "agezaako okugoberera empisa ez'Ekikristaayo," ektgz., n'afuuka "munnaddiini," oba "n'atandika okutwala eby'eddiini nga bikulu," ekyo—kyennyini ku bwakyo—kigenda *kuyitiriza* amalala ge. Tewaliiwo malala mabi ng'amalala g'eddiini era tewali asinga Bafalisaayo kuba n'amalala. Kiva ku kuba ng'omuntu alowooza nti, "Nze amanyi amazima," "Nze nkola ekituufu," ne "Katonda ali ku ludda lwange." Mu ngeri endala, omuntu abeera ajjudde okwerowozaako- nga ye, kyokka ng'alowooza nti awagirwa Katonda.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**3:10,** LXX; laba ne **v. 12**). Ekyewuunyisa, Kabaka tamubuuza bibuuzo era takola kunoonyereza kwetongodde kw'ekyo Kamani ky'ayogerako, wadde ng'eteekateeka za Kamani ziruubirira kuleetawo kitta-bantu. Ebigambo bya kabaka eri Kamani mu **luny. 11** byataputibwa mu ngeri bbiri: Sepucwaginti ebigambo ebyo yabitaputa okutegeeza nti *"ffeeza gisigaze"* (**Ese 3:11,** LXX); ku ludda olulala, Huey agamba nti "ekya kabaka okugaana ffeeza ya Kamani kyali kyakulabirako eky'engeri ey'obukakkamu etalaga nti yali agaanye okusasulwa (grgrny. 4:7, ewalabika ng'ewalaga nti yasasula enguzi)" (Huey 1988: 814).

- <u>Ekirangiriro kyayisibwa mu bwakabaka bwonna okutta Abayudaaya nga 13 Adali (**3:12-15**)</u>

***[12] Ne bayita abawandiisi ba Kabaka ku lunaku olw'ekkumi n'essatu mu mwezi ogw'olubereberye, ne bawandiika byonna nga Kamani bwe yalagira, ne bawandiikira abaamasaza ne bagavana ba buli kitundu, n'abakungu ba buli ggwanga; era n'eri buli kitundu ng'empandiika yaakyo bwe yali, n'eri buli ggwanga ng'olulimi lwabwe bwe lwali; byawandiikibwa mu linnya lya Kabaka Akaswero era ne biteekebwako akabonero n'empeta ya Kabaka. [13] Ebbaluwa zaatwalibwa ababaka mu bitundu byonna ebya Kabaka n'ekiragiro, eky'okuzikiriza, n'okutta n'okumalawo Abayudaaya bonna, abato n'abakadde, abaana abato n'abakazi mu lunaku lumu olw'ekkumi n'essatu mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri ogwa Adali, awamu n'okunyaga ebyabwe byonna. [14] Ebyaggyibwa mu kiwandiike ne biraalikibwa eri amawanga gonna, ekiragiro ne kirangirirwa mu buli kitundu, balyoke beeteekereteekere olunaku olwo.[15] Awo ababaka ne banguwa okugenda olw'ekiragiro kya Kabaka, etteeka ne libuulirwa mu lubiri lw'e Susani. Awo Kabaka ne Kamani ne batuula okunywa; naye ekibuga kya Susani ne kisasamala.***

Okuwa Kamani empeta, Kabaka yali akkiriza Kamani okuwandiika ekirangiriro mu ngeri yonna gye yali akyagalamu. Ekirangiriro yakifuula ekitegeerekeka mu ngeri esembayo okuba ennyangu era ekizingiramu abantu bonna nga bwe kisoboka, era kyasaasaanyizibwa mu masaza gonna ogwobwakaba, kyawandiikibwa mu nnimi zonna ezoogerwa mu bwakabaka, kyalambika n'olunaku ekitta-bantu lwe kyali kigenda okubaawo, era n'ekiraga n'abalina okuttibwa, era n'ekisikiriza n'abantu okwenyigiramu nga kibalagira nti abo bonna abawulize eri obwakabaka bwonna *"balina okuzikiriza, okutta era n'okusaanyaawo Abayudaaya bonna, abato n'abakulu, abakazi n'abaana, mu lunaku lumu, olwe 13 mu mwezi ogwe 12, nga gwe mwezi gwa Adali, <u>era n'okuwamba eby'obuggaga byabwe n'okubinyaga</u>."* Okunokolayo kw'ebika by'amannya *"Abayudaaya bonna, omuli abato n'abakulu, abakazi n'abaana"* era n'ebigambo *"kuzikiriza, kutta, n'okusaanyaawo"* biraga obukambwe bw'ekirangiriro. Olw'okuba ng'ekibuga *"Susani kyali mu kasasamalo"* (**luny. 15**) kiraga nti abantu b'e Susani baali tebakkiriziganya na bukyayi bwa Kamani obulimu obusosoze.

## <u>EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Kiki kyolowooza ku kya Moluddekayi okugaana okuvannamira Kamani (jjukira nti, kyali kiragiro kya kabaka Moluddekayi kye yajeemera obutawa Kamani kitiibwa)? Oboolyawo ng'akkiriza nti Kamani yali yeefudde katonda (laba **2 Bas 5:17-19** [Nayamani teyakisangamu buzibu okusinza lubaale nga tawulira musango]). Olowooza okuvunnama kwa Moluddekayi eri Kamani kwandiziyizza obusungu bwa Kamani n'ekirangiriro eky'okusanyaawo Abayudaaya n'akivaako?

- Kubaganya ebirowoozo ku butya bwe tulina okukwata embeera ez'enjawulo mu kitundu mwetubeera ne mu by'obufuzi by'olwaleero. Olowooza okugaana kwa Moluddekayi okuvunnama kye kimu oba kwa njawulo ku kwa Sadulaaki, Misaki, ne Abedinego'bwe bagaana okuvunnamira ekibumbe ekya zaabu (**Dan 3:4-12**), n'okweyongera kwa Danyeri okusaba ng'avvoola ekiragiro kya Kabaka (**Dan 6:6-13**), ne kya Peetero ne Yokaana okugaana okugondera ekiragiro kya Sanikedulini obutaddamu kuyigiriza mu linnya lya Yesu (**Bik 5:17-20**)?

- Nnono ki ezituyamba okumanya "wa we tulina okukoma" mu kugondera oba mu butagondera biragiro bya gavumenti?

2. Kubaganya ebirowoozo ku nsonga y'amalala n'amalala ga Kamani. Amalala geeragira gatya mu ggwe, mu bantu b'omanyi, era ne mu kkanisa?

3. Abantu bangi balowooza nti obuteerabawo mu ttalanta, endabika, obuyiiya, oba n'embala yaabwe nti bubeera bwetowaze. Okukubaganya ebirowoozo kwe tulabye waggulu kutulaze nti ekyo si kituufu, olw'okuba nga si ke kabonero ak'amazima. Kubaganya ebirowoozo ku kikula ky'obwetowaze.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

- Amalala n'obwetowaze bikwatagana bitya n'enjiri?

- Kiki kye tusobola okukola okweyamba era n'okuyamba abalala ofuuka abetowaze mu mazima?

4. Ekiruyi kya Kamani ku Moluddekayi kyamuleetera okukyawa Abayudaaya bonna. Abantu bakola batya ekintu bwe kityo kye kimu ennaku zino? Ekintu bwe kityo ggwe okikola otya?

- Kino kireeta obusosoze mu mawanga. Endagaano Empya ekiddiŋŋana nti mu bwakabaka bwa Kristo twenkanankana, nga tafuddeeyo ku nsibuko zaffe oba amawanga mwe tuva (laba, okgz. **Bag 3:28; Bef 2:11-19; Abak 3:11**). Ekkanisa esobola oba yandikoze ki okukakasa nti abantu bonna bayisibwa mu bwenkanaya ng'okuganja n'okusosolwa tekukolebwa ku bantu olw'eggwanga lyabwe oba langi?

5. Abakristaayo abamu (n'Abayudaaya) bagezaako okuwolereza ebikolwa n'embala y'abantu bombi Moluddekayi ne Eseza kubanga booogerwako mu baibuli. Ku ludda olulala, buli muntu ayogerwako mu baibuli okujjako Yesu Kristo nga yalina ensobi n'enneeyisa embi. Nga tutunuulira ensonga eyo, bwe twetegereza ebikolwa n'embala ya Moluddekayi ne Eseza tuyinza okwetaaga okweyongera okuba abeegendereza. Kubaganya ebirowoozo ku kino.

**E.** ***Eseza ategeera ku lukwe lwa Kamani era ateekateeka okwegayirira (4:1-17)***

Mu kitundu kino, Moluddekayi ategeera ku lukwe lw'okutta Abayudaaya bonna. Ategeeza Eseza era amugamba nti alina okwegayirira kabaka okuwonya Abayudaaya. Era amulabula nti ekifo kye nga nnaabagereka tekijja kumuyamba kusimattuka kuttibwa nga bwe kiri ku Bayudaaya abalala bonna. **Olunyiriri 14** ob'olyawo lwe lusinga obukulu mu kitabo kino, *"Kubanga ggwe bw'onoosirika mu kiseera kino, okubeerwa n'okulokolebwa kw'Abayudaaya kuliva awalala, naye ggwe n'ennyumba ya Kitaawo mulizikizibwa. Ate ani amanyi obanga wafuulibwa nnabagereka lwa kiseera kino?"*

- <u>Moluddekayi n' Abayudaaya bategeera ku lukwe lwa Kamani era bakungubaga (**4:1-3**)</u>

***1 Awo Moluddekaayi bwe yategeera byonna ebyakolebwa, n'ayuza ebyambalo bye n'ayambala ebibukutu ne yeesiiga evvu, n'afuluma n'aLubda mu kibuga wakati, n'akaaba n'eddoboozi ddene olw'ennaku ennyingi: 2 naye n'akoma ku wankaaki wa kabaka, kubanga tewali eyakirizibwanga okuyingira mu mulyango gwa Kabaka ng'ayambadde ebibukutu. 3 Mu buli kitundu ekiragiro kya Kabaka n'etteeka lye gye byatuukanga ne waba okukuba ebiwoobe bingi n'okusiiba n'okukaaba amaziga mangi mu Bayudaaya era bangi ku bo ne bambala ebibukutu.***

Omuntu okuyuza engoye ze n'okwabala ebibukutu n'evvu bwali bubonero obw'edda obulaga, okwenenya, okukungubaga, okunakuwala, n'ennyiike (laba **Lub 37:34; 44:13; Yos 7:6; Bal 11:35; 2 Sam 1:11; 13:31; 1 Bas 21:27; 2 Bas 2:12; 5:7; 6:30; 19:1; 22:11; 2 Byom 23:13; 34:19, 27; Isa 37:1; 58:5; Yer 6:26; Dan 9:3; Yon 3:6; Mat 11:21; Luk 10:13**). Moluddekayi n'Abayudaaya abalala bonna bino byonna baabikola, nga kwe batadde n'okusiiba era n'okukuba ebiwoobe n'emiranga mu lujjudde okulaga embeera nga bwe yali esajjuse. Moluddekayi bw'atyo yagenda ku wankaaki wa kabaka olwo Eseza asobole okumanya nti waali era nti waliwo ekitali kituufu.

- <u>Moluddekayi ategeeza Eseza ku mbeera (**4:4-9**)</u>

***4 Awo abaweereza ba Eseza abakazi n'abalaawe be ne bajja gyali okumutegeeza ku bibadde wo, era Nnabagereka n'anakuwala nnyo: n'aweereza Moluddekaayi ebyambalo yeyambulemu ebibukutu bye yali ayambadde naye Moluddekaayi n'atabikkiriza. 5 Eseza n'atumya Kasaki omu ku balaawe ba Kabaka, gwe yali ataddewo okumuweereza n'amukuutira okuLubda okumanya ekizibu ekyali kituuse ku Moluddekaayi era n'ensonga. 6 Awo Kasaki n'afuluma n'agenda ebweru mu kifo ekigazi eky'ekibuga ekyayolekera omulyango gwa Kabaka, Moluddekaayi gye yali. 7 Moluddekaayi n'amutegeeza byonna ebyamutuukako, n'omuwendo gw'ensimbi Kamani gwe yali asuubizza okuteeka mu ggwanika lya Kabaka olw'okuzikiriza Abayudaaya. 8 Era n'amuwa n'ebyaggyibwa mu kiwandiiko eky'etteeka eryalaalikibwa mu Susani, okuliraga Eseza n'okulimunnyonnyola ate era n'okukuutira Eseza okuLubda amwegayiririre ye n'abantu be eri Kabaka. 9 Amangwago Kasaki n'agenda n'abuulira Eseza ebigambo Moluddekaayi bye yali amutegeezezza.***

Wadde nga Eseza yali nnaabagereka, yali amaze ennaku 30 nga talaba ku Kabaka (**luny. 11**) era yali

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

tamayi kiragiro ku by'okutta Abayudaaya bonna. Moluddekayi obuteyambulamu kibukutu kyali kikyamu. N'olwekyo, Eseza omulaawe Kasaki okutegeera ekizibu kye.

- Eseza akkiriza okugenda mu maaso ga kabaka ng'obulamu bwe abutadde mu katyabaga (**4:10-17**)

***10**Awo Eseza n'alagira Kasaki okuzzaayo obubaka ewa Moluddekaayi nti, **11** "Abakungu ba kabaka bonna n'abantu bonna ab'omu bitundu byonna eby'obwakabaka bakimanyi nti tewali musajja oba mukyala eyeeyanjula mu maaso ga Kabaka mu luggya olw'omunda ng'atayitiddwa kabaka. Era waliwo n'etteeka nti akolanga bw'atyo attibwenga, wabula nga Kabaka amugololedde omuggo gwe ogwa zaabu, n'aba omulamu. Naye wayiseewo ennaku amakumi asatu kasookedde mpitibwa kugenda wa kabaka."*
***12**Ebigambo ebyo bwe byatuuka ku Moluddekaayi,*
***13**Moluddekaayi n'amuddamu nti, "Tolowooza nti olw'okuba oli mu lubiri lwa Kabaka, gwe onowonawo wekka mu Bayudaaya bonna. **14** Kubanga ggwe bw'onoosirika mu kiseera kino, okubeerwa n'okulokolebwa kw'Abayudaaya kuliva awalala, naye ggwe n'ennyumba ya Kitaawo mulizikizibwa. Ate ani amanyi obanga wafuulibwa Nnabagereka lwa kiseera kino?"*
***15**Awo Eseza n'aweereza obubaka eri Moluddekaayi nti, **16** "genda okuŋŋaanye Abayudaaya bonna abali mu Susani, musiibe ku lwange, so temulya wadde okunywa ekintu emisana n'ekiro okumala ennaku ssatu. Nze n'abaweereza bange abakyala tunaasiibira wamu nammwe. Ekyo nga kiwedde, ndigenda eri Kabaka, newaakubadde nga tekikkirizibwa mu mateeka. Bwe ndiba ow'okuzikirira, nzikirira.**17**Amangwago Moluddekaayi n'agenda, era n'akola byonna Eseza bye yamulagira.*

Moluddekayi yali asobola okwambala obulungi n'agezaako okugenda eri Kabaka okwegayirira ku lw'Abayudaaya. Wabula, yayagala Eseza yabeera yegayirira Kabaka ku lw'Abayudaaya olw'ekifo kye nga nnaabagereka era n'olwokubeera mukyala wa kabaka. Mu **nny. 10-12** Eseza yamubuulira nti ekyo tekyali kyangu nga bwe yali alowooza. Mu butuufu, wadde nga yali nnaabagereka mukyala wa kabaka, okugenda eri kabaka ku lulwe nga tayitiddwa kyali kisobola okumuteeka mu katyabaga. Kye yayogera nti amaze ennaku 30 eziyise nga tasisinkana kabaka, kye yali ategeeza kyali nti, olw'okuba kabaka yalina ennyumba nnene era n'abazaana bangi era nga tekibuusibuusibwa nti yali tasula yekka, era n'olwokumala omwezi mulamba nga tamuyise ekirabika nga kitegeeza nti yali takyali muganzi gyali. Kale n'olwekyo, bw'aba nga yali wa kugenda eri kabaka nga tamutumizza, waliwo obusobozi bw'obutamuwanikira kabonero era yandittiddwa.

Ekikulu ennyo mu **nny. 13-14** Moluddekayi amugamba nti obulamu bwe bwali mu katyabaga ne bwatandigenze kulaba Kabaka. Yali ayogera nti, kituufu, nti okugenda ewa kabaka nga tayitiddwa ayinza okufiirwa buli kimu, omuli n'obulamu bwe; naye singa *tayagala* kugenda kulaba Kabaka, ajja kuba ng'aliddemu abantu be olukwe, n'ekikula kye Eky'ekiydaaya kijja kumanyibwa, era mu buli ngeri naye *agenda* kuttibwa ng'abalala. **Olunyiriri 14** lwe lusinga obukulu mu kitabo kyonna. Lussa obulamu bwa Eseza mu kifo ekituufu. Wadde nga Katonda tayogerwako mu **luny. 14**, nga tutunuulira embeera y'Abayudaaya ey'okusoberwa, obulokozi bw'Abayudaaya okuva "ewalala" kibeera kitegeeza kuva wa Katonda. Mu bigambo ebirala, singa Eseza tabaako ky'akola, Katonda ajja kukozesa omuntu omulala okutaasa Abayudaaya, naye Eseza n'ab'omu maka ge baakusaanawo.

Ennono ezoogerwa Moluddekayi mu **luny. 14** zikwata ku ffe ffenna. Katonda y'alina obuyinza ku byonna era akola ku nsonga z'abantu. Eky'okulabirako, era y'alina obuyinza obusembayo ku kufa n'obulamu (**Lub 20:17-18; Okuv 4:11; 2 Sam 12:15; Nek 9:6; Yobu 12:9-10; Isa 44:24; Ezek 24:15-18**). Y'abagula emitima gy'abantu, n'assa ebirowoozo mu ndowooza z'abantu, era n'akyusa emitima gyabwe (**Ezera 6:22; Nek 2:12; 7:5; Zab 105:25; Isa 44:28; Kag 1:14**). Okuva edda n'edda, Katonda akola *ng'ayita* mu bitonde bye, si mbagirawo era si butereevu: "Katonda aleetera buli kintu mu butonde okukola n'okutambulira mu buufu bw'engeri gy'ayagalamu okumaliriza. Kale Katonda asobozesa era n'alagira ebitonde bye, ng'ebikozesbwa bye, okukola, era nga tamala gabiwa maanyi mu ngeri eyawamu, naye ng'abiwa amaanyi okukola omulimu gw'abitumidde." (Berkhof 1949: 189) Nga tulaba ekya Katonda okubeera ng'alina obuyinza ku byonna, enteekateeka, n'okwenyigira ku bigenda mu maaso mu nsi ate nga mu kiseera kye kimu ng'abantu basigaza obwesige bwabwe ng'abantu, Baibuli eddiŋŋana *okunnyonnyola okwanabansasaana* ku bibaawo: Katonda yafuga byonna era yaganya byonna ebibaawo (ekyo, mu ngeri emu, y'ennyinnyonnyola ya byonna ebibaawo); kyokka eyo kikwatagana n'abantu era tekirina mu ngeri yonna gye kijjawo buvunaanyizibwa bw'abantu olw'okusalawo kwe bakola era n'ebintu bye bakola (ekyo, mu mbeera eno, kwe kunnyonnyola kwa byonna ebibaawo). Eno y'emanyiddwa ng'enjigiriza *ey'ebigwaawo,* ektgz., "okuwatagana kw'amaanyi g'obwakatonda n'amaanyi amalala, okusinziira ku nnono ezifuga okukola kwago, nga gabireetera okukolera ddala nga bwe galina okukola" (Berkhof 1949: 187; eby'okulabirako ebiwerako ku kunnyonnyola kwa baibuli okwanabansasaana, laba Menn 2021: 118-19).

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Omuwandiisi omu yakozesa ekyokulabirako okunnyonnyola ekikolwa kya Katonda ekyanabansasaana n'abantu mu kikolwa kimu: "Okugeraageraya okutuyamba okutegeera ekikolwa ky'obwakatonda nga kirimu abantu ky'ekifaananyi ekikubiddwa okusinziira mu nsonda ez'enjawulo. Ekifaananyi ekyo (stereoscope) kireeta ebifaananyi bibiri eby'ekintu kimu ebikubibwa okusinziira mu nsonga ez'enjawulo, nga kikuleetera okwongera okumanya n'okutegeera ekifaananyi. Ebifaananyi bwe bityo bitegeeza obusobozi bw'obwongo bwaffe okutegeera enkula ey'emirundi-esatu. Mu njogera eya bulijjo, kitegeeza obuziba bw'okutegeera olw'okubeera n'amaaso abiri. Bwe tulabira ebintu okusinziira mu nsonda ez'enjawulo, amaaso gaffe galina obusobozi okulabira ebintu mu ngeri ey'emirundi esatu. Mu ngeri y'okugeraageranya, katonda bw'akolera mu babaka ng'abantu, nga bigattiddwa wamu, kitondawo obuziba n'obunywevu. Ekikolwa kibaawo, okugeza okugenda kwa Eseza mu maaso ga Kabaka. Asoma ayinza okukiraba ng'ekikolwa eky'obuntu obuntu. . . . Okutunuulira obwesigwa bwa Eseza ng'obulabira mu ggalubindi ez'ebikolwa eby'obwakatonda kwe kulaba Eseza ng'omuntu ali mu ndagaano ya Katonda gy'alina n'abantu. N'olwekyo Eseza awanirirwa era n'awalulwa Omulala mw'ebyo by'akola/ne muntabula ze." (Newman 2021: 191)

Buli omu kuffe alina embeera ye mwateereddwa Katonda, olw'ekigendererwa eky'enjawulo. Eseza yateekebwa mu kifo ekyo Katonda nga yakikulembeddemu ng'akozesa abantu ng'abatabaganya okuyita mu nkola ey'obuntu. Eseza yakozesa bye yalina, olw'ekigendererwa eky'okulokola abantu. Twetaaga okulowooza lwaki tuli eyo gye tuli era nga tukola ng'ababaka ba Katonda okukola obulungi eri abalala. Ekifo kyaffe kiyinza obutaba kya waggulu nga ekya Eseza bwe kyali era embeera zaffe ziyinza obutaba za kasambattuko ng'ezize ze yasisinkana. Kyokka wabula, ennono y'okuba nti tuli awo we tuli, nga si lwa butanwa naye olwa pulaani ya Katonda ekyo naffe kitukwatako kyenkanyi. Katonda atutadde awo we tuli era n'atuwa n'abatulabirako era n'ebibaawo, si lwa kuganyulwa nga ffe wabula okugasa abalala, okugaziya obwakabaka mu bantu be tukoleramu, tubeere ebikozesebwa okukulemebera abalala eri obulamu obwo obusangibwa mu Yesu Kristo yekka, era n'okubafuula abayigirizwa mu bulamu obupya.

Kino tekiegeeza nti tulina "kuba nga Eseza." Eseza si kyakulabirako kyaffe. Wabula, yali atusongera ku Eseza omutuufu—Yesu Kristo. Yali mu lubiri lwennyini, nga ly'eggulu. Ng'alina amaanyi n'obuyinza bwonna, kyokka byonna n'abireka ku lwaffe; teyakakibwa kubaako kyakola, naye byonna yabikola kyeyagalire. Yafuuka omu ku ffe era ne yeeteekako okunenyezebwa kwaffe, nga tatya buti kufiirwa bulamu bwe naye ng'amaliridde okubuwaayo (**Baf 2:5-8**). Yesu ye mulokozi waffe era kaakano ali ne Kitaffe ng'atwegayirira (**Beb 7:25**). Bino byonna abikola tusobole okubeera abaggagga mu bulamu obupya obutuweebwa ye yekka era naffe tumwewe nga naye bwe yatwewa (**2 Bak 8:9**). Azza buggya ekyo kye tuli era n'atuwa n'obutebenkevu obuggya obutasobola kuggyibwawo (**Bar 8:28-39**). Naye okusinga kw'ebyo byonna, tatuleka kubeerawo ku lwaffe ffeka. Bwe tubeera mu ye, atuggyamu omutima ogw'ejjinja era n'atuwa omutima ogw'ennyama, ogufaanana ogugwe (**Ezek 36:26**). Tufuna endowooza ye, ne tusobola okulowooza nga ye (**1 Bak 2:16**). Ajja anabeera mu ffe mu ngeri ey'Omwoyo Omutukuvu (**Yok 14:17**). Atuggulirawo Ekigambo kye era n'atuzaala mu maka ge, olwo ne tubeera ne baganda bafffe ne bannyina ffe okutuyamba mu Kristo okutuyamba. Gano ge makubo ge ag'ekisa kye ge tulina okwesigamako. Okugatta kw'ebyo, ebyo byonna byatusaba okukola, ye y'abikolera mu ffe, nga **Baf 2:13** bw'agamba, *"Kubanga Katonda y'akolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa."* Mu Kristo, obulamu bufuuka okuyitibwa. Nga Moluddekayi bwe yagamba Eseza, mu ngeri emu oba endala, Katonda ajja kutuukiriza ekigendererwa kye. Tusaba okwagala kwe kutuukirizibwe okuyita mu ffe.

Okulagira kwa Eseza wabeewa ekiseera eky'okusiiba kifaaana eky'e Nineve and nga Kabaka alangirira ekisiibo Yona bwe yalangirira nti Nineve kigenda kuzikirira (**Yona 3:3-8**). Okusiiba kutera okutambula n'okusaba eri Katonda (laba **Ezera 8:23; Isa 58:2-5; Yer 14:12; Dan 9:3**). Nga bwe kyayogeddwako edda, ebyawandiikibwa tebyogera ku kusaba oba ku Katonda. Wabula kyokka, oluvannyuma lwo **luny. 17** Sepucwaginti yo erimu essaala ya Moluddekayi ne Eseza.

## <u>EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Kubaganya ebirowoozo ku njigiriza "y'ebigwaawo nga biddiriŋŋana." Wali olabye Katonda ng'akola mu bulamu bwo okuyita mu bantu?

2. Moluddekayi yagamba Eseza, *"Ate ani amanyi obanga wafuulibwa Nnabagereka lwa kiseera kino?"* Osobola okulowooza ku by'okulabirako mu bulamu bwo ng'omuntu n'omanya nti wateekebwa mu kifo ekimu olw'ekigendererwa ekimu mu kiseera ekimu?

3. Ekifo kya Eseza nga nnaabagereka kyamuteerawo omwagaanya okutuuka ewa kabaka, omukisa abasinga gwe

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

baali batalina. Ekyo kyamuwa omukisa okubaako byateeka mu kabaka ne mu nkola za gavumenti abantu abasinga obungi kye batasobola. Kino kireeta ensonga ya Bakristaayo okubeera mu gavumenti. Abakristaayo abamu tebeenyigira mu byabufuzi oba mu gavumenti kubanga basuubira nti eby'obufuzi "byansi" oba bya bwonoonefu. Wabula, singa Abaristaayo tebeenyigira mu byabufuzi ne gavumenti, olwo okusalawo kwonna okw'ebyobufuzi kuba kusalibwawo abantu abatali balokole era abatayagala balokole. Kubaganya ebirowoozo ku kino.

- Olowooza obuvunaanyizibwa bw'Abakristaayo buli ki mu by'obufuzi, gavumenti, n'okuteekamu ebirowoozo mu nkola za gavumenti?

- Abakristaayo bayinza batya okwongera okuteeka ebirowoozo mu gavumenti ne mu nkola za gavumenti?

- Olowooza obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa bwandibadde ki ku nsonga zino?

4. Ebifo byaffe biyinza obutaba bya waggulu ng'ekya Eseza era n'embeera zaffe ziyinza obutaba za kannyamberege ng'ezo Eseza ze yasisinkana, naye Katonda buli omu amussa mu mbeera ez'enjawulo olw'ekigendererwa eky'enjawulo.

- Tulina kweyisa tutya nga tuli mu mbeera enzibu? Wa eby'okulabirako.

- Byakukozesa ki Katonda by'atuwadde okutusobozesa okutuukiriza okuyitibwa kwaffe?

**F.** ***Ekijjulo kya Eseza kye yategekera kabaka ne Kamani; okwanukula kwa Kamani (5:1-14)***

Eseza kaakati akola kye yali yategese edda okukola ku nkomerero y'essuula eyo 4; ng'atadde obulamu bwe mu katyabaga, atuukirira kabaka okwegayirira Abayudaaya ku lulwe. Wabula, ekyo akikola mu ngeri y'amagezi nnyo era nga yakwetooloola. Kirabika bulungi nti yali alowoozezza nnyo ku ngeri esinga obulungi ey'okujuliramu eri kabaka. Kye yateesa kwe kutegeka ebijjulo bibiri nga bya kabaka ne Kamani ku nnaku endagaane. Ekinyusi ky'emboozi kyeyongera okukulaga obukyayi bwa Kamani ku Moluddekayi bwe bweyongera okweraga, naye olunaku olwayongerwayo wakati w'ebijjulo lw'avaamu amazima amapya okubikkulwa.

- <u>Eseza ategeka ebijjulo bya kabaka ne Kamani (**5:1-8**)</u>

***1 Awo ku lunaku olwokusatu, Kabaka yali atudde ku ntebe ey'obwakabaka mu kisenge ekinene ekyolekera omulyango, Eseza n'ayambala ebyambalo bye ebyobwannabagereka, n'ayimirira mu luggya olw'omunda olwokubiri okwolekera ekisenge ekyo ekinene. 2 Kabaka bwe yalengera Nnabagereka Eseza ng'ayimiridde mu luggya, n'aganja mu maaso ge era n'amugololera omuggo ogwa zaabu ogwali mu mukono gwe. Awo Eseza n'asembera n'akoma ku musa gw'omuggo. 3 Kabaka n'alyoka amubuuza nti, "Oyagala ki Nnabagereka Eseza? Era kiki ky'osaba? Onookiweebwa ne bwe kinaaba ekitundu ky'obwakabaka." 4 Awo Eseza n'addamu nti, "Kabaka bw'anaasiima, ajje ne Kamani leero ku mbaga gye nfumbidde Kabaka."***

***5 Amangwago Kabaka n'agamba nti, "Mwanguwe okuyita Kamani ajje tugende ku mbaga Eseza gyateeseteese." 6 Awo bwe baali banywa wayini, Kabaka n'addamu n'abuuza Eseza nti, "Wegayirira ki era osaba ki? Kinaakuweebwa. Ne bwe kinaaba ekitundu ky'obwakabaka kinaakuweebwa." 7 Eseza n'amugamba nti, "Kye negayirira era kye nsaba kye kino. 8 Obanga ŋŋanze mu maaso ga Kabaka era ng'anaasiima okuddamu okusaba kwange, n'okutuukiriza kye neegayirira, nkusaba kabaka ne Kamani mujje enkya ku mbaga gye nnaabategekera. Olwo nno, nzija kuddamu ekibuuzo kya kabaka."***

Olunaku "olwokusatu" lutegeeza ekisiibo ky'ennaku essatu Eseza kye yali ategese (**4:16**) lwe kyali kimalirizibwa. Eseza yali yamenya amateeka bwe yayingira mu "lubiri olw'omunda" nga tayitiddwa (**4:11**). Wabula, yayolesa amagezi bwe yalindako mu mu kifo ky'okuyingira obuyingizi mu maaso ga Kabaka embagirawo. Obweyamo bwa kabaka okumuwa ekintu kyonna ky'anaasaba omuli *"n'ekitundu ku bwakabaka"* (**5:3;** laba ne **Ese 5:6; 7:2**) nabwo bwewuunyisa, era nga tekisaana kuyisibwako maaso (laba **Makko 6:23**).

Nate era, Sepucwaginti eyongeramu ebigambo mu byawandiikibwa. Egattako mu **luny. 1α** okugamba nti Eseza yasooka *"kukowoola Katonda Omulabirizi era Omukuumi w'ebintu byonna."* Egattako, *"1γ Era bwe yamala okuyita mu miryango gyonna, n'ayimirira mu maaso ga Kabaka: era kabaka yali atudde ku nnamulondo ye, era ng'ayambadde n'ekyambalo kye eky'obwakabaka, [nga kibikiddwa] kyonna zaabu n'amayinja*

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

*ag'omuwendo, era nga kirungi okuzaama. 1δ Era bwe yayimusa omutwe gwe mu kitiibwa, yalabika ng'atunuza bukambwe: era nnaabagereka n'avunnama, era n'akyusa n'ebbala lye olw'okutya; era n'avunnama ku mutwe gw'omuzaana eyali amukulembeddemu [ye]. 1ε Naye Katonda n'akyusa omutima gwa Kabaka mu bukakkamu, era mu kwagala okungi n'ava ku nnamulondo ye, n'amuwambaatira, okutuusa lwe yakakkana: era n'amugumya n'ebigambo eby'emirembe, era n'amugamba nti, 1ζ Obadde ki [nsong ki], Eseza? Nze [ndi] wa luganda lwo; guma omwoyo, togenda kufa, kubanga ekiragiro kyaffe kyogera lwatu [gy'oli], Sembera kumpi. 2 Era bwe yamala okuwanika akabonero ke akazaabu bw'atyo n'akassa ku bulago bwe, era n'amuwambaatira, era n'agamba nti, Yogera nange. 2α Era n'amugamba nti, Nakulabye, [ggwe] mukama wange, nga malayika wa Katonda, era omutima gwange ne gutya olw'ekitiibwa kye; kubanga ggwe, Mukama[wange], wewuunyisa, era obwenyi bwo [nga] bujjudde ekisa. 2β Era bwe yali akyayogera, n'azirika nagwa. Olwo Kabaka n'awulira bubi, era abaddu be ne bagumya Eseza."*

Eseza yakola ebisukka ku kusaba n'okusiiba kwokka; yali yalowooza ku ngeri esinga obulungi ey'okusisinkana kabaka. Ekyo kyali kyetaagisa, okuva lwe kiri nti ensonga y'okusisinkana kabaka yali ya kufa na kuwona, eri ye n'abantu be. Lois Semenye agamba nti Eseza "yayambala ebyambalo bye ebitongole eby'ekitiibwa, ng'eyali agenda ku mukolo gw'eggwanga (**5:1**). Kino kitegeeza nti yayambala mu ngeri gye yali amanyi nti esanyusa kabaka." (Semenye 2006: 564) Twakirabye dda nti obwegendereza bwe bwamugaana okutomera obutomezi kabaka. Ate era, kabaka bwe yamugamba okusaba kyonna ky'ayagala, "teyasabirawo kyayagala embagirawo. Wabula yayita kabaka ne Kamani ku kijjulo (**5:4**). Eseza yali agoberera ennono y'omu Buwarabu, eyokwogera ku by'okukolebwa gye kugobererwa ebijjulo. Ayinza okuba nga yawulira nga buno si bwe budde bw'okubaako by'asaba. Yalinda akadde akatuufu, nga bwe budde bwa Katonda." (Semenye 2006: 564) Cho ayogera ku kakodyo n'amakulu g'oluwenda lwa Eseza olw'obutasaba kabaka ng'ali mu lubiri, kale kwe kabaka ne Kamani ku kijjulo, "Eseza okuyita kabaka ku kijjulo tekyali kya bulijjo. Kino kinnyonnyola lwaki yaddamu okusaba nnaabagereka okwogera nate ky'ayagala (ekituufu) ku kijjulo ekyasooka (5:6; laba ne 7:2). Okusinziira ku ndaba ya Eseza, wabula, okusaba kwe kabaka ne Kamani okujja ku kijjulo tegwali mukisa ogwonoonese oba akakodyo k'okulwisaawo. Kano kaali kakodyo ke ak'okuba n'enkizo ku buyinza era n'okunafuya amaanyi ga kabaka ne Kamani, nga mumbeera bw'eti Eseza y'abeera afugiramu. Ekyo kitegeeza, yaddira omukisa n'agufuula oluwenda olumukolera." (Cho 2021: 677)

Mu bino byonna, Eseza atuwa eky'okulabirako ekirungi, okusingira ddala bwe tubeera mu mbeera ezituteeka mu kattu. Ekisooka, wadde nga yali nnaabagereka era ng'ali mu "kifo eky'okweyagala," Eseza yali mwetegefu okufiirwa ebyo byonna (omuli n'obulamu bwe) ku lw'abantu be ne ku lw'okubeera omwesigwa eri Katonda. Abakristaayo bonna ekyo beetaaga okukijjukira, wadde tuyinza okuba n'obuwanguzi, amaanyi, obuggaga, obulamu, era n'emiganyulo emirala egy'obulamu, obwesigwa bwaffe eri Katonda bwe bukulembera era bukulu nnyo okusinga bino byonna (laba **Makko 8:36-38**). Ebirungi byonna eby'obulamu bituweereddwa (mu butuufu, bitwazikiddwa) Katonda. Katonda ky'ekinyusi. Bwe kiba nga gwe tukulembeza, tulina okusalawo okuwaayo byonna ku lulwe, enjiri, n'amaka gaffe, n'ekkanisa. Bwe tusalawo okukola bwe tutyo "okukkiriza" kwaffe kuba kw'amazima, naye bwe tugaana kuba kwa ku mimwa. Wayinza okubaawo okusalawo okumu nga kuzibu okukola. Naye tetuli ffeka. Ali wamu naffe era, singa tumwesiga—okutuuka ku nkomerero—tujja kusalawo bulungi. Nga Pawulo bwe yagamba nti, *"okufa ye Kristo era okubeera omulamu ge magoba"* (**Baf 1:21**). Ekyokubiri, "Eseza teyakola mu ngeri ya bulijjo, naye yatwala essaawa eziwera mu kusaba n'okusiiba nga tannateeka bulamu bwe mu katyabaga. Ekiseera bwe kyatuuka eky'okukola, yakozesa ebikozesebwa n'obumanyirivu bwe yalina okusalawo engeri esingako obulungi ey'okukikolamu. Yali mulungi, yali amanyi nti kabaka ayagala emmere ennungi n'omwenge omulungi, era n'asoola okutegeka ekijjulo ekisaanira. Naffe, bwe tutyo, tulina okufaayo butya bwe tuyinza okukozesa obulungi ebyo Mukama by'atuwadde n'obumanyirivu bwe tulina okuweereza obwakabaka bwe." (Semenye 2006: 564)

Kino kitubuulira ekintu kimu. Kitugamba nti Katonda teyakoowa Eseza. Era naffe tatukoowa. Ku ntandikwa y'ekitabo, Eseza yeewaayo oba yekkiriranya n'abasamize, nga y'enkola ya Buperusi. Yakozesa obulungi bwe nga tawakanya era n'akkiriza okukuzibwa nga tayogedde nti yali Muyudaaya, n'akkiriza n'erinnya eppya, ne yenyigira mu mpaka z'obwannalulungi, n'alya emmere y'e Buperusi, n'akkiriza byonna Keggayi bwe yamugamba, n'agenda mu kisenge ne munnamwanga nga tannafumbirwa, era n'afumbirwa munnamawanga atali mukkiriza. Ku kigera ekimu oba ekirala ffenna twekiriranya n'ensi. Kyokka obubaka bw'enjiri tebugamba nti Katonda awa omukisa abo bokka abatambula nga tebalina nsobi mu bulamu bwabwe; Katonda yagabira abantu ekisa kye abo abatakisabye, abatakigwanira, era olw'olumu abatakisiimira ddala nga bakiweereddwa. Akimanyi nti tuli nfuufu (**Zab 103:14**). Akimanyi nti emyoyo gyffe giyinza okuba nga gyagala, naye ng'emibiri minafu (**Mat 26:41**). Yeeyongera okukolera mu ffe mpola-mpola ng'atufuula abantu abali ekyo kye yatutondera okuba mu kusooka. Akyuusa Eseza okuva ku nnaabagereka omuwulize okumufuula omukazi omuzira, ow'amaanyi, era ow'embala, era naffe asobola okutukyusa.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Ekisanyusa kiri nti, wadde ng'ekijjulo kyavaamu ebibala, Eseza teyasabirawo ky'ayagala okuva eri kabaka. Okusaba kabaka ne Kamani okujja ku kijjulo ekirala okumubuulira ky'ayagala, yali ateekawo okubuusabuusa eri Kabaka. Era mu bugabirizi bwa Katonda, ekyosi ky'olunaku olumu kyali kikulu, kubanga ku kijjulo ekyasooka kabaka kwe yakizuulira nti Moluddekayi teyasiimibwa olw'okutaasa obulamu bwa kabaka. Kwali kuzuulibwa kwa nsonga eyo okwaleeta okugwa kwa Kamani n'okuyimusibwa kwa Moluddekayi, era amaanyi ga Eseza gatandika okweyongera n'asobola okukozesa Kabaka.

- <u>Mu buggaga bwe bwonna n'ekifo kye, Kamani si mumativu buli lw'alaba Moluddekayi (**5:9-13**)</u>

***[9] Ku lunaku olwo Kamani n'afuluma nga musanyufu era ng'ajaguza mu mwoyo. Naye bwe yalaba Moluddekaayi mu wankaaki wa Kabaka, nga tayimuse wadde okulaga nti amussaamu ekitiibwa, Kamani n'asunguwalira nnyo Moluddekaayi. [10] Wakati mu ebyo byonna Kamani n'azibiikiriza era n'addayo eka.Oluvannyuma n'atumya mukyala we Zeresi ne mikwano gye, [11] era n'abeewaanirako ekitiibwa n'obugagga bwe, bwe byenkana obungi, n'abaana be bwe benkana obungi, n'ebitiibwa byonna Kabaka bye yamuwa, ate ne bwe yakuzibwa okusinga abakungu ba Kabaka n'abaana be. [12] "Ate si ekyo kyokka," Kamani n'ayongerako na kino nti, "Nnabagereka Eseza teyaganyizza muntu mulala n'omu kuwerekera Kabaka ku mbaga gye yategese, wabula nze; era n'enkya ampise ŋŋende wamu ne Kabaka. [13] Naye ebyo byonna tebimpa mirembe nga nkyalaba Moluddekaayi Omuyudaaya ng'atudde ku wankaaki wa Kabaka."***

Ekitundu kino kitulaga ettima erisukkiridde—eritategeereka—ery'obukyayi n'amalala. Kamani yabuulira mukazi we n'emikwano gye emikisa n'ebitiibwa byonna ebyali bimuweereddwa. Mu bwakabaka bwa Buperusi bwonna, y'eyali addirira Kabaka. Wabula, nga bwe kyali mu **Ese 3:5**, mu mutima gwa Kamani ne mu ndowooza ye, emikisa egyo gyonna n'ebitiibwa teyabirabawo olw'obukyayi bwe yalina ku Moluddekayi. N'okulaba obulabi ku Moluddekayi kyamuggyako essanyu okwerabira emikisa n'ebitiibwa by'obulamu bwe. Embeera y'omutima gwa Kamani n'endowooza ye, era Moluddekayi afaanana mu nkola ey'abazadde baffe abasooka, Adamu ne Eva. Nabo era, baali baweereddwa omukisa ogwa buli ngeri okuva eri Katonda kennyini. Mu kusookera ddala, baalina emibiri egituukiridde, nga boogera butereevu ne Katonda, era nga batambula naye mu lusuku, nga babeera mu mbeera etuukiridde, nga balina eby'okulya ebituufu, nga tebalina balabe, era ng'ensi yonna ebali mu ngalo. Kyokka kyali kiragiro kimu kyokka ekitaali kirungi, kye ky'obutalya ku muti gw'okumanya obulungi n'obubi (**Lub 2:16-17**), omuti gwe bassaako ennyo ebirowoozo. Ebyaddirira, ffenna tubimanyi.

Okwanukula kwa Kamani eri Moluddekayi okwo nakwo kubeera kulabula era ssomo gye tuli obuyongeramu ssupu mu bintu ebitonotono ebitukolwako, ng'abantu ababuyabuya n'aberowozaako bokka bwe bakola. Amalala galeetera omuntu okwefaako yekka era n'atabeera mumativu. Obwetowaze bufaayo ku balala. Ensonga tulina okuzirabira mu kifo kyazo ekituufu. Ne tubuusa amaaso ebisobyo ebitukolwako, ne tusaasira abatusobezza, era "ne tussa amaaso ku bikulu," ektgz., ne twemalira ku bikulu. Bwe tuba nga tuweereddwa omukisa gw'ebintu ne mu ngeri endala, kirungi okubeera abasunyufu era n'okusiima olw'ekyo. Naye okuggwebwako essanyu n'okusiima olw'ekyo abalala kye bakola oba kye batakola kiraga amalala agabeera nga kkookolo akwata emmeeme.

- <u>Ng'akolera ku kya mukazi we, Kamani azimba akalabba ka mikono 50 obuwanvu kwagenda okuwanik Moluddekayi (**5:14**)</u>

***[14] Awo mukazi we Zeresi ne mikwano gye gyonna ne bamugamba nti, "Bazimbe akalabba obuwanvu bwako, mita amakumi abiri mu ssatu, enkya bw'onooyogera ne Kabaka, Moluddekaayi anaawanikibwa okwo, kale olyoke ogende ku mbaga ne Kabaka ng'oli musanyufu." Ekirowoozo ekyo kyasanyusa nnyo Kamani, era akalabba ne kazimbibwa.***

Ekiteeso kya Zeresi n'emikwano gya Kamani okuzimba akalabba ak'emikono 50 obuwanvu kiraga amampaati ga Kamani. Kaawanikibwa waggulu nnyo okubeera akabonero k'abantu be Susani, akabonero ak'olwatu akalaga obukulu bwa Kamani, era n'okuswaza Moluddekayi mu lujjudde. Weetegereze nti kyakkanyizibwaako Kamani asooke azimbe akalabba, era oluvannyuma alyoke abuulire Kabaka ku nsonga eyo. Wadde ng'ezivuunula eno egamba nti *"era ku makya <u>saba</u> kabaka akukkirize okuttira Moluddekayi ku kalabba,"* ekigambo ekyasooka kyali nti "gamba" oba "yogera." N'olwekyo, enzivuunula ya ESV ejjayo amakulu bulungi ku bukulu bw'ekyo ekyali kigenda mu maaso *"era ku makya <u>gamba</u> Kabaka alagire Moluddekayi okuwanikibwa ku kalabba."* Ekyo nakyo kiraga amalala ga Kamani n'okwekkiririzaamu. Era kitulaga obukyayi gye buyinza okutukomya. Kamani tayinza kulinda okutuusa olunaku lw'Adali olwe 13

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Moluddekayi alyoke attibwa. Wabula, ayagala kukikolerawo, mu magezi ge gokka agenda ku kijjulo kya Eseza ekyokubiri nga musanyufu, si lwa kitiibwa kyawereddwa, wabula kubanga omuntu gw'atayagala anaatera okuttibwa. Wabula kyokka, nga bwe kigenda okulabika ku ntandikwa y'essuula eyo 6, Kamani ky'ekyokulabirako ekituukiridde ekya butya *"Amalala bwe gakulembera okuzikirira, n'omwoyo ogwegulumiza gukulembera ekigwo"* (**Eng 16:18**).

## EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Abalokole abamu balowooza nti okusaba eri Katonda kimala okutuukiriza ebyetaago byabwe; balowooza nti okulowooza, okuteekateeka, n'okusala empenda, era n'okukola kiraga butaba na kukkiriza oba mu ngeri emu ebyo babiyita "byansi." Lowooza ku ngeri Eseza gye yatuukiriramu kabaka, era okubaganye ebirowoozo ku nkolagana eriwo wakati w'essaala, okuteekateeka, okusala empenda, era n'okukola gye bikuyamba okufuna bye weetaaga.

2. Olinayo abantu b'omanyi abawaddeyo kyenkana buli kintu okugondera Katonda? Oli mwetegefu okwerekereza ebirungi byonna mu bulamu buno olw'okugondera Katonda n' enjiri?

3. Wadde nga twekkiriranya n'ensi n'ebibi bye tukola, kyokka nga tumaze n'okufuuka Abakristaayo, kubaganya ebirowoozo ku butya Katonda bwe yeeyongera okukolera mu ggwe ne mu balala b'omanyi okusobola okukyusa embala yaffe, okufaananako ne Eseza gwe yakyusa okuva ku nnaabagereka omulungi okufuuka omukazi omuvumu, ow'amaanyi, era ow'embala.

4. Obukyayi butusiba butya enjegere?

- Olina abantu b'omanyi abasibibwa obukyayi?

- Tukwate tutya obukyayi obuli mu mitima gyaffe tusobole obutasibibwa mu bukyayi?

5. Lowooza ku ngeri Kamani gye yerabamu n'omugaso gwe. Kiki kye tuyinza—okusingira ddala abali obulungi, abatambulira mu mukisa, ab'amaanyi, era n'abalina ebitone—okukola obutessa mu mbeera etategeerekeka, etukyusa oba etwonoona okuwulira nga tususse ku balala okuba ab'omugaso?

**G.** ***Kabaka alagira Kamani okuwa Moluddekayi ekitiibwa mu lujjudde; okugwa kwa Kamani kulagulwa (6:1-13)***

Ekitabo kirimu ebintu ebyajja nga byeddiriŋŋana n'ebintu okujja nga bikyuka mu ngeri eteegaanika. Ekitundu kino kitulaga ebimu ku bintu bino. Olw'okubulwa otulo, kabaka akitegeera nti Moluddekayi taweebwanga bulungi kitiibwa olw'okutaasa obulamu bwa. Kamani, eyajja mu lubiri okwogera ne kabaka ku kuttibwa kwa Moluddekayi, wabula mu butamanya ateesa butya Moluddekayi bw'alina okuweebwa ekitiibwa era asabibwa okukulembera okutambula okw'okuwa Moluddekayi ekitiibwa. Ku nkomerero y'ekitundu, Kamani tawagirwa mukazi we n'emikwano gye, naye balagula okuzikirira kwe.

- <u>Kabaka akitegeera nti Moluddekayi tasiimibwanga olw'okuwonya obulamu bwe (**6:1-3**)</u>

***[1] Ekiro ekyo Kabaka teyayinza kwebaka; era n'alagira ekitabo eky'ebijjukizo eky'ebigambo ebya buli lunaku, bisomebwe mu maaso ge. [2]Awo ne kisangibwa mu byafaayo nti Moluddekaayi yamanya olukwe lwa Bigusani ne Teresi babiri ku balaawe ba Kabaka abaali bakuuma omulyango nga baali bagezaako okutta Kabaka Akaswero, era nga Moluddekaayi ye yabaloopayo.[3] Kabaka n'abuuza nti, "Kitiibwa ki na bukulu ki Moluddekaayi bye yaweebwa olw'ekyo?" Awo abaweereza ba Kabaka ne baddamu nti, "Tewali kintu kye yali aweereddwa."***

Kino kye kimu kw'ebyo ebyalabika "ng'ebiddiriŋŋana" ebiraga obuyambi bwa Katonda ng'akolera emabega w'entimbe. Laba "bwe kibaawo" nti Kabaka n'abulwa otulo. Era "kyabaawo bubeezi" nti kye kyali ekiro eky'ekijjulo kya Eseza ekyokubiri kye yategekera Kabaka ne Kamani." Era "kyabaawo bubeezi" kabaka n'asaba ekitabo ky'okujjukiza okumusomerwa. Era "kyabaawo bubeezi" nti ekitundu ekya Moluddekayi ku by'okutaasa kabaka lwe kyasomebwa. Era ne kabaka "kyabaawo bubeezi" okubuuza ku nsonga eyo era n'ategeezebwa nti tewali kyali kikoledda eri Moluddekayi. Era kyabaawo "bubeezi" Kamani okuba nga *"yali yaakayingira mu luggya olw'ebweru olw'oku lubiri lwa Kabaka, nga azze okwogera ne Kabaka ku kigambo*

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

*eky'okuwanika Moluddekaayi"* (**6:4**). Era ne Kamani "kyabaawo bubeezi" okuwabya ebigendererwa bya kabaka kwani gwe yali ayagaliza ebitiibwa ebyo (**6:6**). David Dorsey agamba nti, "kyeraga lwatu nti essuula eyo (essu. 6) teriimu bikolwa bya buzira ebya Moluddekayi oba Eseza (wadde nga tulina buli nsonga okusuubira kino), naye wabula mulimu ekinogezi mwe tulabira entuuko z'omusajja omugwagwa Kamani nga zitandika okutuukirira. Okutuusa mu kiseera kino mu mboozi buli kimu kyali Kamani kimutambulira bulungi, era n'olukwe lwe eri Moluddekayi n'Abayudaaya lulabika nga lwali lukola ewatali kuziyizbwa. Ekitundu kino [ekikoma ku **6:11**], mwe tulabira amagezi ga Kamani eri kabaka nga gamuddiza omuliro, ne gakkakkanya ettutumu lye. Okuva wano okweyongerayo, ekwe ze zitandika okwanikibwa. Bw'aleeta emboozi mu kitundu kino efaanana bw'eti ng'ekkoona ebintu we bikyukira, omuwandiisi agamba nti ensonga entuufu lwaki Abayudaaya baalokolebwa, kwe kuba nti bwali buyambi bwa Katonda (obw'obwakatonda)." (Dorsey 1999: 164)

Ensonga eyabuuzisa Kabaka oboolyawo ku kiki ekyakolererwa Moluddekayi kwe kuba nti "eyakolanga obuweereza obw'enkizo eri kabaka yayitibwanga 'omuganyuzi', era erinnya lye lyabanga ku lukalala olw'enjawulo. Abaganyuzi mu bwakabaka baaweebwanga ebyambalo eby'enjawulo, embalaasi, n'amajolobero aga zaabu, n'ettaka, n'ebiringa ebyo. Mwalimu ne bannamawanga ababeeranga mu lubiri era abaweebwanga ebyali ebiramba n'ebibuga ng'ebirabo. Okusinziira ku Xenophon, engeri eya bulijjo Kabaka w'e Buperusi gye yalagangamu nti asiimye kwe kugaba ebintu ng'embalaasi eriko amatandiiko aga zaabu, omudaali ogwa zaabu, n'ebikomo, n'ekitala ekya zaabu (ekiso), era n'omuyondo." ("Courts and Courtiers" 2011: Courtiers, ebijuliziddwa bibuukiddwa)

- <u>Kamani ng'atategedda ateesa engeri n'ebitiibwa eby'okuwa Moluddekayi (**6:4-11**)</u>

***[4] Awo Kabaka n'abuuza nti, "Ani ali mu luggya?" Mu kiseera ekyo Kamani yali yakayingira mu luggya olw'ebweru olw'oku lubiri lwa Kabaka, nga azze okwogera ne Kabaka ku kigambo eky'okuwanika Moluddekaayi ku kalabba Kamani ke yali amuzimbidde.[5]Amangwago abaweereza ne baddamu nti, "Kamani wuuno waali ayimiridde mu luggya." Kabaka n'ayogera nti, "Mumukkirize ayingire."[6]Awo Kamani n'ayingira, Kabaka n'amubuuza nti, "Anaakolebwa ki omusajja Kabaka gw'asanyukira era gw'ayagala okuwa ekitiibwa?" Kamani n'alowooza mu mutima gwe nti, "Ani Kabaka gwe yandisanyukidde okumuwa ekitiibwa okusinga nze?" [7]Kamani n'addamu Kabaka nti, "Omusajja Kabaka gw'asanyukira okumuwa ekitiibwa, [8] bamuleetere ebyambalo Kabaka bye yali ayambaddemu, n'embalaasi Kabaka gye yali yeebagadde atikkirweko engule ey'obwakabaka ku mutwe. [9] Ebyambalo n'embalaasi bikwasibwe omu ku bakungu kabaka basinga okuwa ekitiibwa, n'oluvannyuma omusajja oyo kabaka gw'ayagala okuwa ekitiibwa ayambazibwe ebyambalo ebyo era yeebagale n'embalaasi, era omulangira Kabaka gw'anaalonda amukulembere mu nguudo z'ekibuga ng'alangirira waggulu nti, 'Bw'atyo bw'anaakolebwa omusajja Kabaka gw'asiima okuwa ekitiibwa!' "***

***[10]Awo Kabaka n'alagira Kamani nti, "Yanguwa ofune ebyambalo n'embalaasi nga bw'oyogedde, okolere ddala bw'otyo Moluddekaayi Omuyudaaya atuula ku wankaaki wa Kabaka, ate waleme okubulako n'ekimu ku ebyo byonna by'oyogedde."[11] Awo Kamani n'addira ebyambalo, n'ayambaza Moluddekaayi, n'amwebagaza ku mbalaasi, era n'amukulembera mu nguudo z'ekibuga ng'alangirira mu maaso ge nti, "Bw'atyo bw'akoleddwa omusajja Kabaka gw'asiima okuwa ekitiibwa."***

Ekitundu kino kye kimu ku bisinga obukulu mu kitabo. Kamani "yeesanga" atuuse mu lubiri *"okwogera ne Kabaka ku ky'okuttira Moluddekayi ku kalabba ke yali amukoledde"* (**luny. 4**). Mu kifo ky'ekyo, amalala ga Kamani geeyoleka. Kamani mu malala alowooza nti omusajja kabaka gw'ayagala okusiima alina kubeera ye kennyini. Kamani yali teyetaaga ssente (laba **3:9**); yali yeetaaga kitiibwa (laba **3:2, 5**). N'olwekyo, ateesa nti kabaka ayambaze omusajja ekyambalo ky'obwakaba, atuuze omusajja ku mbalaasi (nga ky'ekitiibwa kya kabaka awangudde olutalo), era addire omuddu wa kabaka asinga ekitiibwa y'esse mu kifo ky'omuddu akulembere omusajja aweereddwa ekitiibwa okumuyisa mu kibuga, nga bw'alangirira nga Kabaka bw'amusiima. Bino byonna bijja kulaga butya kabaka bw'awulira eri omusajja ono. Mu ngeri emala enviiri ku mutwe, Kamani mu butamanya ateesa butya omusajja gw'ayagliza okufa bw'anaweebwamu ekitiibwa, olwo ye kennyini n'agambibwa okukulemberamu olutambula okuyita mu kibuga ng'omuddu bwe yandikoze era mu lwatu n'alangirira n'ekitiibwa ekiweereddwa Moluddekayi.[12] Okuva mu kiseera kino, alina okukimanya nti

[12] Okuweebwa kwa Moluddekaayi ekitiibwa kufaanaganira ddala ne Yusufu. Moluddekaayi yayambala ebyambalo eby'obwakabaka n'attikirwa n'engule eya zaabu era n'atambulira ku mabalaasi za Kabaka. Bwe kityo ne Yusufu bwe yakuzibwa n'abeera nnamba bbiri mu Misiri, yayambazibwa ebyambalo eby'ekikungu, n'omukuufu gwa zaabu mu bulago bwe, era n'atambulira mu ggaali ey'obwakabaka (**Lub 41:42-43**).

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

enteekateeka ze zirinnyiddwaamu eggere era tagenda kusobola kutta Moluddekayi n'Abayudaaya.

Ekitundu kino ky'ekyokulabirako ky'ennono ya baibuli, *"Naye buli alyegulumiza alikkakkanyizibwa, na buli alyetoowaza aligulumizibwa."* (**Mat 23:12**; laba ne **Eng 29:23; Luk 1:52; 14:11; 18:14; Yak 4:10**). Era kitusongera ku njiri. Kamani yali asaba lukusa lwa kabaka, naye n'amaliriza ng'atowaziddwa mu ngeri etali yakyeyagalire. Wabula kyokka, kabaka ow'oku ntikko, Yesu Kristo, mu kweyagalira yeewaayo n'atwala obuvunaanyizibwa bw'omuddu ffe tulyoke tugulumizibwe (**Baf 2:5-11**; laba ne **2 Bak 5:21**).

Kyewuunyisa okuba nga Kabaka yakimanya nti agulumiza Muyudaaya ng'ate yali yaakamala okulangirira eky'okutta Abayudaaya bonna mu bwakabaka. Wabula, olw'okuba nga Kamani yali tayogeranga ku Bayudaaya bwe yali ayogera ne kabaka (yali yayogera ku *"kika ky'abantu"* eri kabaka, **3:8**), kabaka yali tamubuuzanga ku *"kika ky'abantu"* nti be baani, era ne Kamani yali yabaga ebiragiro n'empeta ya kabaka, kirabika nti kabaka yali tasomanga mu biragiro bino era nga tamanyi *"kika ky'abantu"* abaali ab'okusaanyizibwawo nti baali Bayudaaya. Ekirala, tewaliiwo kitulaga nti kabaka yamanya ku bukyayi bwa Kamani ne Moluddekayi (era n'Abayudaaya).

- <u>Mukazi wa Kamani alagula ku kugwa kwe singa Moluddekayi abeera Muyudaaya (**6:12-13**)</u>

***[12] Oluvannyuma Moluddekaayi n'akomawo ku wankaaki wa Kabaka, naye Kamani n'ayanguwa n'addayo ewuwe, ng'anakuwadde era ng'abisse ku mutwe gwe, [13] n'ategeeza Zeresi mukazi we ne mikwano gye bonna byonna ebimutuuseeko. Awo abamuwa amagezi ne mukazi we Zeresi ne bamugamba nti, "Engeri Moluddekaayi gw'otanulidde okugwa mu maaso ge, nga bw'ava mu ggwanga ly'Abayudaaya, tojja kumusinga, era tolirema kuzikirira mu maaso ge."***

Kabaka okusiima Moluddekayi tekirabikirawo mu kiseera ekyo ngekyali kigende okukyusa embeera za Moluddekayi. Yasigala nga Muyudaaya alindirira okuttibwa olw'ekiwandiiko kya Kamani. Okukuzibwa kwa Moluddekayi mu kifo tekwabaawo okutuusa mu **8:1-2**. N'olwekyo, Moluddekayi yaddayo mu kifo kye mwe yali, eyo gye yategeerera olukwe lw'okutta Abayudaaya—ku wankaaki wa kabaka (laba **4:1-2**).

Kamani yakomawo ewaka ng'aswadde. Okubikka omutwe ke kaali kabonero ak'okukungubaga, obuswavu, n'ensonyi (laba **2 Sam 15:30; Yer 14:3-4**). Mukazi we n'emikwano gye tebaamugumya. Wabula kyokka, baalagula okuzikirira kwa kwe.

## <u>EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Kubaganaya ebirowoozo ku ngeri Katonda gy'akozesa "ebigwaawo" okutuukiriza enteekateeka ze ku nsi. Wali olabye ku mbeera bwe ziti mu bulamu bwo?

2. Kubaganya ebirowoozo ku ngeri Katonda gy'akozesa ebintu ebijja bikyukakyuka okutuukiriza enteekateeka ze mu nsi. Wali olabye ku mbeera bwe ziti mu bulamu bwo?

3. Weetegereze era okubaganye ebirowoozo nti Katonda asobola okukozesa abatali bakkiriza okulagula eby'amazima (laba ne **Yok 11:49-51**).

**H.** ***Ekijjulo kya Eseza ekyokubiri kivaamu okuttibwa kwa Kamani (6:14-7:10)***

Eseza yali yasuubiza okwogera ekyetaago kye ku kijjulo ekyokubiri. Ku kijjulo kino yatuusa ensonga ye mu bukugu mu ngeri kabaka gye yategeeramu obulwa obwali mu lukwe, era Eseza yasobola okulumiriza Kamani okubeera omulabe, omuseketerezi, era omugwagwa. Kino kyaleetera kabaka okulagira okuttibwa kwa Kamani ku kalabba kennyini ke yali akoze okuttirako Moluddekayi.

- <u>Ku kijjulo kye ekyokubiri, Eseza ayanika Kamani ng'omuntu ali emabega w'olukwe lw'okumutta ye n'abantu (**6:14-7:1-6**)</u>

***[14] Awo bwe baali nga bakyayogera naye, abalaawe ba Kabaka ne batuuka, ne banguwa okutwala Kamani ku mbaga Eseza gye yali afumbye.***

***[1] Awo Kabaka ne Kamani ne bagenda ku mbaga ya Nnabagereka Eseza gye yateekateeka. [2] Ku lunaku olwokubiri bwe baali banywa wayini Kabaka n'addamu n'abuuza Eseza nti, "Nnabagereka Eseza osaba ki? Onookiweebwa. Kiki kye weegayirira? Ne bwe kinaaba ekitundu ky'obwakabaka, kinaakuweebwa."[3] Awo Eseza n'addamu nti, "Obanga ŋŋanze mu maaso go, ayi Kabaka, era Oweekitiibwa bw'onoosiima, kino kye nsaba, mpeebwe obulamu bwange. Ate era n'abantu bange bawonye obulamu bwabwe. Kino kye nneegayirira. [4] Nze n'abantu bange tutuundiddwa eri***

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

***okuzikirizibwa, okuttibwa n'okubula. Wakiri singa tutuundiddwa okuba abaddu n'abakazi abaweereza, nandisirise ne sikuteganya newaakubadde nga omulabe teyandiyinzizza kuliwa kabaka bwe yandifiiriddwa."***[5]***Awo Kabaka Akaswero n'abuuza Nnabagereka Eseza nti, "Ani era ali ludda wa oyo ayaŋŋanga okugezaako mu mutima gwe okukola bw'atyo?"*** [6]***Awo Eseza n'addamu nti, "Omulabe waffe, atukyawa, ye Kamani ono omubi." Kamani n'atya nnyo mu maaso ga Kabaka ne Nnabagereka.***

Okuva edda n'edda, abagenyi bawerekerwangako okugenda ku bijjulo, kale mu **luny. 14** ekyaliwo tekyali kya bulijjo. Wabula, ekikolwa "ne banguwa" nga kitegeeza Kamani okuleetebwa amangu kitegeeza nti teyalina budde kwetegeka olw'okuswala kwe yali yakavaamu era n'olwobunnabbi bwa mukazi we.

Weetegerze omwenge bwe gwali ogw'omugaso mu byafaayo by'ekitabo. Kabaka bwe yali *"ng'asanyuse olw'omwenge"* (**1:10**) kwe kulagira Vasuti ajje ayolese obulungi bwe; okugaana kwe kwavaamu Eseza okufuuka nnaabagereka. Kaakati, nga banywa omwenge, n'era kabaka abuuza Eseza ky'asaba; mu kiseera kino amuddamu, era kyamuddamu kigenda kuvaamu okuttibwa kwa Kamani n'okutaasa Abayudaaya.

Weetegereze engeri Eseza gy'ayanukulamu kabaka. Okuddamu kwa kabaka eri Eseza nti *"Ne bwe kinaaba ekitundu ky'obwakabaka"* (**luny. 2**) kaali kabonero kalungi nti yali akyali muganzi. Wabula kyokka, tayogererawo ku kirangiriro eky'okutta Abayudaaya bonna era tasaba kabaka kukisazaamu. Wabula, asooka kweyisaako. Atandika mu **luny. 3** ng'agamba nti, *"Obanga ŋŋanze mu maaso go, ayi Kabaka, era Oweekitiibwa bw'onoosiima."* Oluvannyuma n'abaako ky'asaba kabaka, nga kabaka takyalina kyakukola, ng'alina okukimuwa, ektgz., "*kino kye nsaba, mpeebwe obulamu bwange.*" Amangwago obulamu bwe abugatta n'obulamu bw'abantu be, *"Ate era n'abantu bange bawonye obulamu bwabwe."* N'okutuusa kaakano tannayogerera ddala nti ye Muyudaaya.

Ekirala, nga tannalinda Kabaka kwanukula, yeyongerayo n'okunnyonnyola lwaki kuno kwe kusaba kwe. Mu kukola ekyo, mu ngeri ey'obukalabakalaba alaga nti kiri mu kwagaka kwa kabaka okumuwa ky'asabye: *"nze n'abantu bange tutuundiddwa eri okuzikirizibwa, okuttibwa n'okubula. Wakiri singa tutuundiddwa okuba abaddu n'abakazi abaweereza, nandisirise ne sikuteganya newaakubadde nga omulabe teyandiyinzizza kuliwa kabaka bwe yandifiiriddwa."* (**luny. 4**) Okwogera kwe ku "ky'okutundibwa" kigenda ku bitundu 10,000 ffeeza Kamani bye yali yasuubiza olw'okuzikiriza Abayudaaya (**3:9**). Okwogera kwe nti "ffe" singa tutundiddwa ng'abaddu kimugatta ku bantu be. Naye weetegereze nti, era nate, tanneeyogerako ye n'abantu be nti Bayudaaya. Nga bwe twalabye emabegako, okuva Kamani lw'atagamba kabaka nti abantu baayagala okutta nti baali Bayudaaya, kabaka ayinza okuba nga tannateegera nti abagenda okuttibwa Bayudaaya. Eseza akola okusaba kwe "ng'omuntu" nga bwe kisoboka. Okwogera kwe eri kabaka nti teyandifuddeyo *"singa tutuundiddwa okuba abaddu"* kiraga ebintu bibiri, okubeera abaddu ba kabaka, naye era ne ky'okuba nga bwe babeera abaddu ba kabaka, asobola okuganyulwa mu buweereza bwabwe; wabula kyokka, naye olw'okuba nga baali bagenda kuttibwa, kabaka yali agenda kufiirwa obuweereza n'omusolo.

Okubuuza kwa kabaka kw'ani eyali ayagala okukola kino kiraga nti yali tategedde mu bujjuvu nti Eseza ayogera ku kukuttibwa kw'Abayudaaya—ne Eseza tayogerera ddala ku kiwandiiko ekyo okuba nga kyakkirizibwa kabaka. Bwe yabuuzibwa kabaka, wabula, Eseza yayanukulirawo, *"Omulabe waffe, atukyawa, ye Kamani ono omubi!"* Kamani n'atya nnyo, kubanga yamanya nti entuuko ye essiddwaako envumbo olw'ekyo Eseza kye yali ayogedde. Ebyabaawo byonna bifaanana ebya nabbi Nasani ng'agera olugero lw'omusajja omuggaga okutwala akaliga k'omwavu okuliisa abagenyi b'omuggaga (**2 Sam 12:1-4**). Nasani bwe yanyumya emboozi, Dawudi n'asunguwala nnyo, Nasani n'ayasanguza nti *"Ye ggwe!"* (**2 Sam 12:7**)

- <u>Kabaka alagira Kamani okuwanikibwa ku kalabba ke yakolera Moluddekayi, era n'attibwa</u> (**7:7-10**)

[7]***Awo Kabaka n'agolokoka ng'aliko ekiruyi, n'aleka wayini we, n'alaga ebweru mu nnimiro ey'omu lubiri. Kamani bwe yalaba nga Kabaka amaliridde okumubonereza, n'asigala emabega okusaba obulamu bwe eri Nnabagereka Eseza.***[8] ***Kabaka n'akomawo okuva mu nnimiro ey'omu lubiri n'ayingira mu kifo eky'embaga, n'asanga Kamani ng'agudde ku ntebe ey'olugalamiriro Eseza kwe yali. Kabaka ne yeekanga nnyo era n'akangula eddoboozi ng'agamba nti, "N'okukwata ayagala kukwatira Nnabagereka mu maaso gange wano mu nnyumba?"Kabaka bwe yali nga yakamala okwogera ekigambo ekyo, ne babikka ku maaso ga Kamani.*** [9] ***Awo Kalubona, omu ku balaawe abaali baweereza Kabaka n'ayogera nti, "Waliwo akalabba kumpi ne nnyumba ya Kamani obuwanvu bwako mita amakumi abiri mu ssatu ke yazimba okuttirako Moluddekaayi eyayogera n'awonya obulamu bwa Kabaka." Kabaka n'agamba nti, "Mumuwanike okwo."***[10] ***Awo ne bawanika Kamani ku kalabba ke yali azimbidde Moluddekaayi, olwo obusungu bwa kabaka ne bukkakkana.***

Okugenda kwa Kabaka mu bimuli by'olubiri kiyinza okuba nga yakikola lwa kubeera musunguwavu

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

nnyo nga tasobola kwogera /oba nga yali yeetaaga akadde okumanya eky'okukolera Kamani. Weetegereze nti Kamani yali tannayogera. Nate era ekitundu kino kifaananako n'entandikwa y'ekitabo nga kyogera ku Vasuti. Eyo twalaba kabaka ng'asalawo mu bwangu era teyabuuza Vasuti lwaki yagaana okujja ku kijjulo kye. Wano tulaba kabaka, ng'avaawo amangu era nga tabuuzizza Kamani nti, *"Oyinza otya okukola ekintu ng'ekyo?"* singa ekyo yakikola, Kamani yandyogedde buli kintu kye yali yabuulira kabaka mu **3:8-9**, yandibuulidde Kabaka nti ye kennyini ye yamuwa akabonero k'empeta ye okukakasa ekiragiro nti era kabaka ye yagamba Kamani nti *"n'abantu [babo] bakole nga bw'osiima.""* (**3:11**), Kamani yandijjukiza kabaka nti bombi banywamu bombi olw'ekirangiriro ekyo (**3:15**), era yandimalirizza ng'ayogera ekifaananako bwe kiti, *"Nnali sikimanyi nti Eseza Muyudaaya. Ekyo takinyegangako n'akamu—eri nze oba ggwe. Singa ekyo nnakimanya, sandiyisizza kiragiro ng'ekyo (mu mbeera eyo gye kyayisibwamu)."*

Okwekwakkula kwa kabaka okugenda mu bimuli by'olubiri kyandimuyambye okulowooza, n'alaba ekituufu eky'okukola, naategeera ekyo Eseza ky'abadde ayogerako nti ky'ekiragiro ye kennyini kye yassaako omukono, era n'akkiriza Kamani okukola ky'ayagala. Olw'ebyo ebyabaawo, Kamani yeesanga nga talina mukisa gwa kwewozaako. Nga kyalina okukola kyokka kwe kwegayirira asigale nga mulamu, kubanga *"yalaba nga Kabaka amaliridde okumubonereza"* (**luny. 7**). Wabula, bwe yafukamira ku ntebe y'olugalamirizo Eseza we yali atudde Kabaka yalaba nga Kamani agezaako okukwata nnaabagereka. Kale "ekigambo" ekyafuluma mu kamwa ka Kabaka—*" N'okukwata ayagala kukwatira Nnabagereka mu maaso gange wano mu nnyumba?"—* bwali bulamuzi bwe obw'okuttibwa kwa Kamani. Okubikka obwenyi bwa Kamani'kyali kitegeeza nti waakuttibwa. Ebintu ebyaddiriŋŋana by'alaga nti okufa kwa Kamani kwava ku nsobi ya kabaka okulowooza nti Kamani yali agezaako okukwata nnaabagereka, si lwa kiragiro kya kutta Bayudaaya omuli ne Nnaabagereka. Baako kye weetegereza ku nsonga eno: "Eseza yasirika nga Kabaka avunaana Kamani olw'okumutyoboola (ob'olyawo akamu ku busiriikiriro obukyasinze okwogera), so ng'ekigambo kye ekyokuwolereza Kamani ku nsoga eyo kyandikyusizza ebintu byonna" (Lehrman 1958: 92).

Nga tutunuulira okuttibwa kwa Kamani okuli mu **nny. 9-10**, Josephus agamba nti omu ku balaawe eyaleeta Kamani ku kijjulo yali yalaba akalabba Kamani ke yali yakolera Moluddekayi era n'ategeera okuva ku baddu ba Kamani bennyini ekigendererwa ky'obulabba obwo; bw'atyo yasobola okubuulira kabaka (Josephus 1987: *Ant.* 11.260-268). Kino kye kisooka okutubuulira nti kabaka yali yategeera ku kuyaayaana kwa Kamani okutta Moluddekayi. Okuva lwe kiri nti Kabaka yali yaakamala okusiima Moluddekayi olw'okuwonya obulamu bwe, kitulaga lwaki yasalawo mangu, *"Mumuttire okwo."* Kino kye kimu ku by'okulabirako ebingi eby'ennono ya baibuli, *"Amalala gakulembera okuzikirira, n'omwoyo ogwegulumiza gukulembera ekigwo"* (**Eng 16:18**). Semenye agamba nti, "Singa ye [Kamani] yali yeetegese obutafaayo ku kya Moluddekayi obutamuwa kitiibwa, teyandisalidde Bayudaaya lukwe lwa kubatta era twandibadde tusoma ebyafaayo biralala nnyo" (Semenye 2006: 566). Ebyafaayo mu kiseera ekyo era bituwa eky'okulabirako eky'ennono ezifaanagana, *"Omubi akwatiddwa mu mutego gw'emikono gye."* (**Zab 9:16b**) and *"Emitawaana gye gimwebunguludde; n'obukambwe bwe bumuddire."* (**Zab 7:16**).

## EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Kubaganya ebirowoozo, Eseza ensonga ye yagituusa atya mu bwegendereza era mu magezi eri Kabaka. Mw'ekyo tulina ffe kye tuyigiramu?

2. Tunuulira ebikolwa ebyokwanguwa nokupapa kye bikoze mu byafaayo bino. Kabaka yayaita amangu Vasuti okujja okwolesa obulungi bwe ku kijjulo; bwe yagaana, teyamubuuza nsonga naye mu bwangu era mu kupapa n'amuggyako obwanaabagereka. Kamani bwe yalaba nga Moluddekayi tamuvunnamira, ekyo teyakireka, era teyamuyita kumubuuza, naye nayanguyiriza okusala olukwe lwokutta Abayudaaya bonna. Eseza bwe yavunaana Kamani ku kijjulo kye ekyokubiri, Kabaka mu bwangu nava ku kijjulo ate bwe yakoma mu kupapa nalowooza mangu nti Kamani yali akabasanya Eseza era nalagira Kamani attibwe mu bwangu—nga tawadde Kamani mukisa gwonna okwewozaako olwebikolwa bye.

- Tufuna bya kuyiga ki mu bino byonna?
- Ebikolwa bino byawukana bitya n'enkola ya Moluddekayi ne Eseza?
- Ebyafaayo bya Eseza byandibadde bitya eby'enjawulo singa, wakati mu lugendo olwo kabaka oba Kamani tebaasalangawo mu bwangu n'okupapiriza?

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

3. Kubaganya ebirowoozo ku by'okulabirako ebirala okuva mu Baibuli ne mu bulamu bwo bwennyini ku nnono egamba ti, *"Amalala gakulembera okuzikirira, n'omwoyo ogwegulumiza gukulembera ekigwo"* (**Eng 16:18**), *"Omubi akwatiddwa mu mutego gw'emikono gye"* (**Zab 9:16b**), and *"Emitawaana gye gimwebunguludde; n'obukambwe bwe bumuddire"* (**Zab 7:16**).

4. Ekitundu kino kireeta ensonga endala: okusirika kwa Eseza nga Kabaka awaayiriza Kamani olw'okwagala okukabasanya Eseza. Yali mutuufu okusirika? Lwaki ye oba lwaki nedda?

- Okusirika kwa Eseza kwali kufaanagana n'abazaalisa Abamisiri abaalimba Falaawo nga baagala okuwonya abaana abalenze Abebulaniya (**Okuv 1:15-21**) era ne Lakabu eyalimba kabaka wa Yeriko n'abasajja be ku bakkessi aba Isiraeri be yali akwese (**Yos 2:1-22**). Mu mbeera ezo, Katonda yawa omukisa abo abaalimba oba abatayogera mazima. Okwataganya otya eby'okulabirako bya baibuli bino n'ennyiri za baibuli ezitugaana okulimba (okgz., **Okuv 20:16; Bal 19:11; Zab 119: 163; Eng 12:22; Yok 8:44; Bef 4:25; Bak 3:9**)?

**I.** ***Moluddekayi akuzibwa n'azzibwa mu kifo kya Kamani, era n'Abayudaaya bakkirizibwa okwerwanako n'okuzikiriza abalabe baabwe (8:1-17)***

Mu ssuula eyo 8, enkyukakyuka ez'amaanyi zibaawo. Obuggaga bwonna, obuyinza bwonna, n'ekifo Kamani kye yalina bimuggyibwako ne biweebwa Moluddekayi ne Eseza. Eseza ne Moluddekayi bateekateeka ekiragiro ekipya ekiwera ekya Kamani—ku mulundi guno Abayudaaya bakkirizibwa okwerwanako era "n'okuzikiriza, okutta, era n'okusanyaawo" abalabe baabwe. Ng'eno Abayudaaya bwe basanyuka, bangi abatali Bayudaaya kaakati bali mu ntiisa, era bangi bakyuka okuyingira mu nzikiriza y'Ekiyudaaya.

- Moluddekayi akuzibwa okudda  mu kifo kya Kamani (**8:1-2**)

***[1] Awo ku lunaku olwo Kabaka Akaswero n'awa Nnabagereka Eseza ebintu byonna ebya Kamani omulabe w'Abayudaaya. Eseza n'ategeeza Kabaka nti alina oluganda ku Moluddekaayi, era okuva mu kiseera ekyo Moluddekaayi n'ajjanga mu maaso ga Kabaka. [2] Kabaka n'aggyako empeta ye gye yaggya ku Kamani n'agiwa Moluddekaayi, ate era ne Eseza n'afuula Moluddekaayi okuvunaanyizibwa ebintu ebyali ebya Kamani.***

Mu nnyiri zino, enkyukakyuka endala ez'amaanyi zibaawo. Eseza ayogera ekimugatta ne Moluddekayi. Olwo Kabaka awa Moluddekayi empeta ye ey'obuyinza gye yali yawa Kamani. N'olwekyo, Moluddekayi afuukirawo katikkiro wa Buperusi. Empandiika mu **luny. 2b** eraga nti, olw'okuba nga Kabaka yali yawa Eseza *"ennyumba ya Kamani,"* [13] ekya Eseza okugiwa Moluddekayi kiraga nti yali asigazza obwanannyini naye ng'alonze Moluddekayi okubeera omulabirizi w'ebintu bye. Era ekyava mw'ebyo, obuggaga bwa Kamani bwonna, ebitiibwa, ekifo, n'obuyinza bwonna byali biweereddwa omulabe we, nga ye Moluddekayi Omuyudaaya.

- Eseza yegayirira Kabaka okusazaamu ebbaluwa ezawandiikibwa Kamani (**8:3-7**)

***[3]Awo Eseza n'aLubda ewa Kabaka nate ng'amwegayirira ng'agwa ku bigere bye n'okukaaba nga bw'akaaba, ng'amusaba akomye enteekateeka embi zonna eza Kamani Omwagaagi, n'enkwe ze yali asalidde Abayudaaya. [4] Kabaka n'agololera Eseza omuggo ogwa zaabu, amangu ago Eseza n'agolokoka n'ayimirira mu maaso ga Kabaka.[5]Eseza n'ayogera nti, "Kabaka bw'anasiima, era obanga ŋŋaanze mu maaso ga Kabaka, nange obanga musanyusa, bawandiike ekiragiro okujjulula ebbaluwa Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi, ze yayiiya era n'awandiika okuzikiriza Abayudaaya mu bitundu byonna ebya kabaka. [6] Nnyinza ntya okugumiikiriza okulaba obulabe obulijja ku bantu bange, era n'okulaba okuzikirizibwa okw'ennyumba yange?"***

Wadde ng'ebintu bya Kamani byaweebwa Eseza, ne Moluddekayi naweebwa empeta y'obwokabaka, amateeka g'Abameedi n'Abaperusi gaali tegasazibwamu (**Ese1:19; 8:8; Dan 6:8, 12, 15**). Kale n'olwekyo, ekiwandiiko ekyali kiragira Abayudaaya bonna okusaanyizibwawo kyali kikyakola. Wadde Eseza ne Moluddekayi ng'abantu baali basobola okuwona, Bayudaaya bannaabwe mu bwakabaka bwonna baali bakyali mu buzibu obutayogerekeka ng'obwo bwe baalimu ng'ekiwandiiko kya kafulumizibwa. Kale n'olwekyo, Eseza yegayirira Kabaka ku lw'Abayudaaya. Nga bwe yakola ng'alina ky'asaba kabaka ku kijjulo kye ekyokubiri,

[13] Abo *"ab'ennyumba ya Kamani"* kitegeeza bonna abaali bamuvaamu.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Eseza era yayogera ku *“bbaluwa Kamani ze yayiiya era”* (**luny. 5**), naye tetayogera ku kya kabaka okubaamu n’omukono. Era afuula okusaba kwe okuba okw’omuntu kinnoomu. Agwa ku bigere bya kabaka n’akaaba (**luny. 3**) era n’ayogera nti, *“Nnyinza ntya okugumiikiriza okulaba obulabe obulijja ku bantu bange, era n’okulaba okuzikirizibwa okw’ennyumba yange?”* (**luny. 6**) Josephus agattako nti, bwe yakola okwegayirira kuno eri Kabaka, era bw’atyo “n’amulaga ebyali byawandiikibwa Kamani okwetoloola ensi yonna” (Josephus 1987: *Ant.* 11.270). Wadde ng’ekyo tekiri mu byawandiikibwa, kizze kyeraga nti kabaka yali tamanyi byogerwako mu kiwandiiko era nga tamanyi nti n’abagenda okusaanyizibwaawo baali Bayudaaya.

- <u>Kabaka awandiika ebbaluwa okwetoloola obwakaba ng’akkiriza Abayudaaya okubeera n’eddembe okwerwanako n’okuzikira abalabe baabwe (**8:7-14**)</u>

***[7]Awo Kabaka Akaswero n’agamba Nnabagereka Eseza ne Moluddekaayi Omuyudaaya nti, “Olw’okuba Kamani yali ayagala kuzikiriza Abayudaaya, ebintu bye mbiwadde Eseza, era n’okuwanikibwa awanikibbwa ku Kalabba. [8] Noolwekyo muwandiike ekiwandiiko ekirala mu linnya lya Kabaka ku lw’Abayudaaya nga bwe musiima, era mukisseeko akabonero n’empeta ya Kabaka, kubanga tewali kiwandiiko ekiwandiikiddwa mu linnya lya Kabaka era ekiteekeddwako akabonero n’empeta ya Kabaka ekiyinza okujjululwa.”[9] Ku lunaku olw’amakumi abiri mu esatu mu mwezi ogwokusatu, gwe mwezi Sivaani abawandiisi ba Kabaka ne bayitibwa ne bawandiika byonna Moluddekaayi bye yalagira Abayudaaya, ebbaluwa n’eweerezebwa eri abaamasaza, ne bagavana n’abakungu abaafuganga mu bitundu ekikumi mu abiri mu omusanvu (127) okuva e Buyindi okutuusa ku Buwesiyopya. Ebiragiro by’awandiikibwa eri buli ssaza ng’empandiika yaalyo bwe yali, n’eri buli ggwanga ng’olulimi lwabwe bwe lwali, n’eri Abayudaaya mu mpandiika yaabwe era ne mu lulimi lwabwe. [10]Moluddekaayi n’awandiika mu linnya lya Kabaka Akaswero, ebbaluwa n’azissaako akabonero n’empeta ya Kabaka, n’aziweereza zitwalibwe ababaka abeebagala embalaasi ezidduka ennyo ate nga zaakuzibwa mu bisibo bya Kabaka.[11] Ekiragiro kya Kabaka ky’awa Abayudaaya mu buli kibuga olukusa okukuŋŋaana n’okwekuuma; okuzikiriza, n’okutta, n’okusaanyaawo eggye lyonna ery’eggwanga lyonna oba essaza lyonna erinaabalumba, abakazi baabwe n’abaana baabwe abato, ate era n’okunyaga ebintu by’abalabe baabwe. [12] Olunaku olwalondebwa Abayudaaya okukola bino mu bitundu byonna ebya Kabaka Akaswero lwe lwali olunaku olw’ekkumi n’essatu mu mwezi ogw’ekkumi n’ebiri, gwe mwezi Adali. [13] Ebyaggyibwa mu kiragiro ekyo byali bya kuba nga tteeka mu buli kitundu, era n’okumanyibwa eri abantu aba buli ggwanga, nti ku lunaku olwo Abayudaaya beeteekereteekere okulwanyisa abalabe baabwe.[14]Awo ababaka abeebagala embalaasi za Kabaka, ne bagenda mbiro, ku kiragiro kya Kabaka, era n’ekiragiro ekiwandiikiddwa ne kirangirirwa mu lubiri lw’e Susani.***

Nga bwe kyali nga Kamani ateekateeka okuwandiika ebbaluwa ez’okuzkiriza Abayudaaya, Kabaka teyenyigiramu mu kuteekateeka ebbaluwa eziwakanya ekirangiriro kya Kamani. Wabula yawa Moluddekayi ne Eseza obuvunaanyizibwa obw’okukikola.[14] Ng’ekiragiro kya Kamani bwe kyali, ekiragiro kino ekipya nakyo kyawandiikibwa mu linnya lya Kabaka Akaswero, era n’ekissibwako envumbo y’empeta ye, era ne kisindikibwa mu masaza gonna 127 era mu nnimi zonna ezoogerwa mu bwakabaka (**enny. 9-10** geraageranya **3:12**). Ekiragiro kino ekipya nakyo kyafaananamu ekya Kamani kubanga kyalondobayo olunaku olwe 13 mu mwezi gwa Adali nga lwe lunaku Abayudaaya lwe bakkirizibwa *“okuzikiriza, n’okutta, n’okusaanyaawo eggye lyonna ery’eggwanga lyonna oba essaza lyonna erinaabalumba, abakazi baabwe n’abaana baabwe abato, ate era n’okunyaga ebintu by’abalabe baabwe”* (**enny. 11-12**; geraageranya **3:12-13**).[15] Ekiragiro kyasaasanyizibwa mu masaza gonna *“olwo Abayudaaya beeteekereteekere okulwanyisa abalabe baabwe.”* (**luny. 13**), ng’ekiragiro kya Kamani bwe kyali *“amawanga gonna, ekiragiro ne kirangirirwa mu buli kitundu, balyoke beeteekereteekere olunaku olwo.”* (**3:14**). Ekiragiro kyasaasanyizibwa abatambuza ebbaluwa za kabaka mu masaza era ne mu Susani, ng’era ne kya Kamani bwe kyasaasanyizibwa (**luny. 14**; geraageranya **3:15**).

---

[14] Amannya agali mu **nny. 8** gali mu bungi.

[15] Ekibuuzo ekiri mu ddiiro ekibuuza ku lukusa olwaweebwa Abayudaaya *“okuzikiriza, n’okutta, n’okusaanyaawo eggye lyonna ery’eggwanga lyonna oba essaza lyonna erinaabalumba, <u>abakazi baabwe n’abaana baabwe abato</u>.”* Huey agamba nti ekiragiro ekipya “kyali kijuliza kiragiro kya Kamani ekyalivuddemu okuzikiriza abakazi Abayudaaya n’abaana baabwe: . . . Ekipya kyali kikkiriza Abayudaaya okwerwanako ‘okuzikiriza . . . oyo yenna . . . eyandirumbye abakazi n’abaana baabwe’ (8:11)” (Huey 1988: 831n.11). N’olwekyo, ekiragiro ekipya kirabika nga kizze kukuuma abakazi Abayudaaya n’abaana baabwe, so si kutta bakazi n’abaana abatali Bayudaaya. Abamu bawagira entaputa eno eri mu **Ese 9:15-16**, egamba nti olunaku lw’okuzikiriza bwe lwatuuka, Abayudaaya *“tebaanyaga kintu kyonna ekyabalabe baabwe.”* Huey agamba, “Bwe kiba ng’ekiragiro kya Moluddekaayi kyalimu okutta abakazi n’abaana baabwe, okunyaga kwalibadde tekwewalika” (Huey 1988: 831n.11).

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Ekiragiro kyafuluma nga 23 Sivani, nga wayiseewo ennaku 70 bukya ekya Kamani kifuluma (**luny. 9**; geraageranya **3:12**). Stephen Noll agamba nti ennaku 70 "ziyinza okutegeeza emyaka ensanvu ez'obuwaŋŋanguse eri omusomi Omuyudaaya (Yer. 29:10; grgrny. Dan. 9:2)" (Noll 1989: 332). Wabula ate, emyaka ensanvu egy'obuwaŋŋanguse "giyinza okutegeeza nti ekikolwa kya Katonda ekipya eky'obulokozi n'endagaano kibaawo eri Abayudaaya nga bwe beyongera okubeera mu nsi etali yaabwe. Tewaaliwo kuddayo Isiraeri kulabibwa mu kiseera kino." (Noll 1989: 332) Bwe guba gutyo, kwali kwolesebwa okubikiddwaako okw'ekkanisa n'Endagaano Empya. Abayudaaya ba Eseza baali babeera mu bannamwanga okwetoloola obwakabaka bwa Buperusi bwonna. Baali babeera mu kitundu, ekirina ennono z'omwoyo n'enneeyisa eyali eyawukanira ddala n'ey'Abayudaaya. Bwe kityo, ekkanisa eri buli wamu mu nsi yonna, mu nsi erimu ensinza ey'omwoyo n'enneeyisa ey'enjawulo nga byawawukanira ddala n'eby'ekkanisa. Mu butuufu, mu ngeri nnyingi, ekkanisa ye Isiraeri empya, entuufu, ey'omwoyo—okutuukirizibwa kw'Endagaano Enkadde, Isiraeri ng'ensi "kifaananyi" era "kisiikirize" (laba Menn 2021: 26-93).

- <u>Okwanukula kwabntu ku kiragiro kya Kabaka ekipya (**8:15-17**)</u>

***15 Awo Moluddekaayi n'ava mu maaso ga Kabaka ng'ayambadde ebyambalo bya Kabaka ebya kaniki n'ebyeru, era ng'atikkiddwa engule ennene eya zaabu, era ng'ayambadde omunagiro ogwa bafuta ennungi n'olugoye olw'effulungu. Ekibuga ekya Susani ne kisanyuka nnyo. 16 Ate n'eri Abayudaaya kyali kiseera kya ssanyu, n'okujaguza n'ekitiibwa. 17 Mu buli kitundu, ne mu buli kibuga, ekiragiro kya Kabaka we kyatuuka, waaliyo essanyu n'okujaguza n'embaga nnene ddala mu Bayudaaya. Era abantu bangi abamawanga amalala ne bafuuka Abayudaaya olw'entiisa ey'Abayudaaya eyali ebakutte.***

Nga bwe kyali ku Moluddekaayi nga Kamani amuyisa mu nguudo z'e Susani bwe yasiimibwa Kabaka olw'okutaasa obulamu bwe (**Ese 6:10-11**), Moluddekayi ava mu maaso ga kabaka *"ng'ayambadde ebyambalo bya Kabaka ebya kaniki n'ebyeru, era ng'atikkiddwa engule ennene eya zaabu, era ng'ayambadde omunagiro ogwa bafuta ennungi n'olugoye olw'effulungu"* (**luny. 15**). Ebintu nga byakyuka nnyo eri omusajja abadde mu bibukutu emabegako nga yeesiize n'evvu (**Ese 4:1**). Okusanyuka kw'abantu mu Susani kuyinza okuba nga kwali kw'Abayudaaya abaali mu Susani, okuva lwe kiri nti ekiragiro ekipya kyali kikosa okusinga abo abatali Bayudaaya abaali mu Susani. Ekyo **enny. 16-17** era ne Josephus kye batulaga (Josephus 1987: 11.284-85).

Kyokka ate enkyukakyuka sinziggu zirabika mu **luny. 17**. Mu kusooka, Abayudaaya be baali *"mu kukuba ebiwoobe bingi"* era be baali *"mu kusiiba n'okukaaba amaziga mangi mu Bayudaaya era bangi ku bo ne bambala ebibukutu"* (**Ese 4:3**). Kaakano, *"waaliyo essanyu n'okujaguza n'embaga nnene ddala mu Bayudaaya."* Ku ludda olulala, kaakati abatali Bayudaaya be bali mu kutya Abayudaaya. N'ekyava mw'ekyo, *"bannansi bangi ne bafuuka Abayudaaya"* (**luny. 17**). Josephus agamba nti "Bannamawanga abalala bangi ne bakomolebwa olw'okutya Abayudaaya, nga baagala basigale nga bali mirembe" (Josephus 1987: 11.285). Ekyo kiraga nti, wadde ng'okukyuka kw'abamu okusoma enzikiriza y'Ekiyudaaya kwali kutuufu, abalala abaakyuka baali bakuuma bukuumi bulamu bwabwe. Okukyuka okw'engeri eyo era kutusongera ku kkanisa, erimu abantu *"okuva mu buli lulimi n'ekika n'eggwanga"* (**Kub 5:9**). Era ky'amazima nti ekkanisa erabika, erimu abantu abaakyukira Yesu Kristo ebya ddala, naye era erimu n'abo aboolesa obubonero bw'okukyuka, omuli okubatizibwa, naye nga tebalokokeranga ddala (soma **Mat 7:21-23**). Omwoyo Omutukuvu yekka y'asobola okukyusiza ddala omutima gw'omuntu.

## <u>EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Ne bwe yawangula Kamani, Eseza yasigala okozesa obwegendereza n'amagezi mu kwegayirira kabaka okuwonya Abayudaaya. Kiki kye tuyigira mu kino?

2. Kiki kyolowooza ku bifaanagana n'ekkanisa mu ssuula eno, ektgz., ennaku 70 n'okukyuka kw'abangi abatali Abayudaaya?

### J. *Abayudaaya bazikiriza abalabe baabwe mu bwakabaka, abaana Kamani battibwa, era n'embaga ya Pulimu etongozebwa (9:1-32)*

Nga bagoberera ekiragiro kya Kabaka ekyokubiri, Abayudaaya baafutiza era ne bazikiriza abalabe baabwe ku lunaku olwe13 mu mwezi gwa Adaali. Olw'okusaba kwa Eseza, Kabaka yayongerayo Abayudaaya olunaku mu Susani okutta abalabe baabwe. Olwo Moluddekayi ne Eseza ne batongoza Pulimu ng'ekikujjuko ekikulu eky'Abayudaaya, nga lulimu okusoma Ebyawandiikibwa, okugaba ebirabo, era n'okujaguza.

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

- <u>Abayudaaya bazikiriza abalabe baabwe (**9:1-10**)</u>

***[1] Ku lunaku olw'ekkumi n'ebiri gwe mwezi Adali, ekiragiro kya Kabaka lwe kyali kigenda okutuukirizibwa. Ku lunaku olwo abalabe b'Abayudaaya kwe baasuubirira okubafuga, naye ate Abayudaaya ne bafuga abo abaabakyawa. [2] Abayudaaya ne bakuŋŋaana mu bibuga byabwe okubuna ebitundu byonna ebya Kabaka Akaswero, okukwata abo abaali baagala okubaleetako obulabe, so tewaali muntu eyayaŋŋanga okubayinza, kubanga entiisa yali egudde ku bantu bonna abamawanga gonna. [3] Awo abakungu bonna ab'ebitundu, n'abaamasaza, ne bagavana n'abasigire ba kabaka abaafuganga ne bayamba Abayudaaya, kubanga entiisa yali ebakutte olwa Moluddekaayi. [4] Moluddekaayi yali akulaakulanye mu lubiri, era n'ettutumu lye ne lyatiikirira okubuna ebitundu byonna, ate era ne yeeyongera amaanyi n'obuyinza. [5] Awo Abayudaaya ne batta era ne bazikiriza abalabe baabwe bonna n'ekitala, era ne bakola nga bwe baayagala abo abaabakyawa. [6]Mu lubiri olw'e Susani, Abayudaaya batta ne bazikiriza abasajja ebikumi bitaano. [7]Ate era batta Palusandasa, ne Dalufoni, ne Asupasa, [8]Polasa, ne Adaliya, ne Alidasa, [9]Palumasuta, ne Alisayi, ne Alidayi, ne Vaizasa 10 abatabani ekkumi aba Kamani mutabani wa Kammedasa omulabe w'Abayudaaya. Naye tebaakwata ku munyago.***

Mu nnyiriri zino tulaba ebintu bwe nga bikyuka mu bwangu. Mu nnyiriri zino tulaba nti obukyayi ku Abayudaaya bwali tebukoma ku Kamani yekka. Kirabika ng'obukyayi bwali busaasanidde obwakabaka bwonna (laba **enny. 1, 2, 5, 6;** laba era **luny. 16**). Olw'ettutumu lya Moluddekayi, abakulembeze b'amasaza kaakati baayambako Abayudaaya. Wadde ekiragiro kya kabaka kikkiriza Abayudaaya okutwala omunyago gw'abalabe baabwe (**Ese 8:11**), ekyo tebaakikola. Kino kiraga nti ekigendererwa kyabwe si kya kwegaggawaza.

- <u>Yegayirira Kabaka okulagira abaana ba Kamani okuttibwa n'Abayudaaya b'e Susani okwongerwayo olunaku olulala okutta abalabe baabwe; okusaba okwo kukkirizibwa (**9:11-15**)</u>

***[11] Ku lunaku olwo, Kabaka n'ategeezebwa omuwendo gw'abo abattibwa mu lubiri e Susani. [12] Awo Kabaka n'agamba Nnabagereka Eseza nti, "Abayudaaya basse era bazikirizza abasajja ebikumi bitaano, ate era ne batabani ba Kamani ekkumi nabo battiddwa. Kale kyenkana wa kye bakoze mu bitundu bya Kabaka ebirala? Kiki ky'osaba kaakano? Onookiweebwa. Era kiki kye weegayirira? Kale n'akyo kinaakolebwa."[13] Eseza n'addamu nti, "Kabaka bw'anaasiima, enkya Abayudaaya baweebwe olukusa okukola nga ekiragiro ekya leero bwe kibadde era emirambo gya batabani ba Kamani ekkumi giwanikibwe ku miti."[14] Amangwago Kabaka n'alagira kikolebwe. Ekiragiro ne kirangirirwa mu Susani, era emirambo gya batabani ba Kamani ekkumi ne giwanikibwa. [15] Awo ku lunaku olw'ekkumi n'enya mu mwezi ogwa Adali, Abayudaaya mu Susani ne beekuŋŋaanya, era ne batta abasajja ebikumi bisatu mu Susani, naye ne batakwata ku munyago.***

Oluvannyuma lw'okutegeezebwa nti Abayudaaya baali basse abasajja 500 n'abaana ba Kamani ekkumi mu Susani, Kabaka yakkiriza Eseza okubaako ky'amusaba nate. Yamusaba nti Abayudaaya bongerweyo olunaku lumu okutta abalabe baabwe mu Susani era n'abaana ba Kamani ekkumi—wadde ng'abaana baali batiddwa dda—ng'ayagala bawanikibwe ku kalabba Kamani ke yakola. Kabaka yakkiriza okusaba kwe. Okuttibwa kw'abaana ba Kamani ekkumi kwali kuswaza ab'enju ya Kamani, okulabula abantu b'e Susani, era/oba n'okulabula abo abaali bakijjanya Abayudaaya. Olunaku olwayongerwayo lwasobozesa Abayudaaya okutta abalabe baabwe abalala 300. Nate are, bagaana okutwala omunyago gwonna.

- <u>Abayudaaya bafuula olunaku olwe 14-15 Adali ng'ennaku ez'ebikujjuko n'okusanyuka (**9:16-19**)</u>

***[16] Mu kiseera kyekimu Abayudaaya abalala abaali mu bitundu bya Kabaka nabo ne bakuŋŋaana okwerwanirira, n'okufuna ne bafuna okuwummula eri abalabe baabwe. Ne batta emitwalo nsanvu mu etaano ku bo naye ne batakwata ku munyago. [17] Bino byabaawo ku lunaku olw'ekkumi n'essatu mu mwezi ogwa Adali, ku lunaku olw'ekkumi n'ennya ne bawummula era ne balufuula lunaku lwa kuliirangako mbaga n'olw'okusanyukirangako.***

***[18]Abayudaaya ab'omu Susani ne bakuŋŋaananga ku lunaku olw'ekkumi n'essatu ne ku lunaku olw'ekkumi n'ennya ate ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano ne bawummula, era ne balufuula olunaku olw'okuliirangako embaga n'okusanyukirangako.[19] Abayudaaya ab'omu byalo abaabeeranga mu bibuga ebitaaliiko bbugwe kyebaava bafuula olunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi Adali okuba olunaku okuliirangako embaga n'olw'okusanyukirangako, era olunaku olw'okuweerazaganirako ebirabo.***

Olw'olunaku olwayongerwamu eri Abayudaaya b'e Susani okutta abalabe baabwe, ebijaguzo by'Abayudaaya ababeeranga mu byalo n'abeeranga mu bibuga byabangawo ku nnaku ez'enjawulo: 14 Adali

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

lwe lunaku lw'ab'omu kyalo ate15 Adali lw'abo abaeera mu Susani. Omugatte gw'abantu 75,800 abatali Bayudaaya be battibwa. Naye era, Abayudaaya tebatwala munyago gw'abalabe baabwe.

- Moluddekayi ne Eseza basindika ebbaluwa okubuna obwakaba bwonna nga batongoza 14-15 Adali ng'ennaku ez'ebikujjuko bya Pulimu (**9:20-32**)

***20** Awo Moluddekaayi n'awandiika ebyabaawo byonna, era n'aweereza Abayudaaya bonna abaali mu bitundu byonna ebya Kabaka Akaswero ebbaluwa, mu matwale ag'okumpi n'agewala, **21**ng'abalagira okukuumanga olunaku olw'ekkumi n'ennya n'olw'ekkumi n'ettaano mu mwezi ogwa Adali nga lwa mbaga, **22** era nga kye kiseera Abayudaaya kye baafunirako eddembe eri abalabe baabwe, ate era nga gwe mwezi obuyinike bwabwe lwe bwafuulibwa essanyu, n'okunakuwala kwabwe ne kukoma. Moluddekaayi n'abiwandiika okujjukira ennaku ezo ng'ennaku ez'okuliirangako embaga n'okusanyukirangako, ate era n'okuweerezaganya ebyokulya ebirungi, era n'okugabiranga abaavu ebirabo.***

***23**Awo Abayudaaya ne basuubiza okukola nga bwe baatandika, nga Moluddekaayi bwe yabawandiikira. **24** Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi omulabe w'Abayudaaya bonna, yali asalidde Abayudaaya olukwe okubazikiriza, era ng'akubye akalulu Puli, okubasaanyaawo n'okubazikiriza. **25** Naye Eseza bwe yakimanyisa Kabaka, Kabaka n'awa ekiragiro mu buwandiike nti olukwe olubi Kamani lwe yali asalidde Abayudaaya ludde ku mutwe gwe, era ye ne batabani be ne bawanikibwa ku kalabba. **26** Ennaku ezo kyebaava baziyita Pulimu ng'erinnya lya Puli bwe liri. Awo olw'ebigambo byonna ebyawandiikibwa mu bbaluwa, n'olw'ebyo bye baalaba, n'ebyabatuukako, **27**Abayudaaya kyebaava balagira ne basuubiza, era ne basuubiriza ezzadde lyabwe n'abo bonna abanaabeegattangako, nti awatali kwekwasa nsonga yonna, bateekwa okukwatanga ennaku ezo zombi buli mwaka ng'ekiwandiiko kyazo bwe kyali era ng'ebiro byazo bwe byali.***

***29** Awo Nnabagereka Eseza muwala wa Abikayiri ne Moluddekaayi Omuyudaaya ne bawandiika n'obuyinza bwonna okunyweza ebbaluwa eyo eyookubiri eya Pulimu. **30** Ebbaluwa ne ziweerezebwa, mu bitundu ekikumi mu abiri mu omusanvu (127) eby'obwakabaka bwa Akaswero, **31** n'okuwa ebiragiro nti ennaku ezo eza Pulimu zikuumibwenga mu biro byazo nga Omuyudaaya Moluddekaayi ne Nnabagereka Eseza bwe baabalagira, era nga bwe beeyama bo bennyini n'ezzadde lyabwe okusinziira ku biseera byabwe bye baayitamu eby'okusiiba n'okukungubaga. **32**Awo ekiragiro kya Eseza ne kinyweza ebigambo ebyo ebya Pulimu, era ne kiwandiikibwa mu byafaayo.***

Ebikujjuko bembaga ya Pulimu byatongozebwa Moluddekayi ne Eseza (**enny. 20, 29-32**). Erinnya Pulimu liva mu kukuba kalulu, ekiyitibwa "Puri," ng'ekyo Kamani kye yakola okufuna olunaku olwe (13 Adali) nga kw'olwo Abayudaaya lwe baali bajja okulumbibwa (**enny. 24-26**). Pulimu yali yakukuzibwanga nga 14 ne15 Adali, olwo nga abagasse ennaku ez'Abayudaaya b'omu kyalo n' Abayudaaya b'omu Susani (**enny. 20-21**). Pulimu lunaku lwa tteeka eri buli Muyudaaya okulukuza (**luny. 21, 28, 31**). Lumanyiddwa nnyo *"ng'ennaku ez'okuliirangako embaga n'okusanyukirangako ate era n'okuweerezaganya eby'okulya ebirungi, era n'okugabiranga abaavu ebirabo"* (**enny. 22**). Ekitabo apokulifa ekya **2 Makabeezi** olunaku lwa Pulimu kiruyita "Olunaku lwa Moluddekayi" (**2 Makab 15:36**).

Pulimu lujaguzibwa Abayudaaya okwetoloola ensi yonna. Kikujjuko kikulu. Pulimu ne Hanukkah zitwalibwa ng'ebikujjuko "ebitonotono" "kubanga kikkirizibwa okukolerako emirimu" (Lehrman 1958: 70). Rabbi S. M. Lehrman agamba nti Pulimu "teyateekebwawo kujjukira kuwoolera ggwanga, ekiruyi n'okugwa kw'abalabe baffe, naye okujjukiranga bulijjo mu ndowooza zaffe essuubi ery'okuwangulira ddala okw'oyo omutuufu" (Lehrman 1958: 62). Okusiiba kukolebwa ku lunaku olwe 13 Adali mu kujjukira ennaku za Eseza ez'ekisiibo eky'ennaku 3 (**Ese 4:15-17**). Olwo ku lunaku 14-15 Adali, Ennyiriri zisomebwa, ebirabo ne bigabibwa, era "kya tteeka okulya, okunywa n'okusanyuka ku Pulimu" (Lehrman 1958: 65). Nga tutunuulira eky'okusoma Ebyawandiikibwa, Rabbi Menachem Posner agamba nti "olw'ekiragiro kya Moluddekayi, Megillah [ektgz., Ekitabo kya Eseza] kisomebwa ku Pulimu: mu kiro ekikeesa Pulimu, era ne ku lunaku oluddirira. Okusoma Megillah kwe kuddirira ne kugobererwa okugaba emikisa"; ekirala, "Kibeera kiragiro [mitzvah] okuwulira Megillah yonna ng'esomebwa." (Posner 2024: Tukikozesa Ki) Ekikwata ku kugaba ebirabo, Posner agamba nti ebiddirira kibeera mitzvahs: "Kwe kugaba *mishloach manot* (ebirabo eby'emmere), waakiri ebibu bibiri eby'emmwere eri omuntu. Okugaba *matanot la'evyonim* (ebirabo eri abaavu) waakiri eri Abayudaaya babiri abali mu bwetaavu." (Posner 2024: Tukikozesa Ki) Mu bufunze, "Pulimu ky'ekikujjuko ekirimu okuyigiriza eby'ekiyudaaya ebikulu ku kukkiriza, essuubi n'ekisa" (Lehrman 1958: 70). Lehrman awuumbawumba nti, "Tukuza Pulimu okujjukira amasomo ge tutayinza kwerabira. Essomo erisinga ye Muyudaaya okuba nga tasobola kuwaanyisa bwesige bwe okubussa mu maanyi g'omuntu olw'okukkiriza kw'alina okutanyeenyezebwa mu Katonda" (Lehrman 1958: 95). Eky'okuyiga ekyo kikwata ku Bakristaayo

bonna.

Okuva *"mu kunakuwala okudda mu kusanyuka era okuva mu kukungubaga okudda mu kucacanca"* (**luny. 22**) gwe mulamwa omulala oba eky'okulabirako ekitusongera ku njiri mu ngeri ey'amagezi. Ensonga eri bw'eti, nga Rabbi Lehrman bw'agamba nti, mulimu "emboozi ez'ebika eby'enjawulo mu *Talmud* [ebiwandiiko by'Ekiyudaaya eby'edda] ne *Midrash* [entaputa y'ebiwandiiko eby'edda] egamba nti ebikujjuko [bya Pulimu] era n'Abayudaaya bakyogera nti bye bifaanana obulamu obw'olubeerera. Omutontomi omugezigezi naye yeegattako bwe yagamba nti Pulimu ya lubeerera." (Lehrman 1958: 60) Moses ben Maimon (1138–1204), amanyiddwa ennyo nga Maimonides, omu ku bakakensa abayivu mu *Torah* [ebitabo bya Musa ebitaano] eyaliwo mu Kyasa ekya Wakati, yawandiika nti, "wadde ng'ebijjukizo by'obulumi abantu baffe bwe baayitamu birisiimuulwa . . . ebikujjuko by'ennaku za Pulimu tebirivaawo emirembe gyonna" (Maimonides 2024: 2.18).

Nga bwe kyali ku Bayudaaya nga bajaguza Pulimu, mu Bitendo Yesu y'agamba nti, *"Baamukisa abakaaba kaakano, kubanga balisanyuka"* (**Luk 6:22**). Kino kyayogerwako mu Ndagaano Enkadde nga kijuliza ku kujja kwa Masiya (laba **Isa 9:3; Zek 9:9**). Kaakano tuli mu mulembe gwa Masiya. Wabula kyokka, tweyongera okulaba ekibi, ebizibu, ennaku, n'okufa. Kale n'olwekyo, okusanyuka Kristo kwayogerako kujja kubaawo olubeerera, okusooka mu ggulu ate ne mu ggulu eppya era ne mu nsi empya. Olwo wajja kuba tewakyaliwo kukungubaga nate, okukaaba, obulumi, okufa, ekikolimo, oba ekibi (laba**1 Bak 15:26; Kub 21:4; 22:3**). Nga Baknelis Venema bw'ayogera, "Obutabeerawo bya kibi ne bikivaamu, abantu ba Katonda balimanya essanyu eritakoma n'okweyagalira mu kubeerawo kwa Katonda." (Venema 2021: A Eggulu Eppya n'Ensi Empya).

## <u>EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Olowooza ki ku kusaba kwa Eseza ku ky'Abayudaaya b'e Susani okwongerwayo olunaku okutta abalabe baabwe era n'emirambo ekkumi egy'abaana ba Kamani okuwanikibwa ku kalabba mu lujjudde?

2. Olowooza ki ku luwummula olwesigamye ku kuttibwa kw'enkumi n'enkumi z'abalabe b'omuntu omu?

3. Rabbis Lehrman ne Posner baakuŋŋaanya ebikolebwa n'ebyokuyiga ku Pulimu. Bino bikwataganamu bitya n'ebijaguzo by'Abakristaayo eby'Amazuukira n'ebya Ssekukkulu?

4. Pulimu teyateekebwawo mu Torah (ebitabo bya Musa ebitaano), naye yatekebwawo luvannyuma. Olowooza nti wayinza okuteekebwawo ebijaguzo by'Abakristaayo ebirala ebiyinza okujjukirwa ng'oggyeeko Ssekukkulu n'Amazuukira? Bwe kiba bwe kityo, bye biriwa era olowooza ennaku ezo zijaguzibwenga zitya?

### K. *Obukukunavu bwa Moluddekayi (10:1-3)*

Essuula eno esembayo ewuumbawuumba emboozi yonna. Ebyogerwa ku Kabaka mu **luny. 1** bifundikira ekitabo mu negri y'emu ng'ekitabo bwe kyatandika, nga byogera ku maanyi ga kabaka n'obusobozi bwe okufuna obuggaga. Ku ludda olulala, ebyogerwa ku Moluddekayi mu **nny. 2-3** bifundikira ekitabo nga biwuumbawuumba enkyukakyuka ezaalimu omukisa; Moluddekayi eyatandika ng'Omuyudaaya eyali mu buwangaŋŋuse mu nsi engwira ng'alabirira omwana wa muganda we, bano be bantu abaamala ne bafuuka ab'amaanyi ennyo mu bwakabaka bwa Buperusi bwonna era ne babeera bakukunavu mu Bayudaaya bonna.

- <u>Amaanyi ga Kabaka (**10:1**)</u>

  ***[1] Kabaka Akaswero n'asalira abantu bonna ab'obwakabaka bwe omusolo, abaabeeranga ku lukalu n'abo abaabeeranga ku bizinga.***

Ekitabo kitandika nga kyogera ku butya kabaka bwe yayolesanga *"obugagga n'ekitiibwa n'ettendo eby'obwakabaka bwe"* okumala ennaku 180 (**1:4**). Ekitabo kifundikira nga kitubuulira erimu ku makubo ekkulu lye yaggyangamu obuggaga bwe—nga "kwe kusolooza omusolo" ku lukalu ne ku bizinga. Ekigambo "omusolo" kikozesebwa n'ewalala "omusolo omukake oba okukola okukake" (Huey 1988: 839; laba **Okuv 1:11; 1 Bas 5:13; 9:15, 21; 2 Byom 8:8**). N'olwekyo, obuggaga bwa Kabaka mu butuufu tebwali *"bugagga n'ekitiibwa n'ettendo eby'obwakabaka bwe"* naye bwakuŋŋanyizibwanga ku kifuba okuva ku balala era bwavanga mu maanyi g'abalala. Okusolooza omusolo kuyinza okwetaagisa gavumenti oba ensi okusobola okubaawo, naye waggulu w'abasolooza ne zigavumenti bawagirwa amaanyi n'ekifuba. Abamu effujjo balikola kyere ate abalala babuzaabuza, naye bonna ekigendererwa kye kimu (laba **Bar 13:4**).

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

- Obukukunavu bwa Moluddekayi (**10:2-3**)
  ***[2] Era ebikolwa bye byonna eby'obuyinza n'amaanyi ge, n'okutegeereza ddala obukulu bwa Moluddekaayi, Kabaka bwe yamukuza, byawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka b'e Bumeedi n'e Buperusi. [3] Moluddekaayi Omuyudaaya ye yali addirira Kabaka Akaswero mu buyinza, era yali mukulu mu Bayudaaya ate nga bamussaamu nnyo ekitiibwa, kubanga yakolanga bulungi abantu be, ate era ng'ayagaliza ezzadde lye lyonna emirembe.***

Ng'obuggaga bwa Kabaka mu butuufu bwe butali "bubwe," bwe butyo n'obukukunavu bwa Moluddekayi bwe butaali "bubwe." Nga **oluny. 2** bwe lugamba nti, *"Kabaka n'amukuza."* Kifaanana naffe ebitubaako. Buli muntu alina ebirabo eby'enjawulo, obusobozi, ebifo, obuvunaanyizibwa, n'ebirala. Wabula kyokka, ku nkomerero si byaffe. Katonda y'alina obuyinza ku buli kintu era nga yenyigira mu buli nsonga ya bulamu obw'ensi; enteekateeka ye y'eyenkomeredde era y'etuukiridde, alagira era n'akola okutuukiriza enteekateeka ye (laba **1 Byom 29:11-12; Yobu 12:13-25; Zab 103:19; Isa 40:21-26; 46:9-11; Dan 4:35; Bik 4:27-28; Bar 9:14-24; Bef 1:11; Kub 17:14-17**). Ayimusa abamu ate n'akakkanya abalalala**1 Sam 2:7**); afuga amawanga (**2 Byom 20:6; Zab 33:10-11; Isa 40:23-25**); Asiikuula emitima gy'abantu, n'ateeka ebirowoozo mu ndowooza zaabwe, era n'akyusa emitima gyabwe (**Ezera 6:22; Nek 2:12; 7:5; Zab 105:25; Isa 44:28; Kag 1:14**). Obuyinza bwe ku buli kintu buzingiramu n'obuyinza ku bibi abantu bye bakola (**Lub 45:5-8; Luk 22:22; Bik 2:23-24; 4:27-28; 13:27; Kub 17:17**). Nga 2 **Pet 1:3** bw'agamba, *"Kubaga mu maanyi g'obwakatonda bwe, mwe twaweerwa ebintu byonna olw'obulamu buno n'olwokutya Katonda"* (laba ne **Bar 11:36**).

Tulabye omuzannyo guno gwonna okuyita kitabo kya Eseza. Ebintu ebirabika "ng'ebyekola byokka" okuyita mu kitabo, mu butuufu tebyekolanga byokka. Katonda yakozesa Kamani n'ekibi kye okuleeta enkykuakyuka z'omukisa eri Moluddekayi n'Abayudaaya. Era n'olunaku olwali lusaliddwaawo Kamani ng'akuba "Akalulu" tekyali kya butanwa (**Eng 16:33**). Ky'amazima, eri kituufu nti bangi ku ffe twafuba nnyo era ne tukola bulungi mu ssomero oba ku mirimu oba mu bintu ebirala. Wabula mu byonna, Katonda y'eyatuwa obusobozi okukola. Si ffe twasalawo okuzaalibwa mu maka ago mwe twazaalibwa, mu nsi ezo, oba mu biseera ebyo, ne ndabika yo, n'ekikula kyo, n'obusobozi bwo "obw'obutonde" ffenna bwe tulina. Ebyo byonna biva wa Katonda.

Obuvunaanyizibwa bwaffe kwe kubeera abeesigwa n'ebyo Katonda bye yatuwa. Moluddekayi kino yakyolesa mu bulamu bwe. Yakozesa "*obuyinza n'amaanyi"* okutuukiriza ebintu ebikulu ennyo (**luny. 2**). Yafuna *"okuganja mu bannansi banne"* kubanga *"yafaayo ku lw'obulungi bw'abantu be era ng'ayogera ku lw'obulungi bw'eggwanga lye lyonna"* (**luny. 3**). Wadde nga yali Muyudaaya eyawaἠἠangukira mu nsi engwira, yataasa obulamu bwa Kabaka w'e Buperusi (**Ese 2:21-23**). Obulamu bwe kyali kyakulabirako eky'ekyo omutume Pawulo kye yayogera mu **Bag 6:10**, *"Noolwekyo, buli lwe kinaabanga kisobose tukolerenga abantu bonna ebirungi, na ddala ab'omu nnyumba ey'okukkiriza."* Ne kyava mw'ekyo, Moluddekayi yali *"mukulu mu Bayudaaya era n'aganja ne mu bannansi"* era ebikolwa bye *"ebiwandiikiddwa mu kitabo ky'Eby'Omumirembe gya Bassekaba Kabaka ba Bumeedi ne Buperusi."*

Abasinga obungi ku ffe tetulifuna buyinza n'amaanyi nga Moluddekayi ne Eseza bwe baalina. Wabula kyokka, tuyitiddwa okubeera abeesigwa, nga tukola obulungi eri abantu bonna, okusingira ddala eri ab'omu nnyumba ey'okukkiriza, nga tukimanyi nti *"Kitaffe alaba mu kyama alimuwa empeera"* (**Mat 6:4, 6, 18**). Empeera zaffe zijja kwolesebwa era zijja kubeerawo olubeerera (laba **Mat 10:26-27; Mak 4:21-23; Luk 8:16-18; 12:2-3**). Obulamu bwaffe bwamugaso okusinga bwe tulowooza. N'ekikolwa eky'ekisa n'obwesigwa ekisembayo okuba ekitono kiyinza okuzaala emiganyulo mingi, mu bulamu buno ne mw'obwo obugenda okuddirira. Kale n'olwekyo, tulina okusigala nga tuli beesigwa mu mbeera yonna gye twesangamu. Katonda agenda kugulimizibwa okuyita mu ffe, nga bwe yagulumizibwa okuyita mu Moluddekayi ne Eseza.

## EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ffe ffenna tubeera mu bitundu eby'enjawulo mu gavumenti ez'enjawulo, ezikuumibwa obuyinza n'amaanyi. Kino kitegeeza nti tugumire buli kiragiro kya agavumenti? Kubaganya ebirowoozo ku nsonga eyo.
   - Tulina kye tuyiga, nga kirungi oba nga kibi, ku ngeri Moluddekayi ne Eseza gye baakwatamu ensonga zino?

2. Ngeri ki, bw'eba nga gyeri, okumanya kwa Katonda ku buli kintu, n'amaanyi ge agasukkiridde, n'obufuzi bwe ku buli kintu, n'enteekateeka ye nnamutayiika gy'etuukirizibwamu okuyita mu bikolwa byaffe?

3. Kubaganya ebirowoozo ku nkwatagana eri wakati w'ekyo kye tumaze okufuna, wadde nga tetukikoleredde,

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

era na ngeri ki gye tulina okukozesa ekyo kye tulina.

## EBIWANDIIKO EBIKOZESEDDWA


"Ahasuerus." 2023. *Wikipedia.* Online: https://en.wikipedia.org/wiki/Ahasuerus.

Austin, David. 2023. "Is Darius, the king of Ezra 6:14–15, the same king as the Artaxerxes of Ezra 7:1?" *Creation Ministries International.* Online: https://creation.com/darius-is-artaxerxes.

Baldwin, J. G. 1970. "Esther." In *New Bible Commentary,* 3rd ed., ed. D. Guthrie and J. A. Motyer, 412-20. Carmel, NY: Guideposts.

Berkhof, Louis. 1949. *Systematic Theology,* 4th ed. Grand Rapids, MI: Eerdmans. Online: http://downloads.biblicaltraining.org/Systematic%20Theology%20by%20Louis%20Berkhof.pdf [the page numbers in the text are from the online version].

Bible Gateway. 2023. "Song of Solomon 8 (NASB 1995)." Online: https://www.biblegateway.com/passage/?search=song+of+solomon+8&version=NASB1995.

Cho, Paul. 2021. "A House of Her Own: The tactical Deployment of Strategy in Esther." *Journal of Biblical Literature* 140: 663-82.

"Courts and Courtiers i. In the Median and Achaemenid periods." 2011. *Encyclopaedia Iranica.* Online: https://www.iranicaonline.org/articles/courts-and-courtiers-i.

Crawford, Sidnie White. 2000. "Additions to Esther." *Faculty Publications, Classics and Religious Studies Department* 53. Online: https://digitalcommons.unl.edu/cgi/viewcontent.cgi?article=1052&context=classicsfacpub.

Dorsey, David. 1999. *The Literary Structure of the Old Testament.* Grand Rapids: Baker.

Esther 1-2 Commentary." 2021. *Precept Austin.* Online: https://www.preceptaustin.org/esther_1-2_commentary.

Franz, Gordon. 2023. "Jesus Celebrated Purim." *Life and Land.* Online: https://www.lifeandland.org/2008/12/jesus-celebrated-purim/.

Herodotus. 1920. *The Histories,* vol. 1. Translated and edited by A. D. Godley. Cambridge: Harvard University Press. Online: https://www.perseus.tufts.edu/hopper/text?doc=Perseus:text:1999.01.0126.

Hoekema, Anthony. 1986. *Created in God's Image.* Grand Rapids: Eerdmans.

Hornung, Gabriel. 2020. "The Theological Import of MT Esther's Relationship to the Joseph Story." *Catholic Biblical Quarterly* 82: 567-81.

Huey, F. B. 1988. "Esther." In *The Expositor's Bible Commentary,* vol 4, ed. Frank Gaebelein, 775-839. Grand rapids: Zondervan.

Jordan, James. 1996. "Esther: Historical & Chronological Comments (IV)." *Theopolis.* Online: https://theopolisinstitute.com/esther-historical-chronological-comments-iv/.

Josephus. 1987. *The Antiquities of the Jews.* In *The Works of Josephus Complete and Unabridged.,* 27-542. Translated by William Whiston. Peabody, MA: Hendrickson. Online (another edition): http://www.ccel.org/ccel/josephus/works/files/works.html.

Keller, Timothy. 2015. *Preaching: Communicating Faith in an Age of Skepticism.* New York: Viking.

Lawless, Julie. 2022. "Myrtle: Symbol of Love & Beauty." *Aqua Oleum.* Online: https://aqua-oleum.co.uk/2022/02/14/myrtle-symbol-of-love-and-beauty/.

Lehrman, S. M. 1958. *A Guide to Hanukkah and Purim.* London: Jewish Chronicle.

Lewis, C. S. 1961. *The Screwtape Letters.* New York: MacMillan. Online:

Kyawandiikibwa © Jonathan Menn 2024. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

https://archive.org/details/screwtapeletterslewi00lewi.

_______. 1996. *Mere Christianity.* New York: Touchstone. Online (another edition): https://archive.org/details/merechristianity0000unse_q8b8/mode/2up.

Maimonides. 2024. "Hilchos Megillah vChanukah." *Chabad.org.* Online: https://www.chabad.org/library/article_cdo/aid/952006/jewish/Megillah-vChanukah-Chapter-One.htm.

Menn, Jonathan. 2016. *Biblical Marriage and Parenting.* Online: https://www.eclea.net/courses.html#marpar.

_______. 2021. *Biblical Theology.* Online: https://www.eclea.net/courses.html#theology.

Nally, Joseph. 2023. "Q&A: Which books of the Bible is God's name not mentioned in?" *Third Millennium Ministries.* Online: https://thirdmill.org/answers/answer.asp/file/45616#:~:text=Answer,with%20God's%20covenant%20with%20Israel.

Newman, Elizabeth. 2012. "Where in the world is God? On finding the Divine in Esther." *Review and Expositor* 118: 180-91.

Noll, Stephen. 1989. "Esther." In *Evangelical Commentary on the Bible,* ed. Walter Elwell, 326-33. Grand Rapids: Baker.


"Persian Decision Making." 2022. *The Odd/Athenaeum.* Online: https://oddathenaeum.com/persian-decision-making/.

Posner, Menachem. 2024. "A Summary of the Book of Esther." *Chabad.org.* Online: https://www.chabad.org/holidays/purim/article_cdo/aid/3602036/jewish/A-Summary-of-the-Book-of-Esther.htm.

Semenye, Lois. 2006. "Esther." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 559-68. Nairobi: WordAlive.

Venema, Cornelis. 2021. "Eschatological Hope and Fulfillment." *Tabletalk.* Online: https://tabletalkmagazine.com/article/2021/04/eschatological-hope-and-fulfillment/.

## OMUWANDIISI



Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by'obufuzi okuva mu Yunivasite y'e Wisconsin-Madison, n'ebitiibwa, mu 1974, era n'ayingizibwa mu kibiina ky'ekitiibwa ekya Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n'ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng'akola mu by'amateeka, nga munnamateeka w'emisango gy'amateeka, mu Chicago n'oluvannyuma ng'omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberezi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongera mu by'okutegera katonda n'obuweereza kwamuviirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu buva njuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping Church Leaders-East Africa (**www.eclea.net**). Ebiwandiiko bye ebingi eby'okusomesa ku nsonga za Baibuli bisangibwa ku mukutu gwa **www.eclea.net**. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: **jonathanmenn@yahoo.com**.